جمعية خدمة المحتوى
الإسلامي باللغات

Ebiteetaagisa baana ba basiraamu butamanya

مَا لَا يَسَعُ أَطْفَالَ المُسْلِمِينَ جَهْلُهُ | لوغندي | Luganda

Akakiiko k'abamanyi
mu kitongole ekiweereza kw'ebyo ebikwatagana
n'obusiraamu mu nnimi ez'enjawulo

مَا لَا يَسَعُ أَطْفَالَ المُسْلِمِينَ جَهْلُهُ

Ebiteetaagisa baana ba basiraamu butamanya

اللَّجْنَةُ العِلْمِيَّةُ
بِجَمْعِيَّةِ خِدْمَةِ المُحْتَوَى الإِسْلَامِيِّ بِاللُّغَاتِ

Akakiiko k'abamanyi mu kitongole ekiweereza ky'ebyo ebikwatagana n'obusiraamu mu nnimi ez'enjawulo

بِسْمِ اللهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

Ebiteetaagisa baana ba basiraamu butamanya

Nsoose n'erinnya lya Allah omusaasizi ennyo ow'ekisa ekingi

Ennyanjula

Ntandise n'erinnya lya Allah, era amatendo ga Allah; n'oluvannyuma:

Zino nsonga mw'ebyo abaana ba basiraamu byebatateekeddwa butamanya mu ddiini ya Allah omuyitirivu w'emikisa era omusukkulumu , era kikata ku bazadde okubiddiŋŋanya abaana (nga babibasomesa) okuviira ddala mu buto. Nteekateeka ennyangu, era enzijuvu mu nzikiriza, mu mateeka, ebikwata ku bulamu bwa Nabbi, empisa, okutafuta quran, hadith z'omubaka, empisa, n'ebigambo by'okujjukira Allah, Esaanira abaana Abato, n'emyaka gyonna n'Abasiraamu abapya, Esomesebwe mu maka, mu bifo ebisomesebwamu abaana, ne mumatendekero, yaakukwata, n'okunyonyola, ngitegese okusinziira ku masomo ag'engyawulo, era ngikoze mu ngeri

yakibuuzo na kwanukula Kubanga kino kikyamula ebirowoozo n'okunyweza okukwata mu mutwe, era omusomesa alondawo ekisaanira emyaka gyabwe.

Era Allah gwensaba agase nabyo (abantu) era abikkirize.

N'esibuko ya kino:

kye kigambo kya Allah:

﴿يَٰٓأَيُّهَا ٱلَّذِينَ ءَامَنُواْ قُوٓاْ أَنفُسَكُمۡ وَأَهۡلِيكُمۡ نَارٗا وَقُودُهَا ٱلنَّاسُ وَٱلۡحِجَارَةُ عَلَيۡهَا مَلَٰٓئِكَةٌ غِلَاظٞ شِدَادٞ لَّا يَعۡصُونَ ٱللَّهَ مَآ أَمَرَهُمۡ وَيَفۡعَلُونَ مَا يُؤۡمَرُونَ ٦﴾

(Abange mmwe abakkirirza! Mukingirize emyoyo gyammwe n'abantu bammwe omuliro (ogwo) ogukumirwa ku bantu n'amayinja, oguliko Bamalaika (abagukuuma) abazito (abakambwe) abamaanyi amayitirivu, abatajeemera Allah mw'ekyo ky'abalagira wabula ne bakola ekyo (kyennyini) ekibalagiddwa). [Suratu Ttahriim: 6].

Ne hadith ya Ibn Abbaas- Allah amusiime - yagamba: Lumu nali emabega wa Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye: N'agamba nti:

«يَا غُلَامُ، إِنِّي أُعَلِّمُكَ كَلِمَاتٍ: احْفَظِ اللهَ يَحْفَظْكَ، احْفَظِ اللهَ تَجِدْهُ تُجَاهَكَ، إِذَا سَأَلْتَ فَاسْأَلِ اللهَ، وَإِذَا اسْتَعَنْتَ فَاسْتَعِنْ بِاللهِ، وَاعْلَمْ: أَنَّ الْأُمَّةَ لَوِ اجْتَمَعَتْ عَلَىٰ أَنْ يَنْفَعُوكَ بِشَيْءٍ، لَمْ يَنْفَعُوكَ إِلَّا بِشَيْءٍ قَدْ كَتَبَهُ اللهُ لَكَ، وَإِنِ اجْتَمَعُوا عَلَىٰ أَنْ يَضُرُّوكَ

بِشَيْءٍ، لَمْ يَضُرُّوكَ إِلَّا بِشَيْءٍ قَدْ كَتَبَهُ اللهُ عَلَيْكَ، رُفِعَتِ الْأَقْلَامُ، وَجَفَّتِ الصُّحُفُ».

"Owange mulenzi ggwe! mazima ngenda kukuyigiriza ebigambo bino bikwaate butiribiri: " Weekuume Allah (nga oteeka munkola ebiragiro bye) ajja kkukuuma , era wekuume Allah ojja kumusanga mu maasogo (naye ajja kubeera naawe mumbeera yonna) era bwoba nga osaba saba Allah yekka. era bw'oba nga osaba obuyambi busabe Allah yekka, era manya nti singa ebitonde byonna byegatta okkugasa n'akantu konna tebiyinza kukugasa okuggyako ekyo Allah kyeyakuwandiikako. Ate era singa ebitonde byonna byegatta bibeeko akabi kebikutuusaako tebiyinza kukukosa okuggyako nga Allah yakikuwandiikako, manya nti amakalaamu (agawandiika ebikwata ku baddu) gasitulwa dda kumpapula era nebwiino n'akala."

Esangibwa mu kitabo kya Tirmidhi ne Ahmad.

Obukulu bw'okusomesa [abaana] abato:

Kikakata ku Muntu okuyigiriza omwana omuto byeyeetaaga mu ddiini ye, asobole okufuuka omuntu amujjuvu ali ku bubumbwa bw'obusiraamu, era nga ayawula Allah bulungi nga ali ku kkubo ly'obukkiriza.

Imam Ibn Abi zaid Alqairuwaani- Allah amusaasire- agamba nti: "kyajja nti [abana abato] balagirwe esswala nga bawezezza emyaaka musanvu, era bakubwe ku lw'esswala nga bawezezza emyaaka kkumi, era baawulwe ne mubisulo. era kisaana

bayigirizibwe ebyo Allah byeyalaalika ku baddu mubigambo, n'emirimu nga tebannaweza myaka gya bukulu bakule nga ebyo bimaze okunweera mumitima gyabwe, era negitebenkera nabyo emyoyo gyabwe, era nebimanyiira obiyungo okukola emirimu".

Ennyanjula ya Ibn Abi Zaid Alqairuwaani (pg:5)

ekitundu ky'enzikiriza.

Okumanya kw'enzikiriza:

Enzikiriza y'obusiraamu: kwe kukkiriza okukakafu mu bikolwa bya Allah, n'okusinzibwa kwe, n'amannya ge n'ebitendo bye, ne bamalaika be, n'ebitabo bye, n'ababaka be, n'olunaku lw'enkomerero, n'okugera okulungi n'okubi, n'ebyo byonna ebikakafu mu by'ekwese, n'ebikolo by'eddiini, n'ebyo byonna eby'egattibwaako abalongoofu abaatukelembera mu mulyango ogwo, n'ensonga endala ezisigadde.

Ekibuuzo1: Ani mulezi wo?

okwanukula- omulezi wange ye Allah oyo eyandera n'alera n'ebitonde byonna nebyengera bye, era gwensinza teri mulala gwensinza atali yye, era ye mutonzi, omufuzi, omugabirizi, omuteesiteesi wa byonna ebiri mu butonde .

Era n'obujulizi: ky'ekigambo kye [Allah] owa waggulu:

﴿الْحَمْدُ لِلَّهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ۝١﴾

(Amatendo gonna ga Allah, omulezi w'ebitonde byonna). [Suurat Al- faatiha: 2].

Ekibuuzo2: Eddiini yo ddiini ki?

okwanukula: eddiini yange busiraamu, era nga kwe kwewaayo ewa Allah nga oyita mu kumwawula(obutamugattako kintu kyonna) n'okumugondera n'okwesamba okumugattako ekirala, n'abo abamugattako .

Yagamba [Allah] omugulumivu:

﴿إِنَّ الدِّينَ عِنْدَ اللَّهِ الْإِسْلَامُ...﴾

(Mazima ddala eddini (ebalwa) mu maaso ga Allah Busiraamu...) [Suurat Aali-Imraan: 19].

Ekibuuzo3: Ani Nabbi wo?

Okwanukula- Muhammad okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku yye.

Yagamba Allah omugulumivu :

﴿مُّحَمَّدٌ رَّسُولُ ٱللَّهِ...﴾

(Muhammad mubaka wa Allah...).

[Suurat Alfat-hi: 29].

Ekibuuzo 4: Yogera ekigambo kya tawhiid(okwawula Allah), era amukulu ga kyo ge galiwa?

Ekigambo ky'okwawula Allah" Laa Ilaaha illa Allah": era amakulu gaakyo: teri asinzibwa mu butuufu bwakusinzibwa okujjako Allah.

Yagamba Allah omugulumivu

﴿فَاعْلَمْ أَنَّهُ لَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ...﴾

(kimanye nti teri asinzibwa mu butuufu bwakusinzibwa okujjako Allah).

[suurat muhammad: 19].

Era n'agamba Allah eyayawukana:

﴿ذَٰلِكَ بِأَنَّ اللَّهَ هُوَ الْحَقُّ وَأَنَّ مَا يَدْعُونَ مِن دُونِهِۦ هُوَ الْبَـٰطِلُ وَأَنَّ اللَّهَ هُوَ الْعَلِيُّ الْكَبِيرُ ﴿٦٢﴾﴾

(Bwekityo (bwekirina okuba) olw'okuba ddala Allah y'oyo Ow'amazima era ddala, biri bye bawanjagira nga ojjeeko Yye by'ebyo eby'obutaliimu, era mazima Allah ye wuuyo Owaawaggulu Omugulumivu). [Al-hajj 62].

Ekibuuzo 5: Allah ow'ekitiibwa ali wa?

okwanukula- Allah ali waggulu, waggulu wa namulondo ye, waggulu w'ebotonde byonna. Yagamba

Allah omugulumivu

﴿الرَّحۡمَٰنُ عَلَى الۡعَرۡشِ اسۡتَوَىٰ۝٥﴾

(Allah omusasizi ennyo ali ku namulondo ateredde). [Suurat twaha: 5].

Era Katonda omugulumivu yagamba:

﴿وَهُوَ ٱلۡقَاهِرُ فَوۡقَ عِبَادِهِۦۚ وَهُوَ ٱلۡحَكِيمُ ٱلۡخَبِيرُ۝١٨﴾

(Era ye Muwanguzi w'abaddu be. Era yewuuyo Ssabalamuzi Kakensa). [suurat Al an-aam: 18].

Ekibuuzo 6: okukakasa nti Nabbi Muhammadi mubaka wa Allah kitegeeza ki?

okwanukula: kitegeeza nti: Allah yamutuma eri ebitonde nga musanyusa era nga mutiisa.

Era kyatteeka:

1- okumugondera mw'ebyo byeyalagira.

2- okumukakasa mw'ebyo byeyayogera.

3- Obutamujeemera.

4- Allah tasinzibwa okujjako n'ebyo bye byeyalagira (amateeka ge), era nga kwe kugoberera sunna n'okwewala okuzuula mu ddini.

Yagamba Allah

﴿مَنۡ يُطِعِ الرَّسُولَ فَقَدۡ أَطَاعَ اللَّهَ...﴾

(Yenna agondera omubaka abeera agondedde

Allah). [Suurat Anissa: 80].

Era yagamba eyayawukana:

﴿وَمَا يَنْطِقُ عَنِ الْهَوَى ۝ إِنْ هُوَ إِلَّا وَحْيٌ يُوحَى ۝﴾

(Era tayoyogera nga biva ku kwagala kwe 3 Tekiba kirala wabula bubaka obuweerezebwa okuva eri Katonda). [Suurat An-Najm: 3-4.]

Era Allah yagamba:

﴿لَقَدْ كَانَ لَكُمْ فِي رَسُولِ اللَّهِ أُسْوَةٌ حَسَنَةٌ لِمَنْ كَانَ يَرْجُو اللَّهَ وَالْيَوْمَ الْآخِرَ وَذَكَرَ اللَّهَ كَثِيرًا ۝﴾

(Mazima mwafuna mu mubaka wa Allah eky'okulabirako ekirungi eri oyo aba alina essuubi mu Allah n'olunaku lw'enkomerero era n'atendereza Allah ennyo.) [Suurat al ahzaab: 21].

Ekibuuzo 7: Lwaaki Allah omugulumivu yatutonda?

okwanukula:

Yatutonda kumusinza yekka nga tewali kimwegattako.

Teyatutondera bwereere oba nti gwali muzannyo, oba okutulekeraawo kubwereere n'okulagajjalirwa.

Yagamba Allah:

﴿وَمَا خَلَقْتُ الْجِنَّ وَالْإِنْسَ إِلَّا لِيَعْبُدُونِ ۝﴾

(Era saatonda majinni na bantu okujjako okunsinza 56) [Suurat Adh-dhaariyaat: 56].

Ekibuuzo8: Ibaada [okusinza] kye kki?

okwanukula: ly'erinya erikungaanya buli Allah ky'ayagala era nga akisiima mu bigambo n'emirimu ebyomunda n'ebyeyolefu.

-Ebyeyolefu: nga okwogera ku Allah n'olulimi, n'okusaala n'okukola hijja.

-Ebyomunda: nga okwesigamira Allah, okutya, n'okusuubira.

Ekibuzo 9: kyatteeka ki ekisinga obukulu ku ffe?

Okwanukula: Eky'etteeka ekisinga obukulu ku ffe: kwawula Allah mubw'omu bwe.

Allah yagamba:

﴿وَمَا أُمِرُوا إِلَّا لِيَعْبُدُوا اللَّهَ مُخْلِصِينَ لَهُ الدِّينَ حُنَفَاءَ...﴾

(Era mpaawo kye baalagirwa okujjako babe nga basinza Allah nga gwe bamalirako yekka eddiini yonna). [Suurat Al-bayyina: 5].

Ekibuuzo 10: Gye giriwa emiteeko gya tawhiid?

okwanukula:1-Tawheed Ar-Rubuubiyya :

okukkiriza nti Allah ye mutonzi, omugabilizi, omuteesitesi w'ensonga zonna, mubw'omu bwe teri kimwegattako kyonna.

2.Tawheed Al-Uluuhiyya: kwekwawula Allah mukumusinza, newatasinzibwayo kirala kyonna okujjako Allah omugulumivu.

3.Tawheed Al-Asma'e wa swifaat: okwawula Allah mu mannya ge n'ebitendo bye ebyo ebyayogerwaako mu qurane ne hadith za nabbi Muhammad, nga tewali kumugeza ku kintu kyonna yadde okumufananyiriza ekintu kyonna yadde okugaana ekimu ku bitendo bya Allah oba Amannya ge.

era n'obujulizi ku miteeko ja tawheed esatu: ky'ekigambo kye Allah:

﴿رَّبُّ ٱلسَّمَٰوَٰتِ وَٱلۡأَرۡضِ وَمَا بَيۡنَهُمَا فَٱعۡبُدۡهُ وَٱصۡطَبِرۡ لِعِبَٰدَتِهِۦۚ هَلۡ تَعۡلَمُ لَهُۥ سَمِيّٗا ٦٥﴾

(Omufuzi w'eggulu n'ensi n'ebyo ebiri wakati wa byombiriri! N'olw'ekyo, musinze, ogumiikirize ku kumusinza. Abaffe omanyiiyo (omulala) afaanana Ye?) [Suurat mariam: 65].

Ekibuuzo 11: Kyonoono ki ekisinga obunene?

okwanukula: okugatta ku Allah omugulumivu.

Allah yagamba:

﴿إِنَّ اللَّهَ لَا يَغْفِرُ أَنْ يُشْرَكَ بِهِ وَيَغْفِرُ مَا دُونَ ذَلِكَ لِمَنْ يَشَاءُ وَمَنْ يُشْرِكْ بِاللَّهِ فَقَدِ افْتَرَى إِثْمًا عَظِيمًا﴿٤٨﴾﴾

(Mazima Allah tasosonyiwa oyo amugatta n'ebintu ebirala, naye asonyiwa kyonna ekitali ekyo ku oyo gw'ayagadde; n'omuntu agatta Allah n'ekintu ekirala, mazima aba agunzeewo ekibi ekisukkiridde).

[Suurat An-Nisaa: 48].

Ekibuuzo 12: Shiriki kyekki, era emiteeko gye gyegiriwa?

okwanukula: Shiriki: ye muntu okwenkanya ekintu kyonna ne Allah , mu kumusinza, oba mubikolwa bye oba mu mannya n'ebitendo bye.

Era kigwa mu shiriki: okwolekeza omuteeko gwonna mu miteeko gy'okusinza eri ekitali Allah.

Emiteeko gya shiriki:

-Shiriki omunene; nga okusaba ekitali Allah, oba okuvunnamira ekitali Allah, oba okusalira ekitali Allah.

-Shiriki omutono; era y'oyo shirik atafulumya mu ddiini, nga: okulayira ekitali Allah, oba okwambala yirizi, ne kabandabe omutono [nga okulongoosa eswala olwokuba abantu bakulaba].

Ekibuuzo 13: waliyo amanyi abyekwese atali Allah omugulumivu?

Okwanukula:Teri amanyi byekwese okujjako Allah yekka.

Yagamba Allah:

﴿قُل لَّا يَعۡلَمُ مَن فِي ٱلسَّمَٰوَٰتِ وَٱلۡأَرۡضِ ٱلۡغَيۡبَ إِلَّا ٱللَّهُۚ وَمَا يَشۡعُرُونَ أَيَّانَ يُبۡعَثُونَ ٦٥﴾

(Bagambe (Ggwe Muhammadi) nti: Tewali amanyi Bitalabikako mw'abo abali mu ggulu ne mu nsi wabula Allah; era tebamanyi kiseera ki lwe balizuukira). [suurat An-naml: 65].

ekibuuzo 14: Empagi z'obukkiriza ze ziriwa?

okwanukula: empagi z'obukkiriza ziri mukaaga:

1- Okukkiririza mu Allah omugulumivu.

2- Ne bamalaika be.

3- N'ebitabo bye.

4- N'ababaka be.

5- N'olunaku lw'enkomerero.

6- N'okugera kwe, okulungi n'okubi.

Obujulizi: hadith ya Jibriilu emanyikiddwa, eri mu kitabo kya Muslim, nti Jibriilu yagamba nabbi okusasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku yye nti:

«فَأَخْبِرْنِي عَنِ الْإِيمَانِ، قَالَ: أَنْ تُؤْمِنَ بِاللهِ، وَمَلَائِكَتِهِ، وَكُتُبِهِ، وَرُسُلِهِ، وَالْيَوْمِ الْآخِرِ، وَتُؤْمِنَ بِالْقَدَرِ خَيْرِهِ وَشَرِّهِ».

"Mbuulira ku bukkiriza, Nabbi namugamba nti: kwe kukkiriza Allah, ne bamalaika be, n'ebitabo bye, n'ababaka be, n'olunaku lw'enkomerero, era n'okkiriza okugera kwe, okulungi n'okubi. "

ekibuuzo: 15: empagi z'obukkiriiza zitegeeza ki?

Okwanukula: Okukkiriza Allah: kwe kukkiriza nti Allah ye yakutonda, era y'akugabirira, era ye nannyini byonna, era yemuteesiteesi w'ebitonde yekka. Era y'asinzibwa, teri asinzibwa mu butuufu atali yye, era yenannyini kutonda n'ekiragiro, n'okulamula, n'okussaawo amateeka. byonna bibye tewali kimwegattako.

Era ye mugulumivu, omunene, omujjuvu, oyo alina amatendo gonna, era alina amannya amalungi, n'ebitendo ebyawagguli, talina kimufaanana kyonna yayawukana Allah.

Okukkiriza ba malaika: Era nabyo bitonde Allah yabitonda mu kitangaala, bimusinza, n'okwewaayo okujjuvu eri ekiragiro kye.

Yagamba Allah:

﴿بَلۡ عِبَادٞ مُّكۡرَمُونَ ٢٦ لَا يَسۡبِقُونَهُۥ بِٱلۡقَوۡلِ وَهُم بِأَمۡرِهِۦ يَعۡمَلُونَ ٢٧﴾

(Wabula bo baddu abagulumizibwa *

Tebamukulembera na kigambo (Kye kyonna), (wabula) nabo bakolera ku kiragiro Kye).

[Al-Ambiya: 26-27].

Era ne Nabbi okusasira n'emirembe bibeere ku yye yagamba nti:

«خُلِقَتِ الْمَلَائِكَةُ مِنْ نُورٍ».

"ba malaika batondebwa mu kitangala"

Esangibwa mu kitabo kya Muslimu .

-Era mu ba malaika mulimu: Jibriilu, oyo akka n'obubaka nabutuusa ku banabbi. Allah yagamba:

﴿وَإِنَّهُۥ لَتَنزِيلُ رَبِّ ٱلۡعَٰلَمِينَ ١٩٢ نَزَلَ بِهِ ٱلرُّوحُ ٱلۡأَمِينُ ١٩٣ عَلَىٰ قَلۡبِكَ لِتَكُونَ مِنَ ٱلۡمُنذِرِينَ ١٩٤ بِلِسَانٍ عَرَبِيّٖ مُّبِينٖ ١٩٥﴾

(Era mazima Yo (Kuraane) kussa kwa Mukama W'ebitonde byonna *

Yakka nayo Mwoyo Mutukuvu (Malaika Jibriilu) Omwesigwa *

(Nga agissa) ku mutima gwo, olyoke obeere ow'omu batiisa *

(Nga eri) mu lulimi oluwarabu olweyolefu).

[Al- shu-araa :192-195].

Okukkiririza mu bitabo: Era nga by'ebitabo Allah byeyassa ku babaka be.

-Nga Quran: eyassibwa ku Muhammad okusasira n'emirembe bibere ku yye.

-Enjiri: eyassibwa ku Isa emirembe jibeere ku yye.

-Taurat: eyassibwa ku Musa emirembe jibeere ku yye.

-Zabuli: eyassibwa ku Dauda okusasira n'emirembe bibeere ku yye.

-Ekitabo ekyassibwa ku Ibrahim ne Musa emirembe jibeere ku bbo.

Okukkiririza mu babaka: Be bo Allah beyatuma eri abaddu be babayigirize, era babasanyuse n'ekirungi n'ejjana, era babatiise n'ekibi n'omuliro.

era ab'enkizo mu bbo: banannyini bumalirivu era be bano:

-Nuuhu Emirembe gibeere ku yye.

-Ibrahim emirembe gibeere ku yye.

-Musa emirembe gibeere ku yye.

-Isa emirembe gibeere ku yye.

-Muhammad okusasira n'emirembe bibeere ku yye.

Okukkiririza mu lunaku lw'enkomerero: Nakwo kwekukkiririza mubulamu bw'omuntaana oluvannyuma lw'okufa, n'olunaku lwokuyimirira,

n'olunaku lw'okuzuukira n'okubalwa, abantu b'omujjana lwebanatebenkera mu nju yaabwe, n'abomumuliro nabo babeere mu nju yabwe.

yagamba Allah omugulumivu:

﴿كُلُّ نَفْسٍ ذَائِقَةُ الْمَوْتِ ۗ وَإِنَّمَا تُوَفَّوْنَ أُجُورَكُمْ يَوْمَ الْقِيَامَةِ ۖ فَمَن زُحْزِحَ عَنِ النَّارِ وَأُدْخِلَ الْجَنَّةَ فَقَدْ فَازَ ۗ وَمَا الْحَيَاةُ الدُّنْيَا إِلَّا مَتَاعُ الْغُرُورِ ﴿١٨٥﴾﴾

(Buli mwoyo gwa kukomba ku kufa, ddala mazima mugenda kutuukirizibwa okusasulwa empeera zammwe ku Lunaku Lw'okuyimirizibwa (mu maaso ga Allah). N'omuntu yenna oyo alyesambisibwa Omuliro n'ayingizibwa Ejjana, mazima aliba yeesiimye, Tebuli obulamu obw'ensi wabula ekintu eky'eyagaza ekiseera buseera, ekigayaaza).

[Suurat Aal-imraan:185].

okukkiririza mu kugera kwa Allah, okulungi, n'okubi:

Qadar: kwekukkiriza nti Allah amanyi buli kintu ekigwaawo mu nsi ne mu ggulu, era ebyo yabiwandiika ku lubaawo olukuumibwa, era yayagala okubaawo kwabyo n'abitonda.

Yagamba Allah omugulumivu:

﴿إِنَّا كُلَّ شَيْءٍ خَلَقْنَاهُ بِقَدَرٍ ﴿٤٩﴾﴾

(Mazima Ffe buli kintu twakitonda na kukigerera (ku ngeri ekisaanira)). [Suurat Al- qamar: 49].

-okugera kulimu emitendera ena:

Ogusooka: okumanya kwa Allah, omwo mulimu okumanya kwe okukulembera buli kintu, oluberyeberye nga ebintu tebinnabaawo, n'oluvanyuma nga bimaze okubaawo.

obujulizi kw'ekyo: kya Allah omugulumivu:

﴿إِنَّ اللَّهَ عِنْدَهُ عِلْمُ السَّاعَةِ وَيُنَزِّلُ الْغَيْثَ وَيَعْلَمُ مَا فِي الْأَرْحَامِ وَمَا تَدْرِي نَفْسٌ مَاذَا تَكْسِبُ غَدًا وَمَا تَدْرِي نَفْسٌ بِأَيِّ أَرْضٍ تَمُوتُ إِنَّ اللَّهَ عَلِيمٌ خَبِيرٌ ﴿٣٤﴾﴾

(Mazima Allah w'ali we wali okumanya (ddi lwe kiribeerawo) Ekiseera Eky'enkomerero, era y'atonnyesa enkuba (w'aba asiimidde) era y'amanya ekyo ekiri mu nnabaana (oba kikazi oba kisajja n'ebirala ebikifaako). N'omwoyo tegumanyi kiki kye gunaafuna enkya, era omwoyo tegumanyi nsi ki mwe gulifiira, mazima Allah Mumanyi nnyo, Amanyi ebyokungulu n'ebyomunda). [suurat Luqmaan:34].

Ogw'okubiri: nti ebyo byonna Allah yabiwandiika ku lubaawo olukuumibwa, buli kintu ekyabaawo n'ekiribaawo byonna Allah yabiwandiika mu kitabo.

obujulizi kw'ekyo: kye kigambo kya Allah omugulumivu:

﴿وَعِنْدَهُ مَفَاتِحُ الْغَيْبِ لَا يَعْلَمُهَا إِلَّا هُوَ وَيَعْلَمُ مَا فِي الْبَرِّ وَالْبَحْرِ وَمَا تَسْقُطُ مِنْ وَرَقَةٍ إِلَّا يَعْلَمُهَا وَلَا حَبَّةٍ فِي ظُلُمَاتِ الْأَرْضِ وَلَا رَطْبٍ وَلَا يَابِسٍ إِلَّا فِي كِتَابٍ مُبِينٍ ﴿٥٩﴾﴾

(Ne gy'ali y'eri ensumuluzo z'eby'ewala ebitalabikako, tewali abimanyi wabula Ye. Era Amanyi ebyo ebiri ku lukalu ne mu nnyanja. Era tekagwa akakoola konna wabula Akamanyi; era tewali mpeke eri mu bizikiza by'ettaka wadde ekibisi oba ekikalu wabula (byonna) biri mu Kitabo ekinnyonnyola). [Suurat Al-an'am: 59].

Ogw'okusatu: buli kintu kibaawo na kwagala kwa Allah, era teri kintu kibaawo okuva mu yye oba mubitonde bye okujjako nga kibaawo na kwagala kwe. era omuddu alina okusalawo, era alina okwagala, naye okwagala kwe tekusobola kubaawo okujjako oluvannyuma lw'okwagala kwa Allah.

obujulizi bw'ekyo: kye kigambo kya Allah:

﴿لِمَنْ شَاءَ مِنْكُمْ أَنْ يَسْتَقِيمَ ﴿٢٨﴾ وَمَا تَشَاءُونَ إِلَّا أَنْ يَشَاءَ اللَّهُ رَبُّ الْعَالَمِينَ ﴿٢٩﴾﴾

(Eri oyo ayagala mu mmwe okulunngama 28 Temuyinza kwagala, wabula nga Katonda Omulezi w'ebitonde ayagadde). [Suurat Al-tak-wiir:28-29].

Ogw'okuna: Okukkiriza nti byonna ebiriwo Allah

ye yabitonda, era n'atonda n'ebitendo bya byo, n'entambula zaabyo, na buli kintu kyonna mu byo.

Obujulizi bw'ekyo: kye kigambo kya Allah:

﴿وَاللَّهُ خَلَقَكُمْ وَمَا تَعْمَلُونَ﴿٩٦﴾﴾

(Nga Allah Ye yabatonda n'ebyo bye mukola?- (n'olwekyo Allah y'ateekwa okusinzibwa).

[Suurat Al-swaffaat:96].

Ekibuuzo 16: Quran kyekki?

Okwanukula: Bigambo bya Allah, era ssi kitonde.

Yagamba Allah omugulumivu:

﴿وَإِنْ أَحَدٌ مِنَ الْمُشْرِكِينَ اسْتَجَارَكَ فَأَجِرْهُ حَتَّى يَسْمَعَ كَلَامَ اللَّهِ...﴾

(Bw'abeera omu mu bagatta ku Allah nga akusabye obubudamu (Ggwe Muhammadi), bumuwe okutuusa lw'awulira ebigambo bya Allah) [Suurat Attauba].

Era kyajja mu hadith:

«وَفَضْلُ كَلَامِ اللهِ عَلَى سَائِرِ الْكَلَامِ كَفَضْلِ اللهِ عَلَى خَلْقِهِ».

"Era n'enkizo y'ebigambo bya Allah ku bigambo ebisigadde, eri nga enkizo ya Allah ku bitonde bye." [Esangibwa mu kitabo kya Tirmidhi].

Ekibuuzo17: Sunna kyekki?

Okwanukula:Buli kigamba kya Nabbi Muhammad okusasira n'emirembe bibere ku yye, oba ekikolwa

kye, oba okukakasa kwe ensonga, oba ekitendo kye mumpisa oba mu butonde bwe.

Ekibuzo18: Bidi'a kyekki? era tugikkiriza?

Okwanukula: Buli abantu kyebazuulawo mu ddiini nga tekyaliwo ku mulembe gwa nabbi Muhammad okusasira n'emirembe bibere ku yye, ne ba swahaba be.

Tetumukkiriza, era kitukakatako okumulwanyisa .

Olw'ekigambo kya Nabbi okusasira n'emirembe bibere ku yye:

«كُلُّ بِدْعَةٍ ضَلَالَةٌ».

"Buli kizuule mu ddini bubuze."

[Esangibwa mu kitabo kya Abu daud].

n'ekigambo kya Nabbi okusasira n'emirembe bibeere ku yye:

«مَنْ عَمِلَ عَمَلًا لَيْسَ عَلَيْهِ أَمْرُنَا فَهُوَ رَدٌّ».

"Yenna akola omulimu nga teguliko kiragiro kyaffe, omulimu ogwo gumuddizibwa"

[Esangibwa mu kitabo kya muslim].

Eky'okulabirako: Okwongera mu Ibaada, nga okwongera omulundi ogw'okuna mu kufuna wudhu, okukuza Amazalibwa ga Nabbi, tebyava ku Nabbi yadde ba swahaba be.

Ekibuuzo 19: Enzikiriza y'okwagala, n'okukyawa y'eliwa?

Okwanukula:Alwala'u: kwe kwagala abakkiriza n'okubataasa.

Yagamba Allah omugulumivu:

﴿وَالْمُؤْمِنُونَ وَالْمُؤْمِنَاتُ بَعْضُهُمْ أَوْلِيَاءُ بَعْضٍ...﴾

(N'abakkiriza abasajja N'abakkiriza abakyala abamu mu bo mikwano gya bannaabwe).

[Suurat At-Tauba:71].

Al-bara'u: kwe kunyiigira abatali basiramu, n'okubakyawa.

Yagamba Allah:

﴿قَدْ كَانَتْ لَكُمْ أُسْوَةٌ حَسَنَةٌ فِي إِبْرَاهِيمَ وَالَّذِينَ مَعَهُ إِذْ قَالُوا لِقَوْمِهِمْ إِنَّا بُرَآءُ مِنْكُمْ وَمِمَّا تَعْبُدُونَ مِنْ دُونِ اللَّهِ كَفَرْنَا بِكُمْ وَبَدَا بَيْنَنَا وَبَيْنَكُمُ الْعَدَاوَةُ وَالْبَغْضَاءُ أَبَدًا حَتَّى تُؤْمِنُوا بِاللَّهِ وَحْدَهُ..﴾

(Mazima mwalina eky'okugoberera ekirungi (ddala) mu (Nabbi) Ibrahiimu n'abo abaali awamu naye, mu kiseera bwe baagamba ekibiina kyabwe nti: Mazima ffe tubaawukanyeeko (era twesambye) ne kw'ebyo bye musinza ebitali Allah: Tubawakanyizza, era bumaze okweyoleka obulabe n'obukyaayi wakati waffe nammwe obw'olubeerera okutuusa lwe

munakkiriza Katonda (ali Omu Oyo) yekka).

[Suurat Al-mumtahana:4].

Ekibuzo 20: Allah akkiriza eddiini endala nga ssi busiraamu?

Okwanukula: Allah takkiriza diini etali busiraamu.

Yagamba Allah:

﴿وَمَن يَبتَغِ غَيْرَ الإِسلَٰمِ دِينًا فَلَن يُقْبَلَ مِنهُ وَهُوَ فِي الآخِرَةِ مِنَ الخَٰسِرِينَ﴿٨٥﴾﴾

(N'omuntu anoonya obutali Busiraamu okugifuula eddiini, ssi ya kukkirizibwa kuva gy'ali, naye ku Lunaku lw'Enkomerero aliba wa mu bafaafaaganiddwa). [Suurat Aal-Imran 85].

Ekibuuzo 21:Obukaafiiri bubeera mu bigambo, n'emirimu, n'enzikiriza, waayo eky'okulabirako.

Eky'okulabirako ky'ekigambo: Okuvuma Allah oba Omubaka we okusasira n'emirembe bibeere ku yye.

Eky'okulabirako ky'omulimu: Okukakkanya Quran, oba okuvunnamira ekitali Allah.

Eky'okulabirako ky'enzikiriza: Okukkiriza nti waliyo asaanidde okusinzibwa atali Allah, oba nti Waliyo omutonzi atonda ne Allah.

Ekibuuzo 22: Obunnanfuusi kyekki, era emiteko gyabwo gyegiriwa?

1- Obunanfuusi obunene: kwekukweeka obukaafiiri, ate n'oyolesa obukkiriza.

Era bufulumya omuntu mu busiraamu, era bukaafiiri bunene.

Yagamba Allah:

﴿إِنَّ الْمُنَٰفِقِينَ فِي الدَّرْكِ الْأَسْفَلِ مِنَ النَّارِ وَلَن تَجِدَ لَهُمْ نَصِيرًا ﴿١٤٥﴾﴾

(Mazima abannanfuusi balibeera mu muko ogukomererayo wansi mu muliro; era togenda kubafunira mutaasa). [Suurat Al-nisaa:145].

2- Obunnanfuusi obutono: Okugeza nga: Okulimba, okwawukana ku ndagaano, n'okukumpanya.

Tebujja mu busiraamu, era bubalibwa mu mazambi, ne nnyini bwo aba ayolekedde okubonerezebwa.

Yagamba Omubaka wa Allah okusaasira n'emirembe bibeere ku yye:

«آيَةُ الْمُنَافِقِ ثَلَاثٌ: إِذَا حَدَّثَ كَذَبَ، وَإِذَا وَعَدَ أَخْلَفَ، وَإِذَا اؤْتُمِنَ خَانَ».

"Obubonero bw'omunnanfuusi buli busatu: bw'anyumya alimba, bw'akola endagaano agyawukanako, era bw'aba yeesigiddwa akumpanya." [Yayogerwa Bukhari ne muslim].

Ekibuuzo 23: Ani ow'enkomerero mu ba nabbi n'ababaka?

Okwanukula:

ye Muhammad okusaasira kwa Allah n'emirembe bibere ku yye.

Yagamba Allah:

﴿مَّا كَانَ مُحَمَّدٌ أَبَا أَحَد مِّن رِّجَالِكُم وَلَكِن رَّسُولَ ٱللَّهِ وَخَاتَمَ النَّبِيِّينَ...﴾

(Tabeeranga Muhammadi kita w'omo mu basajja mu mmwe, naye ye mubaka wa Allah era ye w'enkomerero mu ba Nabbi.....).

[Suurat Al-ahzaab: 40].

Yagamba omubaka wa Allah okusaasira n'emirembe bibeere ku yye:

«وَأَنَا خَاتَمُ النَّبِيِّينَ لا نَبِيَّ بَعْدِي».

"Era nze nabbi ow'enkomerero, tewali nabbi luvannyuma lwange."

[Yayogerwa Abu dauda, ne Tirmidhi n'abalala].

Ekibuuzo 24:Eky'amagero kyekki?

Okwanukula:Eky'amagero: Buli Allah kyeyawa ba Nabbi be nga sikyaabulijjo, kijulire amazima gabwe.

okugeza:

-Okubejjukamu kw'omwezi kulwa Nabbi okusasira n'emirembe bibeere ku yye. Allah yagamba:

﴿اقْتَرَبَتِ السَّاعَةُ وَانشَقَّ الْقَمَرُ ۝١ وَإِن يَرَوْا ءَايَةً يُعْرِضُوا وَيَقُولُوا سِحْرٌ مُّسْتَمِرٌّ ۝٢ وَكَذَّبُوا وَاتَّبَعُوا أَهْوَاءَهُمْ ۚ وَكُلُّ أَمْرٍ مُّسْتَقِرٌّ ۝٣﴾

(Enkomerero esemberedde okutuuka n'omwezi ne gubejjukamu *

Bwe baba nga balabye eky'amagero baawukana (ku kukikkiriza), ne bagamba nti: Eryo ddogo (lya Muhammadi) lya lubeerera *

(Bwe batyo) ne balimbisa (Amazima) ne bagoberera okwagala kwabwe. Sso nga buli kigambo kirina obutebenkero bwakyo). [Al-Qamar 1-3].

-N'ennyanja okweyawulamu ku lwa Musa emirembe gibeere ku yye, n'okuzikirira kwa Falawo n'amaje ge. Yagamba Allah:

﴿وَإِذْ فَرَقْنَا بِكُمُ الْبَحْرَ فَأَنجَيْنَاكُمْ وَأَغْرَقْنَا ءَالَ فِرْعَوْنَ وَأَنتُمْ تَنظُرُونَ ۝٥٠﴾

(Era mujjukire ekiseera bwe Twayawulayawula mu Nnyanja ku lwammwe ne Tubawonya, ne Tusaanyaawo abantu ba Fir'auna nga nammwe mutunula). [Suurat Al-baqara: 50].

Ekibuuzo 25: Ba swahaba be baani? era abaffe kitukakatako okubaagala?

Swahaba: y'oyo eyasisinkana nabbi Muhammad (okusasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku yye), nga

amukkiririzaamu, era n'afiira ku busiraamu.

kitukakatako okubaagala, n'okubagoberera, era bebantu abasinga obulungi n'enkizo oluvannyuma lwa ba Nabbi.

Era ab'enkizo mu bo: be basika ba Nabbi abana:

Abubakar (Allah amusiime).

Umar (Allah amusiime).

Uthman(Allah amusiime).

Ali(Allah amusiime).

Allah yagamba nga ayogera ku ba swahaba(Allah abasiime bonna):

﴿وَالسَّٰبِقُونَ الْأَوَّلُونَ مِنَ الْمُهَٰجِرِينَ وَالْأَنصَارِ وَالَّذِينَ اتَّبَعُوهُم بِإِحْسَٰنٍ رَّضِيَ اللَّهُ عَنْهُمْ وَرَضُوا عَنْهُ وَأَعَدَّ لَهُمْ جَنَّٰتٍ تَجْرِي تَحْتَهَا الْأَنْهَٰرُ خَٰلِدِينَ فِيهَا أَبَدًا ذَٰلِكَ الْفَوْزُ الْعَظِيمُ ١٠٠﴾

(N'abaakulembera abaasooka (mu Busiraamu), mu Basenguse n'Abaataasa, n'abo abaabagoberera mu kukola obulungi- Allah Yabasiima nabo ne bamusiima, n'abategekera Ejjana nga gikulukuta wansi waayo emigga, bakutuula mu yo obugenderevu n'obugenderevu. Okwo kwe kwesiima okusukkirivu). [At-Tauba :100].

Ekibuuzo 26 :Ba mama b'Abakkiriza be bani?

okwanukula:be bakyala ba Nabbi Muhammad(Okusaasira n'emirembe bibeere ku yye).

Yagamba Allah omugulumivu:

﴿ٱلنَّبِيُّ أَوۡلَىٰ بِٱلۡمُؤۡمِنِينَ مِنۡ أَنفُسِهِمۡۖ وَأَزۡوَٰجُهُۥٓ أُمَّهَٰتُهُمۡۗ...﴾

(Nabbi y'asinga okukakatirwa okwagalibwa abakkiriza okusingako okweyagala (bo bennyini) ne bakyala be bannyaabwe (mu ddiini)).

[Suurat Al-ahzaab:6].

Ekibuuzo 27: Omugabo gw'abenju ya Nabbi kuffe gweguliwa?

Okwanukula:Tubaagala, netubafuula mikwano gyaffe, netunyiigira yenna abanyiigira, era tetubasussa webalina kukoma.Era nga nabo be bakyala be, n'abaana be, n'abenju ya Hashim, ne mutwalibi Abakkiriza.

yagamba Allah omugulumivu:

﴿...إِنَّمَا يُرِيدُ اللَّهُ لِيُذْهِبَ عَنكُمُ الرِّجْسَ أَهْلَ الْبَيتِ وَيُطَهِّرَكُمْ تَطْهِيرًا﴾

(Mazima Allah ayagala abajjeko mmwe ebibi (Abange Mmwe) abo munnyumba ya Nnabbi, (era) abatukuze olutukuza). [Al-Ahzaab 33].

Ne mu hadiith ya Nabbi (okusasira n'emirembe bibere ku yye) yagamba:

«أُذَكِّرُكُمُ اللهَ فِي أَهْلِ بَيْتِي، أُذَكِّرُكُمُ اللهَ فِي أَهْلِ بَيْتِي، أُذَكِّرُكُمُ اللهَ فِي أَهْلِ بَيْتِي».

"Mbajjukiza Allah ku bantu b'enju yange, mbajjukiza Allah ku bantu b'enju yange, mbajjukiza Allah ku bantu b'enju yange)

amakulu nti mubayise bulungi, era mubawe n'ekitiibwa kyabwe ekibasaanira."

[Yayogerwa Muslim].

Ekibuuzo 28: Kiki ekitukakatako eri abakulembeze b'obusiramu?

okwanukula:Ekitukakatako: kubawa kitiibwa, okuwulira n'okubagondera mu butali bujeemu, okubasabira, n'okubabuulirira mu kyama, n'obutabeewagulako okujjako nga tubalabye ko ekikolwa ky'obukafiri ekyeyolefu.

Yagamba Allah omugulumivu:

﴿يَٰٓأَيُّهَا ٱلَّذِينَ ءَامَنُوٓا۟ أَطِيعُوا۟ ٱللَّهَ وَأَطِيعُوا۟ ٱلرَّسُولَ وَأُو۟لِى ٱلْأَمْرِ مِنكُمْ ۖ فَإِن تَنَٰزَعْتُمْ فِى شَىْءٍ فَرُدُّوهُ إِلَى ٱللَّهِ وَٱلرَّسُولِ إِن كُنتُمْ تُؤْمِنُونَ بِٱللَّهِ وَٱلْيَوْمِ ٱلْـَٔاخِرِ ۚ ذَٰلِكَ خَيْرٌ وَأَحْسَنُ تَأْوِيلًا ﴿٥٩﴾﴾

(Abange mmwe abakkiriza! Mugondere Allah n'Omubaka We, ne bannannyini Buyinza mu mmwe; bwe mubanga mukaayanye mu kintu , mukizzenga eri

Allah n'Omubaka We, bwe mubeera nga mukkiriza Allah n'Olunaku Lw'enkomerero: Ekyo kye kirungi era ge magoba agasinga obulungi). [An-Nisaa: 59].

Ekibuuzo 29: Y'eriwa ennyumba y'abakkiriza?

Okwanukula: Ejjana, yagamba Allah omugulumivu:

﴿إِنَّ اللَّهَ يُدْخِلُ الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ جَنَّاتٍ تَجْرِي مِنْ تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ...﴾

(Mazima Allah aliyingiza abo abakkiriza ne bakola emirmu emirungi Ejjana (mwe balibeera) nga emigga gikulukutira wansi waayo). [Suurat Muhammad:12]

Ekibuuzo 30: Y'eriwa ennyumba y'abakaafiiri?

Okwanukula:Omuliro, yagamba Allah:

﴿...فَاتَّقُوا النَّارَ الَّتِي وَقُودُهَا النَّاسُ وَالْحِجَارَةُ أُعِدَّتْ لِلْكَافِرِينَ﴾

(Mutye omuliro ogwo, okukumwa kwagwo gukumirwa ku bantu n'amayinja, gwateekerwateekerwa abatakkiriza).

[Suurat Al-Baqara: 24].

Ekibuuzo 31:khaufu (okutya) kyekki? Era Raja'u (okusuubira) kyekki? obujulizi ku byo bwe buliwa?

Okwanukula:Al-khaufu: kwe kutya Allah, n'okutya ebibonerezo bye.

Al_raja'u: kwe kululunkanira empeera za Allah, n'okusonyiwa kwe, n'okusaasira kwe.

Obujulizi: Kigamba kya Allah omugulumivu:

﴿أُولَٰئِكَ الَّذِينَ يَدْعُونَ يَبْتَغُونَ إِلَىٰ رَبِّهِمُ الْوَسِيلَةَ أَيُّهُمْ أَقْرَبُ وَيَرْجُونَ رَحْمَتَهُ وَيَخَافُونَ عَذَابَهُ إِنَّ عَذَابَ رَبِّكَ كَانَ مَحْذُورًا ﴿٥٧﴾﴾

(Abo be basaba (nga basinza), nga banoonya ekkubo eri batuusa eri Mukama waabwe (nga balinga abavuganya wakati waabwe bokka na bokka, buli omu nga ayagala abeere) asinga okuba okumpi (ne Allah): ne basuubira okusaasira Kwe nga batya ebibonyobonyo Bye. Mazima ebibonerezo bya Mukama wo byali (ebiteekwa) okwekekwa (okuviira ddala oluberyeberye). [Suurat Al-Israa: 57].

Era Allah n'agamba:

﴿نَبِّئْ عِبَادِي أَنِّي أَنَا الْغَفُورُ الرَّحِيمُ ﴿٤٩﴾ وَأَنَّ عَذَابِي هُوَ الْعَذَابُ الْأَلِيمُ ﴿٥٠﴾﴾

(Tegeeza (Ggwe Muhammadi) abaddu Bange (nti): Mazima Nze Musonyiyi, Omusaasizi(49) era mazima

ddala ebibonyobonyo byange byo bibonyobonyo ebiruma enyo(50)). [suurat Al-hijir: 49-50].

Ekibuuzo 32: Yogerayo agamu ku mannya ga Allah n'ebitendo bye.

Okwanukula: Allah, Al-rabb, Al-rahman, Al-sami'u, Al-baswiiru, Al-aleemu, Al-razzaaq, Al-hayyu, Al-adhwiimu, Al-hakiimu,....n'amala Amanya ga Allah n'ebitendo bye ebyawaggulu.

Ekibuuzo 33: Nyonyola Amannya gano.

okwanukula:Allah: Amakulu, asinzibwa mu butuufu bwokusinzibwa, mu bwomu bwe talina kimwegattako.

-Al-rabb: omutonzi, omufuzi, omugabirizi, ateekateeka ensonga zonna yekka eyayawukana.

-Al-sami'u: oyo okuwulira kwe okwabuna buli kintu, awulira amaloboozi gonna mu bika byago.

-Al-baswiir: Oyo alaba buli kintu, era alaba buli kitono oba ekinene.

-Al-aliimu: Y'oyo okumanya kwe okwetolola buli kintu. ebyayita, ebiriwo, n'ebyomumaaso.

-Al-rahman: Omusaasizi, oyo okusasira kwe okwabuna buli kitonde na buli kiramu, Abaddu bonna n'ebitonde byonna biri wansi w'okusaasira kwe.

-Al-razzaak: Omugabirizi, oyo agabirira ebitonde byonna mu abantu, amajinni, na buli kitambula.

-Al-hayyu: Omulamu oyo atafa, ate nga ebitonde byonna bifa.

-Al-adhwiimu: Oyo alina obujjuvu bwonna, n'obugulumivu bwonna, mu mannya ge, n'ebitendo bye n'ebikolwa bye.

-Al-hakeemu: Oyo ayatuukiriza ebitonde bye, n'abiwunda, era alina ekigendererwa mu kutonda kwe n'ekiragiro kye.

-Al-hikma (Amagezi): kwe kuteeka ebintu webisanidde okubeera.

Ekibuuzo 34: Kiki ekitukakatako eri abamanyi b'omusiraamu?

Okwanukula: Okubaagala, era netubeebuuzaako ku nsonga eziba ziguddewo mu ddiini, netubogerako birunji, era abogerako ekibi aba tali ku nkola ntuufu.

-Allah yagamba:

﴿...يَرۡفَعِ ٱللَّهُ ٱلَّذِينَ ءَامَنُواْ مِنكُمۡ وَٱلَّذِينَ أُوتُواْ ٱلۡعِلۡمَ دَرَجَٰتٖۚ وَٱللَّهُ بِمَا تَعۡمَلُونَ خَبِيرٞ﴾

(Allah akusitula abo abakkiriza mu mmwe (abawe amadaala agabasaana n'ekitiibwa) n'abo abaweebwa Okumanya balina amadaala (agasingako). Ne Allah

Amanyi ebyama by'ebyo bye mukola).

[Suurat Al- Mujaadila :11].

Ekibuuzo 35: Mikwaano gya Allah bebaani?

Okwanukula: be bakkiriza abatya Allah abagoberera enkola ya nabbi Muhammad okusaasira n'emirembe bibeere ku ye.

Yagamba Allah:

﴿أَلَا إِنَّ أَوْلِيَاءَ اللَّهِ لَا خَوْفٌ عَلَيْهِمْ وَلَا هُمْ يَحْزَنُونَ ۝٦٢ الَّذِينَ آمَنُوا وَكَانُوا يَتَّقُونَ ۝٦٣﴾

(Abange mazima abaagalwa ba Katonda tebalina bo kutya, era tebali bo bakunakuwala 62 Abo abakkiriza nebaba nga batya ne Allah).

[Suurat yuunus: 62-63].

Ekibuuzo 36: Abange, obukkiriza bigambo na mirimu?

Okwanukula: Obukkiriza bigambo, namirimu, nanzikiriza, kuba kwogera n'olulimi, n'okukkiriza n'omutima, nokukola n'ebiyungo.

Kwe kwatula n'olulimi, n'okukkiriza n'okukola n'omutima n'okukola n'ebitundu by'omubiri.

Mu hadith eva ku Abi huraira nga ajiggya ku Nabbi okusasira n'emirembe gibere ku yye yagamba nti:

«الإِيمَانُ بِضْعٌ وَسَبْعُونَ - أَوْ: بِضْعٌ وَسِتُّونَ - شُعْبَةً، فَأَفْضَلُهَا قَوْلُ: لا إِلَهَ إِلَّا اللهُ، وَأَدْنَاهَا إِمَاطَةُ الأَذَى عَنِ الطَّرِيقِ، وَالْحَيَاءُ شُعْبَةٌ مِنَ الإِيمَانِ».

"Obukkiriza bulimu amadaala wakati w'ensavu mu asatu n'ensanvu mu mwenda, oba nkaaga mu asatu n'enkaaga mu mwenda, nga neddaala erisinga enkizo ky'ekigambo LA ILAAHA ILLA LLAHU, n'erisembayo wansi kwe kujjawo ekinyiiza mu kkubo, n'ensonyi ddaala mu madaala g'obukkiriza" [Yayogerwa Muslim].

Ekibuuzo 37: Imaani erinya nekka?

Okwanukula: Imani erinya nakugondera Allah, era ekka nakumujeemera.

yagamba Allah:

﴿إِنَّمَا الْمُؤْمِنُونَ الَّذِينَ إِذَا ذُكِرَ اللَّهُ وَجِلَتْ قُلُوبُهُمْ وَإِذَا تُلِيَتْ عَلَيْهِمْ آيَاتُهُ زَادَتْهُمْ إِيمَانًا وَعَلَى رَبِّهِمْ يَتَوَكَّلُونَ ۝٢﴾

(Mazima abakkiriza (Abaddala) be bo bw'aba nga Ayogeddwako Allah emyoyo gyabwe gitya, era bwe biba nga bibasomeddwa ebigambo Bye kibongera obukkiriza, era nga beesigamira Mukama waabwe). [suurat Al-anfaal: 2].

Ekibuuzo 38: Okulongoosa kyekki?

Okwanukula: kwekusinza Allah nga olinga amulaba, newankubadde tomulaba mazima yye

akulaba.

Ekibuuzo 39: Emirimu ddi lwejikkirizibwa mu maso ga Allah?

Okwanukula: Gikkirizibwa n'obukwakkulizo bubiri:

1- kwekuba nga omulimu ogukoze ku lwa Allah.

2- okuba nga ogoberedde enkola ya nabbi okusasira n'emirembe bibeere ku yye.

Ekibuuzo 40: okwesigamira Allah kyekki?

Okwanukula: Kwe kwesigamira ku Allah mukunoonya ebyetaago ne mukuziyiza ebikosa, owamu n'okuteekawo ensonga ezikutuusa kw'ekyo

Yagamba Allah omusukkulumu:

﴿وَمَنْ يَتَوَكَّلْ عَلَى اللَّهِ فَهُوَ حَسْبُهُ...﴾

(N'omuntu ayesigamira Allah, naye amumala mu byonna). [Suurat At-Talaaq:3].

Hasbuhu: amakulu nti Amumala.

Ekibuuzo 41: Ki ekyetteeka ky'okulagira obulungi n'okuziyiza obubi?

Okwanukula: Ekirungi: kwekulagira buli kikolwa eky'okugondera Allah, ate Ekibi: okuziyiza buli kikolwa eky'okugyemera Allah. Okuziyiza ekibi:

kwekugaana buli kikolwa ky'okujeemera Allah.

Yagamba Allah:

﴿كُنتُمْ خَيْرَ أُمَّةٍ أُخْرِجَتْ لِلنَّاسِ تَأْمُرُونَ بِٱلْمَعْرُوفِ وَتَنْهَوْنَ عَنِ ٱلْمُنكَرِ وَتُؤْمِنُونَ بِٱللَّهِ...﴾

(Mwali (mmwe abagoberezi ba Muhammadi) ekibiina ekisingayo obulungi ekyaggyirwayo abantu (b'ensi yonna). Mulagira empisa ennungi ne mugaana ebyagaanibwa; era ne mukkiriza Allah).

[Suurat Aal-Imraan:110].

Ekibuuzo 43: Ba Ahlu Sunna wal-jama be baani?

Okwanukula: Be bo abali kw'ekyo nabbi Muhammad(okusasira kwa Allah n'emirembe bibere ku yye) , ne ba swahaba be kyebaliko, mu bigambo, n'emirimu n'enzikiriza.

-Bayitibwa ba Ahlu sunnah: Olw'okugoberera kwabwe enkola za Nabbi(okusasira n'emirembe bibere ku yye), n'okulekayo okuzuula mu ddiini.

-Era nebayitibwa Jama'a: olwokubanga beegattira ku mazima nebatagawukanamu.

-Yagamba nabbi okusasira n'emirembe bibeere ku yye:

« إِنَّ بَنِي إِسْرَائِيلَ تَفَرَّقَتْ عَلَى ثِنْتَيْنِ وَسَبْعِينَ مِلَّةٍ، وَتَفْتَرِقُ أُمَّتِي عَلَى ثَلَاثٍ وَسَبْعِينَ مِلَّةٍ، كُلُّهُمْ فِي النَّارِ، إِلَّا مِلَّةً وَاحِدَةً». قَالُوا: وَمَنْ هِيَ يَا رَسُولَ اللهِ؟ قَالَ: «مَا أَنَا عَلَيهِ وَأَصْحَابِي».

"Mazima Abaana ba isirayiri bayawukanamu mu ebibinja nsanvu mu bibiri, ate ekibiina kyange kyakwawukanamu ebibinja nsavu mu bisatu, byonna bya mu muliro, okujjako ekibinja kimu, nebagamba ba swahaba nti kyekiriwa omubaka wa Allah? n'agamba: ekyo ekiri ku nkola yange ne ba swahaba bange." [Yayogerwa Tirmidhi].

Ekitundu kya Fiqihi

Yirimu ya fiqihi:

Fiqihi: kwekumanya Amateeka g'obusiramu agakwatagana nebikolwa(emirimu) gy'omuntu. nga okwetukuza, n'okusaala n'okuwa zakat n'okusiiba n'okukola hijja, n'okulwana mu kkubo lya Allah, n'amateeka amalala g'emirimu emirala.

Ekibuuzo 1: Nyonnyola Okwetukuza.

Okwanukula: okwetukuza: kwe kujjawo ekizuusi, n'okuvawo kw'obukyafu. amakulu okujjawo ekiremesa okusaala.

Yagamba Nabbi okusaasira n'emirembe bibere ku yye:

«مِفْتَاحُ الصَّلَاةِ الطُّهُورُ».

"Ekisumuluzo ky'esswala kwetukuza."

[Yayogerwa abu dauda].

Okwetukuza okuva mu bukyafu: Ye musiraamu okujjawo obukyafu bwonna obubeera bugenze ku mubiri gwe, oba olugoye lwe, oba ekifo ky'asaliramu.

Okwetukuzaako ekizuusi: kwe kwetukuza nga ofuna wudhu oba nga onaaba n'amazzi amatukuvu, oba nga otayammama(okwetukuza nga okozesa enfufu) eri oyo abeera abuliddwa amazzi oba nga tasobodde kugakozesa.

Ekibuuzo2: Otukuza otya ekintu ekigenzeeko obukyaafu(ennagisi)?

Okwanukula: Okyoza n'amazzi mpaka bwekitukula. Naye ate ekyo embwa kyekombyeeko; kyozebwa emirundi musanvu nga ogusooka okozesa ttaka.

Hadiith nga eva ku Abu Huraira Allah amusiime yagamba: yagamba omubaka wa Allah okusaasira n'emirembe bibeere ku yye nti:

«طَهُورُ إِنَاءِ أَحَدِكُمْ إِذَا وَلَغَ فِيهِ الْكَلْبُ أَنْ يَغْسِلَهُ سَبْعَ مَرَّاتٍ، أُولَاهُنَّ بِالتُّرَابِ».

"Okutukula kw'ekyombo ky'omu mumwe singa embwa ekikombamu, kukyoza mirundi musanvu, nga

ogusooka okozesa ttaka. " [Yayogerwa Muslimu].

Ekibuuzo 3: Bulungi ki obuli mu kufuna wuzu?

Okwanukula: Yagamba Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye:

«إِذَا تَوَضَّأَ العَبْدُ المُسْلِمُ – أَوِ المُؤْمِنُ – فَغَسَلَ وَجْهَهُ؛ خَرَجَ مِنْ وَجْهِهِ كُلُّ خَطِيئَةٍ نَظَرَ إِلَيْهَا بِعَيْنَيْهِ مَعَ المَاءِ – أَوْ مَعَ آخِرِ قَطْرِ المَاءِ – فَإِذَا غَسَلَ يَدَيْهِ؛ خَرَجَ مِنْ يَدَيْهِ كُلُّ خَطِيئَةٍ كَانَتْ بَطَشَتْهَا يَدَاهُ مَعَ المَاءِ – أَوْ مَعَ آخِرِ قَطْرِ المَاءِ – فَإِذَا غَسَلَ رِجْلَيْهِ؛ خَرَجَتْ كُلُّ خَطِيئَةٍ مَشَتْهَا رِجْلَاهُ مَعَ المَاءِ – أَوْ مَعَ آخِرِ قَطْرِ المَاءِ – حَتَّى يَخْرُجَ نَقِيًّا مِنَ الذُّنُوبِ».

"Omusiraamu oba Omukkiriza bw'afuna wudhu, n'anaaza ekyenyi kye, buli kyonoono kyeyatunuddeko n'amaso ge kivaamu mu kyenyi kye n'amazzi, oba n'ettondo ly'amazzi erisembayo.

bw'anaaza emikono gye, buli kyonoono kyeyakutteko n'emikono gye kimuvaako n'amazzi ago, oba n'ettondo ly'amazzi erisembayo,

bw'anaaza amagulu ge, buli kyonoono kyeyakoze nga atambuza amagulu ge kimuvaako n'amazzi ago oba n'ettondo ly'amazzi erisembayo, okutuusa lw'amaliriza nga mukutuvu talina byonoono."

[Yayogerwa Muslim].

Ekibuuzo 4: Ofuna otya wuzu?

Okwanukula: nakunaaba ebibatu emirundi esatu.

N'okunyumunguza mu kamwa, n'okufeesafeesa amazzi mu nnyindo n'okuganyiza emirundi esatu

-N'okunyumunguza mu kamwa: kwekuteeka amazzi mu kamwa n'okugawandula.

- N'okufeesafeesa: kwe kusika amazzi n'empewo negayingira mu nnyindo nga okozesa omukono ogwa ddyo.

-N'okugawandula: kwe kufulumya amazzi gewasise okuva mu nnyindo nga okozesa omukono ogwa kkono.

-Oluvannyuma n'onaaba ekyenyi emirundi esatu.

-Oluvannyuma n'onaaba emikono gyombi mpaka ku nkokola emirundi esatu.

-Oluvanyuma n'osiimuula mumutwe nga ozza mumaaso n'emabega, n'osiimuula n'amatu gombi.

-Oluvannyuma n'onaaza ebigere byombi mpaka kubukongovule emirundi esatu.

Eyo yewuzi enzijuvu, era ekyo kyakakasibwa okuva ku Nabbi okusasira n'emirembe bibeere ku yye mu hadithi eziri mu bukhari, ne muslim nga bazijja ku Uthman ne Abdullahi bin zaid, n'abalala.

Era kyakakasibwa okuva mu kitabo kya Bukhari n’abalala.

«أَنَّهُ تَوَضَّأَ مَرَّةً مَرَّةً، وَأَنَّهُ تَوَضَّأَ مَرَّتَيْنِ مَرَّتَيْنِ. بِمَعْنَى: أَنَّهُ يَغْسِلُ كُلَّ عُضْوٍ مِنْ

أَعْضَاءِ الْوُضُوءِ مَرَّةً، أَوْ مَرَّتَيْنِ».

"Mazima yafunako wudhu omulundi gumu gumu, era n'afunako wudhu emirundi ebiri, ekitegeeza: yanaaba buli kiyungo kya wudhu omulundi gumu, oba emirundi ebiri. "

Ekibuuzo 5: Bye biriwa eby'etteeka mukufuna wuzu, era byogere?

Okwanukula: Byebyo nga singa omusiraamu alekayo ekimu ku byo wuzu ye tetuuka.

1- Okunaaba ekyenyi era mwe muli okunyumunguza mu kamwa n'okufesafesa amazzi n'okugafulumya mu nnyindo.

2- Okunaaba emikono okutuuka ku nkokola.

3- Okusiimuula omutwe, era kwe kuli amatu.

4- Okunaaba ebigere byombi outuuka kubukongovule.

5- Okugoberezeganya ebiyungo. nga otandika n'ekyenyi n'ozzaako emikono, n'ozzaako omutwe, n'ozzaako amagulu.

Yagamba Allah omusukkulumu:

﴿يَأَيُّهَا الَّذِينَ ءَامَنُوا إِذَا قُمْتُمْ إِلَى الصَّلَوٰةِ فَاغْسِلُوا وُجُوهَكُمْ وَأَيدِيكُمْ إِلَى الْمَرَافِقِ وَامْسَحُوا بِرُءُوسِكُمْ وَأَرْجُلَكُمْ إِلَى الْكَعْبَينِ...﴾

(Abange mmwe abakkiriza! Bwe mubanga

muyimiridde okugenda okusaala, munaaze mu maaso gammwe n'emikono gyammwe okutuusa ku nkokola, era musiige ku mitwe gyammwe amazzi n'ebigere byammwe (mubinaaze) okutuusa kubukongovvule).

[Al-Ma-ida 6].

6-Okuliiraanyisa: Era kwe kufuna wuzu mu kiseera kimu nga tewali kwawula mu budde okutuusa ekiyungo lwekikala. Ng'okufunako ekitundu kya wuzu, ate n'ojjuza mu kiseera ekirala. eyo wuzu teba ntuufu.

Olwa hadiith:

«أَنَّ النَّبِيَّ ﷺ رَأَى رَجُلًا يُصَلِّي، وَفِي ظَهْرِ قَدَمِهِ لُمْعَةٌ قَدْرَ الدِّرْهَمِ، لَمْ يُصِبْهَا الْمَاءُ، فَأَمَرَهُ النَّبِيُّ ﷺ أَنْ يُعِيدَ الْوُضُوءَ وَالصَّلَاةَ».

"Mazima Nabbi okusasira n'emirembe bibere ku yye yalaba omusajja nga emabega w'ekigere kye waliyo akatundu akenkana ekinusu nga tekatuuseeko mazzi, Nabbi n'amulagira addemu okufuna wuzu, n'eswala ajiddemu. " [Yayogera Abu Dauda].

Ekibuuzo6: Sunna za wuzu ze ziriwa era zoogere?

Sunna za wudhu: by'ebintu nga omuntu bw'abikola nga afuna wuzu, afunamu empeera, ate bwaba abirese tafuna musango, era wuzu ye ebeera ntuufu.

1- Okugamba nti Bismillah. Olwa hadiith:

« لَا وُضُوءَ لِمَنْ لَمْ يَذْكُرِ اسْمَ اللهِ عَلَيْهِ».

"Teri wuzu nzijuvu eri oyo aba tayogedde ku linnya lya Allah" [Yayogerwa Abu Dauda].

2. Okusenya. Olwa hadiith

« لَوْلَا أَنْ أَشُقَّ عَلَى أُمَّتِي لَأَمَرْتُهُمْ بِالسِّوَاكِ مَعَ كُلِّ وُضُوءٍ».

"Singa tekwali kukalubiriza bantu ba kibiina kyange, nandibalagidde nebasenya buli ku kufuna wudhu." [Yayogerwa Ahmada].

3- okunaaba ebibatu byombi

4. Okusosola engalo. Olwa hadiith:

«أَسْبِغِ الْوُضُوءَ، وَخَلِّلْ بَيْنَ الْأَصَابِعِ، وَبَالِغْ فِي الِاسْتِنْشَاقِ، إِلَّا أَنْ تَكُونَ صَائِمًا».

"Jjuza wuzu(amakulu nti buli kiyungo kinaazibwe nga bwekitekeddwa), era sosola wakati w'engalo zo wamu n'ebigere, era feesafeesa amazzi gatuuke ewala mu nnyindo, okujjako nga wasiibye"

Yayogerwa ba nannyini sunani].

5- Olunaaba olw'okubiri, n'olwokusatu ku buli kiyungo.

6. Okutandika ne ddyo Olwa hadiith ya mama wa bakkiriza Aisha- Allah amusiime yagamba:

« كَانَ النَّبِيُّ ﷺ يُعْجِبُهُ التَّيَمُّنُ فِي تَنَعُّلِهِ، وَتَرَجُّلِهِ، وَطُهُورِهِ، وَفِي شَأْنِهِ كُلِّهِ».

"Nabbi yayagalanga nnyo okutandika n'oludda olwa ddyo, mukwambala engatto ze, nemukusaaniriza

enviiri ze ne mukwetukuza, nemunsonga ze zonna" [Yayogerwa Bukhaari ne Muslim].

7- Okusoma edduwa oluvannyuma lwa wuzu:

« أَشْهَدُ أَنْ لا إِلَهَ إِلَّا اللهُ وَحْدَهُ لا شَرِيكَ لَهُ، وَأَشْهَدُ أَنَّ مُحَمَّدًا عَبْدُهُ وَرَسُولُهُ».

"Ashihadu an Laa Ilaaha illa Allah Wahdahu laa shariika lahu, wa ashihadu anna Muhammadan Abduhu wa Rasuuluhu." [Yayogerwa Muslim].

8: Okusaalayo eraka bbiri oluvannyuma lwa wuzu. Olwa hadiith:

«مَنْ تَوَضَّأَ نَحْوَ وُضُوئِي هَذَا، ثُمَّ صَلَّى رَكْعَتَيْنِ لَا يُحَدِّثُ فِيهِمَا نَفْسَهُ، غُفِرَ لَهُ مَا تَقَدَّمَ مِنْ ذَنْبِهِ».

"Yenna afuna wuzu nga eyange eno, oluvannyuma n'asaalayo eraaka bbiri natazirowoolezaamu nnyo biri bweru wa swala, Asonyiyibwa amazambi ge geyakulembeza okukola."

[Yayogerwa bukhaari ne Muslim].

Ekibuuzo 7: Bye biriwa ebyonoona wuzu?

Okwanukula: Buli ekifuluma okuva mu makubo abiri, mu maaso n'emabega. nga Omusulo, Empitambi, n'omukka.

-Okwebaka, oba okugwa eddalu, oba okuzirika. Olwa hadiith:

«الْعَيْنُ وِكَاءُ السَّهْ، فَمَنْ نَامَ فَلْيَتَوَضَّأْ».

"Amaaso ky'ekisiba ky'emabega, yenna eyeebaka

afune wuzu nga azukuse."

[Yayogerwa Abu Daud, ne Ibun Maajah].

-Okulya ennyama y'eŋŋamiya.

«سَأَلَ رَجُلٌ النَّبِيَّ ﷺ: أَأَتَوَضَّأُ مِنْ لُحُومِ الْإِبِلِ؟ قَالَ: نَعَمْ».

"Omusajja yabuuza Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye: Nfuna wuzu nga ndidde ennyama y'eŋŋamiya?, namuddamu nti:« yye». "

[Yayogerwa Muslim].

Okukwata ku bwerere (mumaaso oba emabega) nga tewali kiziyiza. Olwa hadiith:

«مَن مَسَّ ذَكَرَهُ فَلْيَتَوَضَّأْ».

"Yenna akwata ku bwerere bwe afune wuzu." [Yayogerwa Abu Dauda, ne Tirmidhi n'abalala].

Ekibuuzo 8: Tayammumu ky'ekki?

Okwanukula: Tayammumu: kwe kukozesa ettaka nga amazzi gabuze oba nga tekisoboka kugakozesa.

Yagamba Allah omusukkulumu:

﴿...فَلَمْ تَجِدُوا مَاءً فَتَيَمَّمُوا صَعِيدًا طَيِّبًا فَامْسَحُوا بِوُجُوهِكُمْ وَأَيْدِيكُمْ ۗ إِنَّ اللَّهَ كَانَ عَفُوًّا غَفُورًا﴾

(ne mutafuna mazzi, olwo mugendereranga okukozesa ettaka eddungi, musiige mu maaso gammwe n'emikono gyammwe. Mazima Katonda Ye Musonyiyi). [Suurat An-Nisaa 43].

Ekibuuzo 9: Otayammama otya?

Okwanukula: Na kuba ttaka n'ebibatu byombi, n'osiimuula mu kyenyi, nekungulu kwebibato omulundi gumu.

Olw'ekigambo kya Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye yagamba Ammaar (Allah amusiime):

« إِنَّمَا كَانَ يَكْفِيكَ هَكَذَا، فَضَرَبَ النَّبِيُّ ﷺ بِكَفَّيْهِ الْأَرْضَ، وَنَفَخَ فِيهِمَا، ثُمَّ مَسَحَ بِهِمَا وَجْهَهُ وَكَفَّيْهِ».

"Kibadde kikumala okukola bw'oti» Nabbi n'akuba nebibatu bye byombi ku ttaka, n'abifuuwako, oluvannyuma nabikozesa byombi n'asiiga mu kyenyi kye, ne kungulu kw'ebibatu bye. "

[Yayogerwa Bukhaari ne Muslim].

Ekibuuzo 10: Bye biriwa ebyonoona tayammumu?

Okwanukula: Buli ekyonoona wuzu.

-Amazzi bwegaba galabise.

Ekibuuzo11: khuffu ne jauraba ky'ekki, era zisiigibwako?

Okwanukula: -khuffu: Ekyo ekyambalwa ku kugulu nga kikolebwa mu ddiba.

-Jaurab: ekyambalwa ku kugulu nga tekiva mu

ddiba(nga sitokisi).

Era kikkirizibwa mumateeka okuzisiimulako mukifo ky'okunaba ebigere.

لِحَدِيثِ الْمُغِيرَةِ بْنِ شُعْبَةَ رَضِيَ اللهُ عَنْهُ، أَنَّ رَسُولَ اللهِ ﷺ تَوَضَّأَ، وَمَسَحَ عَلَى الْجَوْرَبَيْنِ.

"Olwa hadith ya Mughiira bin shu'uba(Allah amusiime), nti Omubaka Wa Allah(okusasira n'emirembe bibere ku yye) yafuna wudhu, n'asiiga sookisi. "

[Yayogerwa Abu Daud, ne Tirmidhi, n'abala].

-Ate mu kitabo kya Bukhaari ne Muslim:

فَتَوَضَّأَ، وَمَسَحَ عَلَى الخُفَّيْنِ.

"Yafuna wuzu n'asiga ku khuffu ze. "

Ekibuuzo 12: kyigendererwa ki ekiri mu kusiiga ku ngatto z'eddiba.

Okwanukula:

okwanguyiza n'okugondezaamu abaddu ba Allah, naddala mu biseera by'obunnyogovu, ne mulugendo; kubanga kikalubamukko okujjamu ebyambaddwa mu bigere. Yagamba omugulumivu:

﴿...يُرِيدُ اللَّهُ بِكُمُ الْعُسْرَ وَلَا يُرِيدُ بِكُمُ الْعُسْرَ...﴾

(Allah abaagaliza bwangu era tabaagaliza buzito) [Al-baqara 185].

Ekibuuzo 13: Bwebuliwa obulombolombo bw'okusiiga ku ngato ez'eddiba okutuufu?

Okwanukula: 1.

Okwambala engatto z'eddiba nga amaze kufuna wudhu.

Olwa Hadiithi ya Mughiira Ibun Shu'ba Allah amusiime yagamba:

Nali ne Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye mu lugendo, nenkutama mmujjemu engatto ze ez'eddiba, n'angamba:

«دَعْهُمَا، فَإِنِّي أَدْخَلْتُهُمَا طَاهِرَتَيْنِ، فَمَسَحَ عَلَيْهِمَا».

""zireke nazambadde nina wuzu". n'azisiimuulako." [Yayogerwa Bukhaari ne Muslim].

2- Engatto erina kuba nga ntukuvu, tekikkirizibwa kusiiga ku nkyaafu.

3- Engatto erina okuba nga ebikka ekitundu ky'ekigere ekiteekeddwa okunaazibwa singa omuntu aba afuna wuzu.

4- Okusiiga ku ngatto kulina kubeera mukiseera ekigere.

omutuuze atali mutambuze Olunaku lumu(emisana n'ekiro), ate ali mu lugendo: Ennaku satu n'ebiro bya zo.

Olwa hadiith ya Ali Katonda amusiime:

«جَعَلَ رَسُولُ اللهِ ﷺ ثَلَاثَةَ أَيَّامٍ وَلَيَالِيهِنَّ لِلْمُسَافِرِ، وَيَوْمًا وَلَيْلَةً لِلْمُقِيمِ».

"Omubaka wa Katonda okusaasira n'emirembe bibeere ku yye yateerawo omutambuze ennaku satu n'ebiro byaazo, ate omutuuze olunaku lumu n'ekiro kyalwo. " [Yayogerwa Muslim].

Ekibuuzo 14: Okusiiiga ku ngatto z'eddiba kikolebwa kitya?

Okwanukula: okusiiga ku ngatto: oteeka engalo nga zitobye ku bugere webutandikira, oluvannyuma n'osiiga otuusa waggulu ku ntumbwe, Omukono ogwa dyo gusiiga kugulu kwa dyo, n'omukono ogwa kkono ne gusiiga okugulu kwa kkono, era oyanjuluza engalo nga osiiga, ate okikola omulundi gumu tokiddamu.

Ekibuuzo 15: Kiki ekyonoona okusiiga ku khuffu ebbiri?

Okwanukula: 1- Singa ebbanga ly'okusiiga liggwaako.

tekikkirizibwa kusiiga ku ngatto nga ebbanga eryakkirizibwa liweddeko. olunaku n'ekiro kyalwo ku mutuuze, Ennaku satu n'ebiro bya zo ku mutambuze.

2- Okujjamu khuffu , singa omuntu ajjamu kuffu zombi oba emu ku zzo oluvannyuma lw'okusiiga, okusiiga kuba kufudde.

Ekibuuzo 16: Bwe buliwa obulungi bw'esswala?

Okwanukula: Hadiith eva ku Abu Huraira Katonda amusiime, mazima Omubaka wa Katonda okusaasira n'emirembe bibeere kuye yagamba nti:

«أَرَأَيْتُمْ لَوْ أَنَّ نَهْرًا بِبَابِ أَحَدِكُمْ يَغْتَسِلُ مِنْهُ كُلَّ يَوْمٍ خَمْسَ مَرَّاتٍ، هَلْ يَبْقَى مِنْ دَرَنِهِ شَيْءٌ؟»قَالُوا: لَا يَبْقَى مِنْ دَرَنِهِ شَيْءٌ. قَالَ: «فَذَلِكَ مَثَلُ الصَّلَوَاتِ الْخَمْسِ، يَمْحُو اللهُ بِهِنَّ الْخَطَايَا».

"Mulaba mutya singa omugga gubeera ku mulyango gw'omu mu mmwe, nga anaaba amazi agaguvamu emirundi etaano buli lunaku, abaffe asigazaako ku mubiri gwe ekko?) nebamugamba nti: tasigaza kko lyonna ku mubiri gwe, Nabbi n'abagamba: Ekyo kifananako nga esswala ettano, Allah asangulawo nazo ebyonoono." [Yayogerwa Bukhaari ne Muslim].

-Daran: kitegeeza obukyaafu(ekko)

Ekibuuzo 17: Esswala ky'ekki?

Okwanukula: kwe kusinza Allah n'ebigambo, n'ebikolwa ebyeyawulidde, nga biggulwawo na takibiira , ate nga bifundikirwa ne ssalaam.

Ekibuuzo 18: Esswala eramulwa etya?

Okwanukula: Esswala ya tteeka ku buli musiraamu.

Yagamba Allah omusukkulumu:

﴿...إِنَّ الصَّلَاةَ كَانَتْ عَلَى الْمُؤْمِنِينَ كِتَابًا مَوْقُوتًا﴾

(Mazima esswala yalaalikibwa ku bakkiriza nga esaalibwa mu biseera ebigere) [Suurat An-Nisaa:103].

Ekibuuzo 19: Kiramulwa kitya okuleka esswala?

Okwanukula:

Okuleke esswala bukaafiiri. Yagamba Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye:

«الْعَهْدُ الَّذِي بَيْنَنَا وَبَيْنَهُمُ الصَّلَاةُ، فَمَنْ تَرَكَهَا فَقَدْ كَفَرَ».

"Endagaano eri wakati waffe nabo (abakaafiiri) swala, yenna ajireka abeera akaafuwadde"

[Yayogerwa Ahmad ne Tirmidhi n'abalala].

Ekibuuzo 20: Esswala ezikakata ku musiraamu ekiro n'emisana ziri mmeka? era buli sswala erina laaka mmeka?

Okwanukula:

Esswala ttaano mu lunaku n'ekiro.

- Esswala ya fajir erina eraaka bbiri.

Esswala ya zuhuri: Erina eraaka nnya.

Esswala ya aswir: erina eraaka nnya.

Esswala ya Maghrib erina eraaka ssatu.

Esswala ya Isha: erina eraaka nnya.

Ekibuuzo 21: Bwebuliwa obulombolombo bw'esswala?

Okwanukula:

1- Obusiraamu; Esswala y'omukaafiiri tetuuka; olwokuba nti emirimu gyonooneka olwa shirki.

Yagamba omugulumivu:

﴿...لَئِنْ أَشْرَكْتَ لَيَحْبَطَنَّ عَمَلُكَ...﴾

(Singa wagatta ku Allah-ekintu kyonna- emirimu gyo gyandiyonoonese). [Suurat Az-zumar: 65].

2-Amagezi(okutegeera); Esswala y'omulalu tetuuka.

3-Okwawula; esswala y'omwana omuto atayawula wakati w'ekibi n'ekirungi tetuuka.

Olw'ekigambo kya Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye:

«رُفِعَ القَلَمُ عَنْ ثَلاَثَةٍ: عَنِ النَّائِمِ حَتَّى يَسْتَيْقِظَ، وَعَنِ الصَّغِيرِ حَتَّى يَكْبُرَ، وَعَنِ المَجْنُونِ حَتَّى يَعْقِلَ أَوْ يُفِيقَ».

"ekkalaamu yasitulwa ku [bantu] basatu: eyeebase okutuusa lw'azuukuka, ne ku muto okutuusa lwe yeeroterera (lwaakula), ne ku mulalu okutuusa lwafuna amagezi." [Yayogerwa ba nannyini sunani].

4. Okumalirira(Enniyya)

Mu hadiith:

«إِنَّمَا الأَعْمَالُ بِالنِّيَّاتِ، وَإِنَّمَا لِكُلِّ امْرِئٍ مَا نَوَى».

"Emirimu gibalibwa nakumalirira, era buli muntu afuna ekyo kyamaliridde." [Yayogerwa Bukhaari].

5- Okuyingira kw'obudde. Allah yagamba:

﴿...إِنَّ الصَّلَوٰةَ كَانَتْ عَلَى الْمُؤْمِنِينَ كِتَٰبًا مَّوْقُوتًا﴾

(Mazima esswala zaalaalikibwa ku bakkiriza mu biseera ebigere) [An-Nisaa :104]

6- Okwetukuza mu kwejjako ekizuusi. Olwa hadiith:

«لَا يَقْبَلُ اللهُ صَلَاةَ أَحَدِكُمْ إِذَا أَحْدَثَ حَتَّى يَتَوَضَّأَ».

"Allah takkiriza swala y'omu mu mmwe singa aba afunye ekizuusi, okutuusa nga afunye wuzu." [Yayogerwa bukhaari ne Muslim].

7- Okwetukuzaako obucaafu Olw'ekigambo kya Allah:

﴿وَثِيَابَكَ فَطَهِّرْ ۝٤﴾

(N'engoye zo zitukuze). [Al-Muddathir :4].

8- Okubikka obwereere. Yagamba Allah:

﴿يَٰبَنِىٓ ءَادَمَ خُذُوا۟ زِينَتَكُمْ عِندَ كُلِّ مَسْجِدٍ...﴾

(Abange abaana ba Adam mutwalenga okwenyiriza kwamwe awali buli muzikiti).

[Al-a'raaf :31].

9- Okwolekera ekibula. yagamba Allah:

﴿فَوَلِّ وَجْهَكَ شَطْرَ الْمَسْجِدِ الْحَرَامِۚ وَحَيْثُ مَا كُنتُمْ فَوَلُّوا وُجُوهَكُمْ شَطْرَهُۥ...﴾

(Kale yolekezanga ekyenyi kyo(nga osaala) ku ludda lw'omuzikiti ogw'emizizo(kaaba), na buli wonna wemubanga muli(mwe abasiraamu), mwolekezenga ebyenyi bya mmwe ku ludda lwa gwo).

[Al-Baqarah :144].

Ekibuuzo 22: Z'eziriwa empagi z'esswala?

Okwanukula: Ziri empagi kumi na nnya(14), era z'ezino wammanga:

1: Okuyimirira mu sswala ez'etteeka eri oyo aba asobodde. Olwa hadith ya Imraan bin Huswain Allah amusiime nga agijja ku Nabbi okusasira n'emirembe bibeere ku yye:

«صَلِّ قَائِمًا، فَإِنْ لَمْ تَسْتَطِعْ فَقَاعِدًا، فَإِنْ لَمْ تَسْتَطِعْ فَعَلَى جَنْبٍ».

"Saala ng'oyimiridde, bw'oba nga tosobodde saala ng'otudde, bw'oba tosobodde saala nga weebase ku ludda lwo"[Yayogerwa Bukhaari].

Takbiira y'emizizo,

"ALLAHU AKBARU". Olw'ekigambo kye okusaasira n'emirembe ku ye

«إِذَا قُمْتَ إِلَى الصَّلَاةِ فَكَبِّرْ».

"Bw'oba oyimiridde okusaala leeta Takbiira" [Yayogerwa Bukhaari ne Muslim].

Okusoma Al-Faatiha. Olw'ekigambo kye okusaasira n'emirembe ku ye

«لَا صَلَاةَ لِمَنْ لَمْ يَقْرَأْ بِفَاتِحَةِ الْكِتَابِ».

"Teba ntuufu swala y'oyo atasomye suurat Al-faatiha" [Yayogerwa Bukhaari ne Muslim].

- Okukutama ku maviivi, ogolola omugongo neguba nga gwenkana wamu n'omutwe.

Okukutaamulukuka okuva ku maviivi.

-Okwenkanankana nga oyimiridde. Olw'ekigambo kye okusaasira n'emirembe bibeere ku ye:

«ثُمَّ ارْكَعْ حَتَّى تَطْمَئِنَّ رَاكِعًا، ثُمَّ ارْفَعْ حَتَّى تَعْتَدِلَ قَائِمًا».

"Oluvannyuma kutama ku maviivi okutuusa lwotebenkera mu kukutama, oluvannyuma yimuka okuva ku maviivi okutuusa lwewesimba bwantoogo" [Yayogerwa bukhari ne Muslim].

- Okuvunnama: okuteeka ekyenyi ,enyindo, ebibatu byombi, amaviivi gombi n'enwe z'ebigere mu kifo wovunnamye.

- okuvunamulukuka.

-Okutuula wakati w'envunnama ebbiri. Olw'ekigambo kye okusaasira n'emirembe ku ye:

«ثُمَّ اسْجُدْ حَتَّى تَطْمَئِنَّ سَاجِدًا، ثُمَّ ارْفَعْ حَتَّى تَطْمَئِنَّ جَالِسًا».

"Oluvannyuma vunnama okutuusa lw'otebenkera nga ovunnamye, oluvanyuma ove mukuvunnama okutuusa nga otebenkedde mukutuula"

[Yayogerwa Bukhaari ne Muslim].

Sunna mw'ekyo:

Atuule ku kigere kye ekya kkono, n'ayimirize ekigere kye ekya ddyo, era akyolekeze eri Qiblah. Olwa hadiith ya mama wa bakkiriza Aisha- Allah amusiime:

«وَكَانَ يَفْرِشُ رِجْلَهُ الْيُسْرَى، وَيَنْصِبُ رِجْلَهُ الْيُمْنَى».

"Nabbi yali nga ayanjuluza ekigere kye ekya kkono, ate n'asimba ekya ddyo" [Yayogerwa Muslim].

- Okutebenkera, kwe kubeera omutebenkevu ku buli mpagi ey'ekikolwa.

- Tashahhudu esembayo. Olwa hadiith ya Ibun Masuudi Allah amusiime yagamba:

«كُنَّا نَقُولُ فِي الصَّلَاةِ قَبْلَ أَنْ يُفْرَضَ التَّشَهُّدُ...».

"Twali tugamba mu sswala nga tahiyaatu tennalaalikibwa. " [Yayogerwa Nasa'i naye nga ensibuko yayo eri mu kitabo kya Bukhaari n'ekya Muslim].

-Olutuula olwa tahiyyaatu esembayo.

Salaam ebbiri, era kwe kugamba emirundi ebiri nti:" Assalaamu Alaikum warahmatullah". Olwa hadiith:

«أَنَّهُ كَانَ يُسَلِّمُ عَنْ يَمِينِهِ وَعَنْ يَسَارِهِ: السَّلَامُ عَلَيْكُمْ وَرَحْمَةُ اللهِ، السَّلَامُ عَلَيْكُمْ وَرَحْمَةُ اللهِ».

"Mazima yye yali nga atoola salaamu ku ludda lwe olwa ddyo n'olwa kkono, n'agamba nti: Assalaamu Alaikum warahmatullahi."

[Yayogerwa Tirmidhi n'abalala].

Okulinaanisa empagi zonna nga bwezoogeddwa.

okugeza: Singa akigenderera n'avuunama nga tannakutama eswala efa, naye bw'aba akikoze mumbeera ya kwerabira kimukakatako okuddayo asooke akutame oluvannyuma avuuname.

Ekibuuzo 23: Bye biriwa eby'etteeka by'esswala?

Okwanukula: Eby'etteeka by'esswala biri Munaana:

1: Takbiira zonna ng'ojjeeeko takibiira y'emizizo

2: Okugamba nti: «Sami-Allahu liman hamidah» kyogerwa imam, n'omuntu asadde yekka.

3: Okugamba nti: «Rabbana walakalhamdu».

4: Okugamba nti: «Subhaana Rabbiyal-adhwiimu» omulundi gumu mu kukutama.

5: Okugamba nti: «Subhaana Rabbiyal-a-ala» omulundi gumu mukuvunnama.

6:Okugamba nti: «Rabbi ighfir lii» wakati

w'envunnama ebbiri.

7: Tahiyyaat esooka.

8: Olutuula lwa tahiyyaatu esooka.

Ekibuuzo 24: Z'eziriwa Sunna z'esswala?

Okwanukula: Ziri kkumi n'emu, nga weziri wammanga:

1: Okugamba oluvannyuma lwa takbiira ey'emizizo nti: «Subhaanaka Allahumma wabihamdika, watabaaraka ismuka, wata-ala jadduka, wa La-Ilaaha ghairuka»

eyo ye duwa eggulawo esswala.

2: Okugamba nti: "Audhu billahi minashaitwaani rrajiim.

3: okugamba nti: "Bismillahi Al-rahmani Al-rahiim.

4: Okugamba nti: Aamiin

5: Okusoma essuula yonna oluvanyuma lwa Al-fatiha.

6: Okusoma mu lwaatu eri imaam.

7: Okugamba oluvannyuma lw'ekigamba "Rabbana walaka-hamdu"

nti: mil-a ssamaawaati wa mil-al-ardhi wa mil-a ma sh'ita min shai-in ba-adahu".

8- Ekyeyongera ku mulundi ogumu mu kugamba (subuhaana rabbiyal-adhiim) ebyogerwa mu ku kutama.

9: Ekyeyongera ku mulundi ogumu mu kugamb (subuhaana rabbiyal a-alaa) ebyogerwa mu kuvunnama.

10- Ekyeyongera ku mulundi ogumu mu bigambo ebyogerwa wakati w'envunnama ebbiri:«Rabbi ighifir lii».

11. Okusaalira Nabbi -Okusasira n'emirembe bibere ku yye-, n'okumusabira emikisa yye n'abantu be, n'okusaba edduwa oluvannyuma lw'okumusaalira mu tahiyyaatu esembayo.

Sunna z'ebikolwa, era ziyitibwa ez'engeri:

1- Okuwanika emikono ng'oleeta takibiira eggulawo esswala.

2- Okuwanika emikono nga oleeta takibiira y'okukutama.

3- Okuwanika emikono ng'ova ku kukutama.

4- N'okugissa oluvannyuma lw'ekyo.

5- Okuteeka omukono ogwa ddyo ku gwa kkono.

6- Okutunula mu kifo w'avunnama.

7- okwawula wakati w'ebigere nga oyimiridde.

8- Okukwaata ku maviivi n'ebibatu byombiriri nga

ayanjuluzza enalo ze mukaseera nga okutamye, n'okugolola omugongo, n'agwenkanyankanya n'omutwegwe .

9- Okutuusa ebiyungo by'okuvunnama ku ttaka, n'okubikoonyesa ku kifo ewavunnamirwa.

10- Okwawula emikono n'embiriizize, n'olubuto ku bisambi, n'ebisambi ku ntumbwe, n'okwawula wakati w'amaviivi, n'okusimba ebigere, n'okwanjala ebibatu ku ttaka, n'okuteeka emikono ku kigero ky'ebibegaabega nga myanjulukufu ate nga engalo zekutte wamu. ebyo byonna bikolebwa mu kuvunnama.

11- Okutuula kw'okwanjuluza ekigere ekya kkono netukituulako okubeera wakati w'envunnama ebbiri, ne mu tahiyyaatu esooka.

n'okutuula okw'okuyisiŋŋanya amagulu mu tahiyyaatu esembayo.

12- Okuteeka emikono kubisambi nga myangyulukufu, nga engalo zegasse wamu mu lutuula wakati w'envunnama ebbiri, ne mu tahiyatu.

naye ku tahiyatu bwoba oyogera ku linya lya ALLAH olugalo lwa nasswi kumukono ogwa ddyo n'oluluddirira zizingibwa, ate ekigalo ekisajja nekikwasibwa n'olwawakati, n'osonga n'oluddirira

ekigalo ekisajja.

13- Okukyuka n'otunula ku ddyo ne ku kkono nga otoola salaamu.

Ekibuuzo 25: Biki ebitta esswala?

Okwanukula:

1- Okulekayo empagi oba akalombolombo k'esswala.

2- Okwogera mu sswala nga ogenderedde.

3- Okulya oba okunywa nga ogenderedde.

4- Okutambulatambula okuyitiridde.

5- Okulekayo eky'etteeka mu by'etteeka by'esswala mubugenderevu.

Ekibuuzo 26: Omusiraamu asaala atya?

Okwanukula: Engeri y'okusaalamu:

1- Ayolekera ekibula n'omubiri gwe gwonna nga tokyuseemu wadde.

2- Oluvannyuma n'aleeta enniya ye sswala gy'agenda okusaala n'omutima gwe sikugyogera.

3- Oluvannyuma n'aleeta Takibiira eyemizizo n'agamba nti: (Allahu Akbar), n'awanika emikino gye okwenkanankana n'ebibegabega by mukaseera w'aleetera takibiira.

4- Oluvannyuma n'ateeka ekibatu kye ekya ddyo ku

kya kkono mu kifuba kyo.

5- Oluvanyuma n'oggulawo esswala nga ogamba nti:

«اللَّهُمَّ بَاعِدْ بَيْنِي وَبَيْنَ خَطَايَايَ كَمَا بَاعَدتَ بَيْنَ الْمَشْرِقِ وَالْمَغْرِبِ، اللَّهُمَّ نَقِّنِي مِنْ خَطَايَايَ كَمَا يُنَقَّى الثَّوْبُ الأَبْيَضُ مِنَ الدَّنَسِ، اللَّهُمَّ اغْسِلْنِي مِنْ خَطَايَايَ بِالْمَاءِ وَالثَّلْجِ وَالْبَرَدِ».

"Allahumma Baa-id bainii wa baina khatwayaaya kama ba'adta baina-almashriqi walmaghribi, Allahumma Nakkinii min khatwayaaya kamaa yunaqqaa thaubul-abiyadhu mina ddanasi, Allahumma ighsilnii min khatwayaaya bil-maa'i wa thalji wal-barad."

Oba n'agamba:

«سُبْحَانَكَ اللَّهُمَّ وَبِحَمْدِكَ، وَتَبَارَكَ اسْمُكَ، وَتَعَالَى جَدُّكَ، وَلَا إِلَهَ غَيْرُكَ».

"Subhaanaka Allahumma wabihamdika watabaaraka ismuka wata'aala jadduka wa la Ilaaha ghairuka."

6- Oluvannyuma neyenkingiriza Shaitwan nga agamba nti:

«أَعُوذُ بِاللهِ مِنَ الشَّيْطَانِ الرَّجِيمِ».

"A-uudhu billaahi mina shaitwani rrajiim."

7.Oluvannyuma n'osoma bismillah ne surat Al-fatiha.

n'ogamba:

﴿بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَٰنِ الرَّحِيمِ ۝١ الْحَمْدُ لِلَّهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ ۝٢ الرَّحْمَٰنِ الرَّحِيمِ ۝٣ مَالِكِ يَوْمِ الدِّينِ ۝٤ إِيَّاكَ نَعْبُدُ وإِيَّاكَ نَسْتَعِينُ ۝٥ اهدِنَـــا الصِّرَاطَ المُستَقِيمَ ۝٦ صِرَاطَ الَّذِينَ أَنعَمتَ عَلَيهِمْ غَيرِ المَغضُوبِ عَلَيهِمْ وَلاَ الضَّالِّينَ ۝٧﴾

(Bismillaahi rrahmaan rrahiim *

Alhamdu lillahi rabbil-aalamin *

Arrahmaani rrahiim *

Maaliki yaumi ddiin *

Iyyaaka na-abudu wa iyyaaka nasta'iin *

Ihdina swiratwal-mustaqiim *

Swiratwa lladhiina an-amta Alaihim, ghairil-maghdhuubi Alaihim Wala dhwaalliin).

[suurat Al-faatiha: 1-7].

Oluvannyuma n'agamba (aamiin).

amakulu: ayi Allah yanukula.

8- Oluvannyuma n'asomayo ekimwanguyidde mu quran,

awanvuyaamu mu kusoma bw'aba ali mu sswala ya subuhi.

9- Oluvannyuma n'akutama. amakulu nti: aweta omugongo gwe ku lw'okugulumiza Allah, era n'aleeta takibiira nga agenda okukutama, n'awanika emikono gye okwenkana ebibegabega bye. Enkola eya sunna mwekyo: agolola omugongo gwe,

n'agwenkanyankanya n'omutwe gwe, n'ateeka emikono gyo ku maviivi ge ng'ayanjadde engalo ze.

10- Oluvannyuma n'agamba: «Subhaana Rabbiyal-adhwiimi» ekyo akyogera emirundi esatu, naye bw'aba ayongeddeko n'agamba nti « Subhaanaka Allahumma wabihamdika Allahumma ighfir lii» nakyo kirungi.

11- Oluvannyuma n'avaayo mu kukutama n'adda waggulu nga agamba nti:«Sami-Allahu liman hamidah», n'asitula emikono gye okwenkana ebibegaabega bye. Omugoberezi (asaalidde emabega wa imaam) yye tagamba nti:(Sami-Allahu liman hamidahu), wabula agamba nti:«Rabbanaa walakalhamdu».

12: Oluvannyuma lw'okuddayo waggulu agamba nti:«Rabbanaa walakal-hamdu, mil-a ssamaawaati wal-ardhi, wamil-a ma sh'ita min shai-in ba-adahu»

13- Oluvannyuma n'avunnama oluvunnama olusooka, era n'agamba nga agenda okuvunnama nti: (Allahu akbar), era avunnamira kubiyungo bye omusanvu: Ekyenyi n'enyindo, n'ebibatu ebibiri, n'amaviivi abiri, n'enwe z'obugere bw'ebigere byombiriri, n'alekawo ebbanga wakati w'emikono gye n'ebavu ze(oludda olwa ddyo n'olwa kkono), emikono gye tagissa ku ttaka, era n'atunuza omutwe gwe

n'engalo ze mu kibula.

14- N'agamba nga avunnamye nti: «Subhaana Rabbiyal-a'ala» emirundi esatu, bw'aba ayongeddeko n'agamba nti: «Subhaanaka Allahumma Rabbanaa wabihamdika Allahumma ighfir lii» kiba kirungi.

15- Oluvannyuma n'asitula omutwe gwe okuva ku kuvunnama n'agamba nti:«Allahu akbar».

16- Oluvannyuma n'atuula wakati w'envunnama ebbiri ku kigere kye ekya kkono, n'asimba ekya ddyo, n'ateeka emikono gye ku bisambi bye.

17- N'agamba mu kutuula kwe wakati w'evunnama ebbiri:

«رَبِّ اغْفِرْ لِي، وَارْحَمْنِي، وَاهْدِنِي، وَارْزُقْنِي، وَاجْبُرْنِي، وَعَافِنِي».

"Rabbi ighfir lii, warhamnii, wahdinii, warzuqunii, wajburunii, wa aafinii."

18- Oluvannyuma n'avunnama oluvunnama olw'okubiri n'akola nga bweyakoze mu kuvunnama okwasoose.

19- Oluvannyuma n'avaayo mu kuvunnama okw'okubiri nga agamba nti:«Allahu akbar», n'asaala eraaka ey'okubiri nga bweyasadde eyasoose, n'akola era n'oyogera nga bweyakoze mu laaka eyasoose. wabula mw'eno eraaka toddamu kusoma duwa eggulawo esswala.

20- Oluvannyuma bw'amala eraaka ey'okubiri, atuula nga agamba nti:«Allahu akbar», era atuula nga bw'atuula wakati w'envunnama ebbiri.

21- N'asoma tahiyyaatu mu lutuula olwo, n'agamba nti:

"التَّحِيَّاتُ لِلَّهِ وَالصَّلَوَاتُ وَالطَّيِّبَاتُ، السَّلَامُ عَلَيْكَ أَيُّهَا النَّبِيُّ وَرَحْمَةُ اللهِ وَبَرَكَاتُهُ، السَّلَامُ عَلَيْنَا وَعَلَى عِبَادِ اللهِ الصَّالِحِينَ، أَشْهَدُ أَنْ لا إِلَهَ إِلَّا اللهُ، وَأَشْهَدُ أَنَّ مُحَمَّدًا عَبْدُهُ وَرَسُولُهُ.

اللَّهُمَّ صَلِّ عَلَىٰ مُحَمَّدٍ وَعَلَىٰ آلِ مُحَمَّدٍ، كَمَا صَلَّيْتَ عَلَىٰ إِبْرَاهِيمَ وَعَلَىٰ آلِ إِبْرَاهِيمَ، إِنَّكَ حَمِيدٌ مَجِيدٌ، وَبَارِكْ عَلَىٰ مُحَمَّدٍ وَعَلَىٰ آلِ مُحَمَّدٍ، كَمَا بَارَكْتَ عَلَىٰ إِبْرَاهِيمَ وَعَلَىٰ آلِ إِبْرَاهِيمَ، إِنَّكَ حَمِيدٌ مَجِيدٌ.

أَعُوذُ بِاللهِ مِنْ عَذَابِ جَهَنَّمَ، وَمِنْ عَذَابِ الْقَبْرِ، وَمِنْ فِتْنَةِ الْمَحْيَا وَالْمَمَاتِ، وَمِنْ فِتْنَةِ الْمَسِيحِ الدَّجَّالِ".

"Attahiyyaatu lillaahi wa swalawaatu wa twayyibaatu, assalaamu alaika ayyuha-nnabiyyu warahmatullaahi wabarakaatuhu, assalaamu alaina wa ala ibaadi llahi al-swalihiina, Ash-hadu alla ilaaha illa llahu wa ash-hadu Anna muhammadan abduhu wa rasuuluhu, Allahumma swalli ala Muhammad wa alaa aali Muhammad, kamaa swallaita ala ibrahiima wa alaa aali ibrahiima innaka hamiidun majiidu, wa baarik alaa Muhammad wa alaa aali Muhammad kama

baarakta alaa ibrahiima wa alaa aali ibraahiima innaka hamiidun majiidu.

A-uudhu billahi min adhaabi jahannama wa min adhaabil-qabri wa min fitnatil-mahyaa wal-mamaat wa min fitnatil-masiihi ddajjaal."

Oluvannyuma n'asaba omulezi we Allah kyonna ky'aba oyagadde mu birungi by'ensi n'enkomerero.

22- Oluvannyuma atoola salaamu kumukono gwe ogwa ddyo n'agamba nti:«Assalamu alaikum warahmatullahi», n'akola kyekimu ne ku kkono.

23- Esswala bw'eba ya laaka ssatu oba nnya, atuuka tahiyyaatu esooka w'eggwerako. ku kigamba ekigamba nti:«Ash-hadu Alla ilaaha illa llahu wa ash-hadu anna muhammadan abduhu wa rasuuluhu».

24- Oluvannyuma addamu n'ayimirira nga agamba nti:«ALLAHU AKBAR» era asitula emikono gye okwenkanankana ebibegabega.

25- Oluvannyuma n'asaala ekiba kisigaddeyo ku swala ye, nga bwe yasadde ey'okuburi. okujjako nti mu zino akoma ku kusoma Al-faatiha .

26- Oluvannyuma n'atuula , ng'asimbye ekigere kyo ekya ddyo, ate ekya kkono kyo n'akiyisa wansi wentumbwe eya ddyo, obutuuliro bwe n'abuteeka ku ttaka, emikono gye n'agiteeka ku bisambi bye nga bw'akikoze mu tahiyyaatu esooka.

27- N'asoma tahiyyaatu yonna mw'olwo olutuula.

28- Oluvannyuma atoola salaamu ku mukono gwe ogwa ddyo n'agamba nti:«Assalaamu alaikum warahmatullah», n'akola kyekimu ne ku kkono.

Ekibuuzo 27: Bigambo ki eby'okujjukira Allah(Adhkaari) ebyogerwa oluvanyuma lwa salaamu mu swala?

Okwanukula; «Astaghfirullaha» emirundi esatu.

«اللَّهُمَّ أَنْتَ السَّلامُ، وَمِنْكَ السَّلَامُ، تَبَارَكْتَ يَا ذَا الجَلَالِ وَالإِكْرَامِ».

"Allahumma anta salaamu wa minka salaamu, tabarakta ya dhal-jalaali wal-ikraam."

«لَا إِلَهَ إِلَّا اللّهُ وَحْدَهُ لَا شَرِيكَ لَهُ، لَهُ المُلْكُ وَلَهُ الحَمْدُ، وَهُوَ عَلَى كُلِّ شَيءٍ قَدِيرٌ، اللَّهُمَّ لا مَانِعَ لِمَا أَعْطَيْتَ، وَلَا مُعْطِيَ لِمَا مَنَعْتَ، وَلَا يَنْفَعُ ذَا الجَدِّ مِنْكَ الجَدُّ».

"La ilaaha illa llaahu wahdahu la shariika lahu, lahul-mulku wa lahul-hamdu, wa huwa ala kulli shai-in qadiir.

Allahumma la maani-a limaa a-atwaita wa laa mu'twiya limaa mana-ata wala yanfa-uu dhal-jaddi minkal-jaddu."

«لا إِلَهَ إِلَّا اللهُ، وَحْدَهُ لا شَرِيكَ لَهُ، لَهُ الْمُلْكُ وَلَهُ الْحَمْدُ، وَهُوَ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ، لَا حَوْلَ وَلَا قُوَّةَ إِلَّا بِاللهِ، لَا إِلَهَ إِلَّا اللهُ، وَلَا نَعْبُدُ إِلَّا إِيَّاهُ، لَهُ النِّعْمَةُ وَلَهُ الْفَضْلُ، وَلَهُ الثَّنَاءُ الْحَسَنُ، لا إِلَهَ إِلَّا اللهُ مُخْلِصِينَ لَهُ الدِّينَ، وَلَوْ كَرِهَ الْكَافِرُونَ».

"La Ilaaha illa llaahu wahdahu laa shariika lahu, lahul-mulku wa lahul-hamdu, wa huwa alaa kulli shai-in qadiir.

laa hawla wa laa quwwata illa billahi, la Ilaaha illa llahu walaa na-abudu illa iyyaahu lahu nni-ima wa lahul-fadhlu wa lahu thanaa-ul-hasan, laa Ilaaha illa llahu mukhliswiina lahu ddiina wa law karihal-kaafiruuna."

«سُبْحانَ اللهِ» ثلاثا وثلاثين مرة.

"Subhanallah» emirundi asatu mw'esatu."

«الحَمْدُ لله» ثلاثا وثلاثين مرة.

"Alhamdulillah» emirundi asatu mw'esatu."

«اللهُ أَكْبَر» ثلاثـًا وثلاثين مرة.

"Allahu akbar» emirundi asatu mw'esatu. "

Oluvannyuma n'agamba okujjuuliriza ogw'ekikumi nti:

«لا إِلَهَ إِلَّا اللهُ، وَحْدَهُ لا شَرِيكَ لَهُ، لَهُ الْمُلْكُ وَلَهُ الْحَمْدُ، وَهُوَ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ».

"Laa Ilaaha illa llaahu wahdahu laa shariika lahu, lahul-mulku wa lahul-hamdu, wa huwa alaa kulli shai-in qadiir."

-N'asoma Suurat Al-Ikhlaas(Qul huwa llahu ahad), ne falaq ne Naas.

emirundi esatu esatu oluvannyuma lwa swalatul fajri ne maghrib.

Omulundi gumu gumu oluvannyuma lw'esswala ezisigadde.

-N'asoma Ayatul-kursi omulundi gumu.

Ekibuuzo 28: Ze ziriwa esswala eza sunna ezigoberera ez'etteeka? era zirina bulungi ki?

Okwanukula:Laaka bbiri oluberyeberye lw'esswala ya subuhi.

-Laaka nnya oluberyeberye lw'esswala ya zuhuri.

-Laaka bbiri oluvannyuma lw'esswala ya Zuhuri.

-Laaka bbiri oluvannyuma lw'esswala ya maghrib.

-Laaka bbiri oluvannyuma lw'esswala ya ishaa.

Obulungi bwa zo: Yagamba Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere kuye :

«مَنْ صَلَّى فِي الْيَوْمِ وَاللَّيْلَةِ اثْنَتَيْ عَشْرَةَ رَكْعَةً تَطَوُّعًا، بَنَى اللهُ لَهُ بَيْتًا فِي الْجَنَّةِ».

"Oyo yenna asaala mu lunaku n'ekiro eraaka kkumi na bbiri nga za kyeyagalire, Allah amuzimbira enju mu jjana." [Yayogerwa Muslim ne Ahmad n'abalala].

Ekibuuzo 29: Lunaku ki olusinga enkizo mu nnaku za sabbiiti?

Okwanukula: Olunaku lw'ejjuma(olwokutaano), Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye yagamba nti:

« إِنَّ مِنْ أَفْضَلِ أَيَّامِكُمْ يَوْمَ الْجُمُعَةِ، فِيهِ خُلِقَ آدَمُ، وَفِيهِ قُبِضَ، وَفِيهِ النَّفْخَةُ، وَفِيهِ

الصَّعْقَةُ، فَأَكْثِرُوا عَلَيَّ مِنَ الصَّلَاةِ فِيهِ، فَإِنَّ صَلَاتَكُمْ مَعْرُوضَةٌ عَلَيَّ ».

"Mazima ddala olunaku olusinga enkizo mu nnaku zamwe(ennaku za wiiki) lwe lunaku lw'ejjuma, mu lwo Allah mweyatondera Adam, era lweyamutta, era lwelujja okubaako okufuuwa engombe era lwelujja okubaako okufa kw'abantu oluvannyuma lw'okufuuwa mu ngombe, muyitirize nnyo okunsaalirako mu lunaku olwo, kubanga okunsaalira kwamwe kundagibwa." nebagamba nti owaaye gwe omubaka wa Allah, esswaala zaffe zikulagibwa zitya ate nga wafa nogwaawo?, nabagamba:

«إِنَّ اللهَ عَزَّ وَجَلَّ حَرَّمَ عَلَى الْأَرْضِ أَجْسَادَ الْأَنْبِيَاءِ».

"Mazima ddala Allah yaziyiza ettaka okuba nga limalawo emibiri gya ba nabbi."

[Yayogerwa Abu daud n'abalala].

Ekibuuzo 30: Esswala ye juma eramulwa etya?

Okwanukula: Ya tteekwa ku buli musiraamu, omusajja,nga mukulu, nga ategera, nga mutuuze wa mukitundu.

Yagamba Allah:

﴿ يَٰٓأَيُّهَا ٱلَّذِينَ ءَامَنُوٓاْ إِذَا نُودِىَ لِلصَّلَوٰةِ مِن يَوۡمِ ٱلۡجُمُعَةِ فَٱسۡعَوۡاْ إِلَىٰ ذِكۡرِ ٱللَّهِ وَذَرُواْ ٱلۡبَيۡعَۚ ذَٰلِكُمۡ خَيۡرٞ لَّكُمۡ إِن كُنتُمۡ تَعۡلَمُونَ ٩ ﴾

(Abange mmwe abakkiriza! Bwe mubeeranga

(muwulidde) okukoowoola (okwaziina) okugenda eri Okusaala ku Lunaku Lw'okutaano (Olunaku lw'Ejjuma), kale musitukirengamu (okugenda) eri okwogera ku Allah, muyimirizenga okutunda, Ekyo kye kirungi gye muli bwe mubeera nga mumanyi).

[Suurat Al-Jumu-ah : 9].

Ekibuuzo 31: Ejjuma erina eraaka mmeka?

Okwanukula: Esswala y'ejjuma erina eraaka(enkutama) bbiri, Imaam azisomeramu mu lwaatu, era zikulemberwa kutuba bbiri ezimanyikiddwa.

Ekibuuzo 32: kikkirizibwa okuleka esswala ya juma?

Okwanukula: Tekikkirizibwa kuleka swala ya juma okujjako nga waliwo ekisonyiyisa mu mumateeka g'eddini.

Kyajja okuva ku nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye:

«مَنْ تَرَكَ ثَلَاثَ جُمَعٍ تَهَاوُنًا بِهَا؛ طَبَعَ اللهُ عَلَى قَلْبِهِ».

"Yenna aleka ejjuma ssatu mumbeera yakuziragajjalira, Allah ateeka envumbo ku mutima gwe." [Yayogerwa Abu Daud n'abalala].

Ekibuuzo 33: Yogera sunna z'olunaku lw'ejjuma.

Okwanukula: 1

Okunaaba. Olw'ekigambo kye okusaasira n'emirembe ku ye:

«غُسْلُ يَوْمِ الْجُمُعَةِ وَاجِبٌ عَلَى كُلِّ مُحْتَلِمٍ».

" Okunaaba ku lunaku lw'ejjuma kikakata ku buli yenna eyeelooterera" [Yayogerwa Bukhaari].

2- Okwekuba akawoowo. Olwa hadiith:

«حَقٌّ عَلَى كُلِّ مُسْلِمٍ أَنْ يَغْتَسِلَ يَوْمَ الْجُمُعَةِ، وَيَلْبَسَ مِنْ طِيبِ أَهْلِهِ».

" Buvunanyizibwa bwa basiraamu okunaaba ku lunaku lw'ejjuma, era n'omu mu bbo yekubenga ku kawoowo k'abantu be." [Yayogerwa Ahmad ne Tirimidhi].

3. Okwambala engoye ezisinga obulungi. Olwa hadiith:

«مَا عَلَى أَحَدِكُمْ إِنْ وَجَدَ سَعَةً، أَنْ يَتَّخِذَ ثَوْبَيْنِ لِجُمُعَتِهِ، سِوَى ثَوْبَيْ مِهْنَتِهِ».

"Tewali buzibu bwonna ku omu mummwe bw'aba afunye obusobozi okugulayo engoye bbiri nga zakusaaliramu juma, ezitari za koleramu mirimu gye" [Yayogerwa Ibun Maajah, ne Malik mu muwattwa'u].

4- Okukeera okugenda ku muzikiti.

5. Okugenda ku muzikiti ku bigere. Olwa hadiith:

«مَنْ اغْتَسَلَ يَوْمَ الْجُمُعَةِ، وَغَسَّلَ، وَبَكَّرَ، وَابْتَكَرَ، وَدَنَا، وَاسْتَمَعَ، وَأَنْصَتَ، كَانَ

لَهُ بِكُلِّ خُطْوَةٍ يَخْطُوهَا أَجْرُ سَنَةٍ، صِيَامُهَا وَقِيَامُهَا».

"Yenna anaaba ku lunaku lw'ejjuma, n'akeera okugenda ku muzikiti era n'abeera mu khutuba okuva lw'etandise mpaka lw'eggwa, n'asemberera imaam, era n'awuliriza era n'asirika(natayoyogera) buli lutambula lwatambula afuna empeera za mwaka, okusiiba kwagwo n'okuyimirira kwagwo."

[Yayogerwa Tirmidhi ne Nasaa-i].

6- Okuyitiriza ennyo okusaalira ku Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere kuye. Yagamba Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere kuye:

«أَكْثِرُوا الصَّلَاةَ عَلَيَّ يَوْمَ الْجُمُعَةِ، فَإِنَّهُ مَشْهُودٌ، تَشْهَدُهُ الْمَلَائِكَةُ، وَإِنَّ أَحَدًا لَنْ يُصَلِّيَ عَلَيَّ إِلَّا عُرِضَتْ عَلَيَّ صَلَاتُهُ حَتَّى يَفْرُغَ مِنْهَا».

" Muyitirize nnyo okunsaalira ku lunaku lw'okutano kubanga zi malayika zijulira, mazima ddala omuntu tayinza kunsaalira okujjako nga ndagibwa okunsaalira kwe mpaka lwamaliriza." [Yayogerwa Ibun Maajah].

7. Okusoma Suurat Al-kahfi. Olwa hadiith:

«مَنْ قَرَأَ سُورَةَ الْكَهْفِ يَوْمَ الْجُمُعَةِ، أَضَاءَ لَهُ مِنَ النُّورِ مَا بَيْنَ الْجُمُعَتَيْنِ».

" Omuntu asoma suurat Al-kahfi ku lunaku lw'ejjuma, Allah amuteerawo ekitangaala wakati w'ejjuma ebbiri" [Yayogerwa Haakim n'abalala].

8- okunoonya akaseera omwanukulirwa edduwa. Olwa hadiith nga eva ku Abu Huraira yagamba nti :

Nabbi okusasira n'emirembe bibeere ku yye yayogera ku lunaku lw'ejjuma n'agamba nti:

«فِيهِ سَاعَةٌ لَا يُوَافِقُهَا عَبْدٌ مُسْلِمٌ، وَهُوَ قَائِمٌ يُصَلِّي، يَسْأَلُ اللهَ تَعَالَى شَيْئًا، إِلَّا أَعْطَاهُ إِيَّاهُ».

"Lulimu akaseera nga omusiramu tekayinza kumusanga nga ayimiridde asaala nga bw'asaba Allah ekintu kyonna, okujjako nga Allah akimuwa" [Yayogerwa Bukhaari ne Muslim].

Ekibuuzo 34: Esswala ya jama erina enkizo ki?

Okwanukula: Hadiithi nga eva ku Abdallah mutabani wa umar Allah Allah abasime bombiriri, nti Omubaka wa Allah okusaasira n'emirembe bibeere ku yye yagamba:

«صَلَاةُ الْجَمَاعَةِ أَفْضَلُ مِنْ صَلَاةِ الْفَذِّ بِسَبْعٍ وَعِشْرِينَ دَرَجَةً».

"Esswala ya jama esinga esswala omuntu gy'asadde nga ali omu, amadaala abiri mu musanvu "

[Yayogerwa Muslim].

Ekibuuzo 35: Okwewombeeka mu sswala kyekki?

Okwanukula: Kwe kussaayo Omutima n'okuwummuza ebiyungo mu swala.

Allah yagamba:

﴿قَدْ أَفْلَحَ الْمُؤْمِنُونَ ۝١ الَّذِينَ هُمْ فِي صَلَاتِهِمْ خَاشِعُونَ ۝٢﴾

(Mazima ddala beesiimye abo abakkiriza 1

Abo bbo mukusaala kwabwe ababa nga beewombeefu). [Suurat Al-mu'minuuna: 1-2].

Ekibuuzo 36: Zaka kyekki?

Okwanukula: Gwemutemwa ogwetteeka mu mmaali eyeyawulidde, eri ekibinja ekyeyawulidde, mu kiseera ekyeyawulidde.

- Era mpagi mu mpagi z'obusiraamu, era nga nayo Saadaaka ya tteeka egibwa ku mugagga n'eweebwa omwavu.

Yagamba Allah

﴿...وَآتُوا الزَّكَاةَ...﴾

(Era mutoole ne zaka). [Suurat Al-baqara 43].

Ekibuuzo 37: Kuwaayo ki okutali kwatteeka?

Okwanukula: Kwe kwo okutali zaka, okugeza nga: okusaddaaka ekintu kyonna mu kkubo eddungi mu kaseera konna.

Yagamba Allah omugulumivu:

﴿وَأَنْفِقُوا فِي سَبِيلِ اللَّهِ...﴾

(Muweeyo mu kkubo lya Allah).

[Suurat Al-baqarat:195].

Ekibuuzo 38: Nyonnyola okusiiba kyekki?

Okwanukula: Kwekusinza Allah nga weeziyizaako byonna ebisibulula okuva emmambya lwesala mpaka enjuba lwegwa nga omaliridde. N'okusiiba kwa mirundi ebiri:

1- Okusiiba okwetteeka: Okugeza: okusiiba omwezi gwa Ramadhan, era nga nayo mpagi mu mpagi z'obusilamu.

Yagamba Allah omugulumivu:

﴿يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا كُتِبَ عَلَيْكُمُ الصِّيَامُ كَمَا كُتِبَ عَلَى الَّذِينَ مِنْ قَبْلِكُمْ لَعَلَّكُمْ تَتَّقُونَ﴿١٨٣﴾﴾

(Abange mmwe abakkiriza! Kwalaalikibwa ku mmwe okusiiba, nga bwe kwalaalikwa kw'abo abaabasooka, oba olyawo ne mutya Allah).

[Suurat Al-Baqara:183].

2- Okusiiba okutali kwa tteeka: Okugeza nga: okusiiba olunaku olwa balaza n'olwokuna, n'okusiiba ennaku ssatu buli mwezi era nga n'ennaku ezisinga z'ennaku enjeru(13,14,15) mu buli mwezi ogw'obusiraamu.

Ekibuuzo 39: Bwebuliwa obulungi bw'okusiiba omwezi gwa Ramadhan?

Okwanukula: Hadiithi nga eva ku Abu Hurairat Allah amusiime, mazima Omubaka wa Allah okusasira n'emirembe bibeere ku yye yagamba:

«مَنْ صَامَ رَمَضَانَ إِيمَانًا وَاحْتِسَابًا؛ غُفِرَ لَهُ مَا تَقَدَّمَ مِنْ ذَنْبِهِ».

"Omuntu asiiba omwezi gwa Ramadhan kulw'obukkiriza n'okusuubira empeera okuva eri Allah, asonyiyibwa ebyonoono bye ebyakulembera."

[Yayogerwa Bukhaari ne Muslim].

Ekibuuzo 40: Bwebuliwa obulungi bw'okusiiba okwa kyeyagalire nga si Ramadhan?

Okwanukula: Abu saedi Alkhuduriyyu Allah amusiime yagamba: yagamba omubaka wa Allah okusaasire n'emirembe bibeere ku yye:

«مَا مِن عَبدٍ يَصُومُ يَومًا فِي سَبِيلِ اللهِ، إِلَّا بَاعَدَ اللهُ بِذَلِكَ اليَومِ وَجْهَهُ عَنِ النَّارِ سَبْعِينَ خَرِيفًا».

" Omuddu wa Allah yenna tayinza kusiiba lunaku mu kkubo lya Allah okujjako nga Allah amusembeza wala n'omulila emyaka nsavu."

[Yayogerwa Bukhaari ne Muslim].

-Amakulu ga «sab'iina khariifa»: emyaka nsanvu.

Ekibuuzo 41: Biki ebyonoona okusiiba?

Okwanukula:

1- Okulya n'okunywa mubugenderevu.

2- Okusesema mu bugenderevu.

Ekibuuzo 42: Z'eziriwa sunna z'okusiiba?

Okwanukula:

1- Okwanguyiriza okusibulukuka.

2- Okulya ddaaku, n'okumukeereyesa .

3- Okwongera ku mirimu emirungi n'ebikolwa by'okusinza.

4- Omusiibi okugamba nga bamuvumye nti: nze nasiibye.

5- Okusoma edduwa nga ogenda okusibulukuka.

6- Okusibulukukira ku ntende embisi oba enkalu, bweziba tezifunise, asibulukukira ku mazzi.

Ekibuuzo 43: Hijja kyekki?

Okwanukula: Hijja: kwe kusinza Allah, nga oyolekera enju ye eyemizizo(kaaba) okukolerayo emirimu egyeyawulidde, mukiseera ekyeyawulidde.

Yagamba Allah omugulumivu:

﴿...وَلِلَّهِ عَلَى النَّاسِ حِجُّ الْبَيْتِ مَنِ اسْتَطَاعَ إِلَيْهِ سَبِيلًا وَمَنْ كَفَرَ فَإِنَّ اللَّهَ غَنِيٌّ عَنِ الْعَالَمِينَ﴾

{ Era Allah Akakasa ku bantu bonna okulambula ennyumba eyo, (nga kino kikakafu) ku muntu aba asobola ekkubo erituuka gy'eri. N'omuntu awakanya (obukakafu bwa Hijja) amanye nti mazima Allah Mugagga} [Suurat Aal-Imran: 97].

Ekibuuzo 44: Z'eziriwa empagi za hijja?

Okwanukula:

1- Okuleeta eniyya ekuyingiza mumikolo.

2- Okuyimirira mu lusenyi Arafa.

3- Okwetoloola kaaba ku lunaku olw'ekkumi mu hijja nga ovudde e Mina.

4- Okutambula wakati wa swafa ne maruwa.

Ekibuuzo 45: Bwebuliwa obulungi bwa hijja?

Okwanukula: Hadiithi nga eva ku Abu urairat Allah amusiime yagamba: nawulila Omubaka wa Allah okusaasira n'emirembe bibeere ku yye nga agamba:

«مَن حَجَّ للهِ، فَلَم يَرفُثْ، وَلَم يَفْسُقْ، رَجَعَ كَيَومِ وَلَدَتْهُ أُمُّهُ».

"Yenna akola hijja n'atakola bikolwa bya bufumbo, era n'atakola kyonoono kyonna ava mumikolo gya hijja ng'olunaku mama we lweyamuzaala."

[Yayogerwa Bukhaari n'abalala].

-«Ng'olunaku mama we lweyamuzaala»: amakulu

nga talina kyonoono kyonna.

Ekibuuzo 46: Umra kyekki?

Okwanukula: kwekusinza Allah ng'ogenda ku nnyumba ye eyemizizo okukola emirimu egyeyawulidde mu kiseera kyonna.

Ekibuuzo 47: Empagi za Umra ze ziriwa?

Okwanukula: 1- Okuleeta eniyya ekuyingiza mu mikolo.

2- Okwetoloola kaaba.

3- Okutambula wakati wa swafa ne maruwa.

Ekibuuzo 48: Okulwana mu kkubo lya Allah kyekki?

Okwanukula: Okuteekamu amanyi mu kusaasaanya n'okutaasa obusiramu n'abasiramu, oba okulwaanyisa omulabe w'obusiramu n'abasiramu.

Allah yagamba:

﴿...وَجَاهِدُوا بِأَمْوَالِكُمْ وَأَنْفُسِكُمْ فِي سَبِيلِ اللَّهِ ذَلِكُمْ خَيْرٌ لَكُمْ إِنْ كُنْتُمْ تَعْلَمُونَ﴾

(Mulwane, era mulafuubane n'emmaali yammwe n'emyoyo gyammwe mu kkubo lya Katonda! Ekyo kye kirungi ekisingayo gye muli bwe muba nga mumanyi)

[Suurat At-Tauba:42].

Ekitundu ky'ebyafayo bya Nabbi.

Okumanya kw'ebyafaayo bya Nabbi:

Ebyafaayo bya Nabbi: kwekumanya obulamu bwa Nabbi(okusasira n'emirembe bibeere ku yye) okuva ku mazaalibwa kwe mpaka ku kufa kwe.

Ekibuuzo 1: Olulyo lwa nabbi waffe okusaasira n'emirembe bibeere kuye lweluliwa?

Okwanukula: Ye Muhammad mutabani wa Abdallah mutabani wa Abdul-mutwalib mutabani wa Hashim. Hashim ava mu kika kya ba Quraish, ate aba quraish bawarabu, abawarabu bava mu baana ba Ismail mutabani wa Ibrahim emirembe jibeere ku bbo.

Ekibuuzo 2: Mama wa Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere kuye waffe y'ani?

Okwanukula: Ye Amina muwala wa wahab.

Ekibuuzo 3: Taata wa Nabbi yafa ddi?

Okwanukula: Taata we yafiira mu kibuga Madiina, nga nabbi okusaasira n'emirembe bibeere kuye akyali mu lubuto lwa mama we.

Ekibuuzo 4: Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere kuye yazaalibwa ddi?

Okwanukula: Ku balaza, mu Rabi Al-awwal(Omwezi gw'okusatu) mu Mwaka gw'enjovu.

Ekibuuzo 5: Nabbi yazaalibwa mu kibuga ki?

Okwanukula: Mu kibuga makka.

Ekibuuzo 6: Baani abaayonsa Nabbi era baani abaamukuza nga ojjeeko mama we?

Okwanukula: -Omuzaana wa Taata we ayitibwa Ummu Aiman.

-Omuzaana wa Taata we omuto Abu Lahab ayitibwa Thuwaiba.

-Haliima Assa-adiyya.

Ekibuuzo 7: Maama we yafa ddi?

Okwanukula: Mama we yafa nga alina emyaka Mukaaga, era awo Jajja we Abdul-Mutwalib n'atandika okumulabirira.

Ekibuuzo 8: Ani yamulabirira nga Jajja we Abdul-Mutwalib afudde?

Okwanukula: Jajja we Abdul-Mutwalib yafa nga Nabbi wa myaka munaana, era Taata we omuto Abu-Twalib n'atandika okumulabirira.

Ekibuuzo 9: Yatambula ddi ne Taata we omuto okugenda e Shaami?

Okwanukula: Yagenda ne Taata we omuto e shaami nga Nabbi alina emyaka kumi n'ebiri(12).

Ekibuuzo 10: Olugendo lwe olw'okubiri olw'eshaami lwaliwo ddi?

Okwanukula: Olugendo lwe olw'okubiri lwaliwo nga asuubula mu maali ya Khadija(Allah amusiime), era Nabbi bweyakomawo n'awasa khadija, nga Nabbi alina emyaka abiri mw'etaano(25).

Ekibuuzo 11: Aba Quraishi baddamu ddi okuzimba kaaba?

Okwanukula: AbaQuraishi baddamu okuzimba Qaaba nga Nabbi alina emyaka asatu mu etaano(35).

Era nebamusaba alamule wakati wa bwe bwebayawukana ani alina okuteekawo ejinja eliddugavu mu kifo kya lyo , n'aliteeka ku lugoye n'alagira buli kika ku bika ebina kikwateko oludda ku lugoye.

bwebaalisitula nebalitwaala mu kifo kyalyo, Nabbi(okusasira n'emirembe bibere ku yye) yaliteeka mu kifo kyalyo weriri n'emikono gye.

Ekibuuzo 12: Yalina emyaka emeka Allah weyamutumira?, era yamutuma eri baani?

Okwanukula: Yalina emyaka ana(40), era yatumwa eri abantu bonna nga musanyusa era nga mutiisa.

Ekibuuzo 13: Obubaka bwatandika naki?

Okwanukula: Ekirooto ekyamazima, Nabbi teyalabanga kirooto okujjako nga kijja nga ekitangaala ky'okumakya.

Ekibuuzo 14: Embeera ya Nabbi yali etya oluberyeberye nga tannafuna bubaka? Era yali atya bwe bwamukkako omulundi ogwaasooka?

Okwanukula: Nabbi yalinga asinza Allah mu mpuku eyitibwa Hiraa era ekyo yali akyetegekera.

Era obubaka bwamukkako nga ali mu mpuku asinza.

Ekibuuzo 15: Kiki ekyasokera ddala okumukkako mu Quran?.

Okwanukula: Ke kigambo kya Allah:

﴿ٱقۡرَأۡ بِٱسۡمِ رَبِّكَ ٱلَّذِي خَلَقَ ۝١ خَلَقَ ٱلۡإِنسَٰنَ مِنۡ عَلَقٍ ۝٢ ٱقۡرَأۡ وَرَبُّكَ ٱلۡأَكۡرَمُ ۝٣ ٱلَّذِي عَلَّمَ بِٱلۡقَلَمِ ۝٤ عَلَّمَ ٱلۡإِنسَٰنَ مَا لَمۡ يَعۡلَمۡ ۝٥﴾

(Soma ku linnya lya Mukamawo oyo eyatonda

ebitonde byonna *

Yatonda omuntu nga amuggya mu kitole ky'omusaayi *

Soma n'omuleziwo y'asinga obugabi*

Y'oyo eyayigiriza n'ekkalaamu, (Ayigiriza n'alunngamya n'ekkalaamu olw'ebyo by'ewandiika *

Yayigiriza Omuntu ebyo bye yali tamanyi 5)

[Suurat Al-alaq: 1-5].

Ekibuuzo 16: Ani eyasooka okukkiriza obubaka bwe?

Okwanukula: Mu basajja yali ABUBAKAR SWIDDIIQ

Mu bakyaala yali Khadiija muwala wa Khuwailid.

Mu baana yali:

ALI BIN ABI TWALIB.

Mubaddu yali:

ZAID BIN HAARITHAT.

Mu Baddu: BILAL OMUHABASHI Allah abasiime.

Ekibuuzo 17: Okukoowoola okudda eri obusiraamu kwali kutya?

Okwanukula: Okukoowoola kwali kwa kyaama okumala emyaka esatu, oluvanyuma Nabbi okusasira

n'emirembe bibeere ku yye n'alagirwa okwasanguza daawa(okukoowoola abantu mu lwaatu).

Ekibuuzo 18: Embeera ya Nabbi n'abamukkiriza yali etya nga amaze okutandika okukowoola mu lwatu?

Okwanukula: Abasinza amasannamu bamunakuwaza ekisusse yye n'abasiramu, okutuusa Nabbi lweyakkiriza Abasiramu okusenguka bagende eri kabaka we Ethiopia ayitibwa Najjashi.

Era Abaasinzanga amasanamu begatta okunakuwaza Nabbi, n'okumutta naye Allah n'amukuuma era n'amuteera Tata we omuto Abu-twalib okuba nti amukuuma obutatusibwako bulabe.

Ekibuuzo 19: Baani abaafa mu mwaka ogw'ekkumi okuva ku kutumibwa kwa Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye?

Okwanukula: Taata we omuto Abu-Twalib yafa.

ne mukyala we Khadija Allah amusiime naye yafa.

Ekibuuzo 20: Isra ne mi-iraaj byaliwo ddi?

Okwanukula: Byaliwo nga awezezza emyaka ataano(50), era Allah n'amulaalikako esswala ettaano.

-Isra:Lwe lugendo lwa Nabbi okuva ku muzikiti gwe makka(ku kaaba) okudda ku muzikiti oguyitibwa

Aqswa oguli e palestine.

-Ate miraaj: Lwe lugendo lwa Nabbi okuva ku masjid Aqswa okugenda mu ggulu mpaka ku ggulu ery'omusanvu.

Ekibuuzo 21: Nabbi okusasira n'emirembe bibere ku yye yakoowoolanga atya abantu ebweeru wa Makka?

Okwanukula: Yakoowoolanga abantu be Twa-ifu era nga yeyoleka gyebali mubiseera n'ebifo awakunganirwa abantu, mpaka abantu be madiina mu ba Answari bwebajja, nebakkiriza Nabbi okusasira n'emirembe bibere ku yye era nebamwegattako nebamusuubiza okumutaasa.

Ekibuuzo 22: Nabbi yamala emyaka emeka mu makka nga akoowoola?

Okwanukula: Yamalamu emyaka kkumi n'esatu(13).

Ekibuuzo 23: Nabbi okusasira n'emirembe bibere ku yye yasengukira wa?

Okwanukula: Yasenguka okuva e Makka n'aagenda e Madiina.

Ekibuuzo 24: E madiina yamalayo emyaka emeka?

Okwanukula: Emyaka kkumi(10).

Ekibuuzo 25: Mateeka ki agamulalikibwako nga ali e Madiina?

Okwanukula: Yalaalikibwako okutoola zaka, okusiiba, okukola hijja, okulwana mu kkubo lya Allah, Okwaziina, n'amateeka amalala mu mateeka g'obusiramu.

Ekibuuzo 26: Entalo za Nabbi okusasira n'emirembe bibere ku yye enkulu eziriwa?

Okwanukula: -Olutalo lwe badiri olunene: lwaliwo mu mwaka gwa kubiri ogw'amasenguka.

-Olutalo lwe Uhudi, mu mwaka ogw'okusatu ogw'amasenguka.

-Olutalo lw'ebibinja(Ahzaabu), mu mwaka ogw'okutaano ogw'amasenguka.

Olutalo lw'okuggulawo makka, mu mwaka ogw'omunaana.

Ekibuuzo 27: Aaya ki eyasembayo okukka mu quran?

Okwanukula: Ekigambo kya Allah:

﴿وَٱتَّقُوا۟ يَوْمًا تُرْجَعُونَ فِيهِ إِلَى ٱللَّهِ ۖ ثُمَّ تُوَفَّىٰ كُلُّ نَفْسٍ مَّا كَسَبَتْ وَهُمْ لَا يُظْلَمُونَ﴿٢٨١﴾﴾

(Era mutye olunaku lwe mulizzibwa mu lwo eri Allah, Oluvannyuma ne kutuukirizibwa okusasulwa kwa buli mwoyo ekyo kye gwakola; era tewali wa kulyazaamaanyizibwa). [Suurat Al-baqara:281].

Ekibuuzo 28: Nabbi Okusasira n'emirembe bibere ku yye yafa ddi? era yalina emyaka emeka?

Okwanukula: Yafa mu mwezi ogw'okusatu, omwaka ogw'ekkumi n'ogumu ogw'amasenguka, nga alina emyaka nkaaga mw'esatu(63).

Ekibuuzo 29: Yogera bakyala ba Nabbi okusaasira n'emirembe bibere ku yye.

Okwanukula: 1-Khadiija bint khuwailid Allah amusiime.

2-Sauda bint zam'at Allah amusiime.

3- Aisha bint Abi bakri Sswiddiiq Allah amusiime.

4- Hafswa bint Umar Allah amusiime.

5- Zainab bint khuzaima Allah amusiime.

6- Ummu Salama Hind bint Abi Umayya Allah amusiime.

7- Ummu habbiba Ramlat bint Abi sufian Allah amusiime.

8- Juwairiya bint Al-harith Allah amusiime.

9- Maimuuna bint Al-haarith Allah amusiime.

10- Swafiyya bint Huyayyi Allah amusiime.

11- Zainab bint Jahshi Allah amusiime.

Ekibuuzo 30: Abaana ba Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye be baani?

Okwanukula: Mu balenzi, basatu:

1- Qasim, era lyerinnya Nabbi lyeyayatikirira nalyo(yayitibwanga Abul-Qasim).

2- Abdallah.

3- Ibrahiim.

*Mu bawala:

1- Fatwima.

2- Ruqayya.

3- Ummu Kulthuum.

4- Zainab.

Abaana be bonna yabazaala mu Khadija Allah amusiime, okujjako Ibrahim, yamuzala mu Mariat omuqibti era abaana bonna baafa nga Mulamu okujjako Fatwima yye yafa oluvannyuma lwe nga wayiseewo emyezi mukaaga.

Ekibuuzo 31: Leetayo ebimu ku bitendo bya Nabbi(okusaasira n'emirembe bibeere ku yye) eby'obutonde?

Nabbi okusaasira nemirembe bibeere ku yye yali wakitema, nga si mumpi ate nga si muwanvu, wabula nga ali awo wakati, era yali mweru nga alimu olumyufu, Yalina ekirevu nga kisakattivu, Amaso ge nga manene, Omumwa gwe nga munene, nga enviri ze nzirugavu nnyo, nga ekifuba kye kigazi, nga awunya bulungi, n'ebitendo ebirara bingi.

Ekibuuzo 32: Nabbi okuaasira n'emirembe bibeere kuye abantu b'ekibinakye yabaleka ku ki?

Okwanukula:

Yabaleka ku kubo eryeyolefu, ng'ekiro kiri ng'emisana, teri alivaako okujjako ng'abeera azikiridde.

Teyalekayo kirungi kyonna okujjako nga akiragiridde abantu b'ekibiina kye, wadde ekibi kyonna okujjako nga akibekesezza.

***

Ekitundu kya tafsiiri
(okuvvunula quran)

Okumanya kwa Tafsiir:

Tafsiir: Kwe kumanya amakulu ga aaya za quran ezo ezirimu okulungamya mu by'enzikiriza, n'eby'ensinza, n'enkolagana wakati wabantu, n'empisa, n'ebyakkirizibwa, n'ebyaganibwa, n'ebiragiro, n'okugaana, n'ebirara

Okulabula: Kino ekitundu kya kukwata aaya n'okutegeera amakulu gaazo.

Ekibuuzo 1: Soma suurat Al-faatiha era oginyonnyole.

Okwanukula: Suurat Al-faatiha, n'okuginnyonnyola

﴿بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ۝١ الْحَمْدُ لِلَّهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ ۝٢ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ۝٣ مَالِكِ يَوْمِ الدِّينِ ۝٤ إِيَّاكَ نَعْبُدُ وَإِيَّاكَ نَسْتَعِينُ ۝٥ اهْدِنَا الصِّرَاطَ الْمُسْتَقِيمَ ۝٦ صِرَاطَ الَّذِينَ أَنْعَمْتَ عَلَيْهِمْ غَيْرِ الْمَغْضُوبِ عَلَيْهِمْ وَلَا الضَّالِّينَ ۝٧﴾

(Bismillahi rrahmani rrahiim *
Alhamdulillahi rabil-aalamiin*
Arrahmaani rrahiim *
Malaiki yaumi ddiin *
Iyyaaka na-abudu wa iyyaaka nasta-iin *
Ihdina sswiraatwal-mustaqiim *

Swiraatwa lladhiina an-amta alaihim ghairil-maghdhuubi alaihim wala dhwaalliin 7).

[Suurat Al-faatiha :1-7].

Okunnyonnyola:

Yatuumibwa Suurat al-faatiha, olwokuba yeggulawo ekitabo kya Allah.

﴿بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَٰنِ الرَّحِيمِ ۝١﴾

1.(Bismillahi rrahmani rrahiim).

Ntandika n'erinnya lya Allah okusoma Qur'an, nga nnoonya obuyambi n'emikisa gye nga njogera erinnya lye.

- ﴿ اللَّهِ ﴾ أى:

((Allah) Amakulu):

Asinzibwa mu butuufu bwokusinzibwe, ra erinnya lino teriyitibwa atali Allah.

- ﴿الرَّحْمَٰن﴾ أى:

(ARRAHMAAN).

amakulu:

Nannyini kisa ekigazi, ekyabuna buli kintu.

- ﴿الرَّحِيم﴾ أى:

(ARRAHIIM).

Amakulu:

Ow'ekisa eri abakkiriza.

﴿الْحَمْدُ لِلَّهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ ۝٢﴾

2. (Alhamdu lillahi rabbil-aalamiin).

Amakulu:

amatendo gonna n'obujjuvu bya Allah yekka.

﴿الرَّحْمَٰنِ الرَّحِيمِ ۝٣﴾ أى:

3. ﴿Arrahmaani rrahiim).

Amakulu:

Oyo alina okusaasira okugazi okuzingiramu buli kimu, era y'alina okusaasira okutuuka ku bakkiriza bokka.

﴿مَالِكِ يَوْمِ الدِّينِ ۝٤﴾

4. (Maaliki yawmi ddiin)

Nannyini buyinza

yekka ku lunaku lw'okusasula (olunaku lw'enkomerero).

Lwe lunaku lw'enkomerero.

﴿إِيَّاكَ نَعْبُدُ وَإِيَّاكَ نَسْتَعِينُ ۝٥﴾

5.(Iyyaaka na'budu wa iyyaaka nasta'iin).

Gwe wekka gwe tusinza era ggwe wekka gwetusaba okutuyamba.

﴿اهْدِنَا الصِّرَاطَ الْمُسْتَقِيمَ ۝٦﴾

6.(Ihdina sswiratwal-mustaqiim).

Tulungamye mu kkubo eggolokofu, nga nakwo kwekulungamya okudda eri obusiramu n'enkola ya nabbi okusaasira n'emirembe bibeere kuye

﴿صِرَاطَ الَّذِينَ أَنْعَمْتَ عَلَيْهِمْ غَيْرِ الْمَغْضُوبِ عَلَيْهِمْ وَلَا الضَّالِّينَ ۝٧﴾

7.(Swiratwa lladhiina an-amta Alaihim, ghairil maghdhuubi Alaihim Wala dhwaalliin).

Ekkubo ly'abaddu ba Allah abalongoofu mu ba Nabbi, n'abaabagoberera, eritali kkubo lya ba kurisitaayo nabayudaaya.

Kirungi okugamba oluvannyuma lw'okusoma Al-faatiha nti:(Aamiin), amakulu nti ayi Allah yanukula.

Ekibuuzo 2: Soma essuula gyebayita zalzalah era oginyonnyole.

Okwanukula: Suurat Az-Zalzalah n'okuginnyonnyola :

بِسْمِ ٱللَّهِ ٱلرَّحْمَٰنِ ٱلرَّحِيمِ ﴿إِذَا زُلْزِلَتِ الْأَرْضُ زِلْزَالَهَا ۝١ وَأَخْرَجَتِ الْأَرْضُ أَثْقَالَهَا ۝٢ وَقَالَ الْإِنْسَانُ مَا لَهَا ۝٣ يَوْمَئِذٍ تُحَدِّثُ أَخْبَارَهَا ۝٤ بِأَنَّ رَبَّكَ أَوْحَى لَهَا ۝٥ يَوْمَئِذٍ يَصْدُرُ النَّاسُ أَشْتَاتًا لِيُرَوْا أَعْمَالَهُمْ ۝٦ فَمَنْ يَعْمَلْ مِثْقَالَ ذَرَّةٍ خَيْرًا يَرَهُ ۝٧ وَمَنْ يَعْمَلْ مِثْقَالَ ذَرَّةٍ شَرًّا يَرَهُ ۝٨﴾

Bismillahi rrahmani rrahiim

(Itha zulzilatil-ardu zilzaalahaa *

Wa akhrajatil-ardhu athqaalahaa *

Wa qaalal-insaanu maa lahaa *

Yauma-ithin tuhaddithu akhbaarahaa *

Bi-anna rabbaka auhaa lahaa *

Yauma-ithin yasduru nnaasu ashtaatan liyurau a-amaalahum *

Faman ya-amal mithqaala dharratin khairan yarahu*

wa man ya-amal mithqaala dharratin sharran yarahu 8).

[Surat Azzalzalah: 1-8].

Okunyonnyola:

﴿إِذَا زُلْزِلَتِ الْأَرْضُ زِلْزَالَهَا ۝١﴾

1.(Itha zulzilatil-ardu zilzaalahaa):

Ensi bw'eribeera nga eyuuguumiziddwa oluyuuguumizibwa olw'amaanyi olugenda okutuukawo ku lunaku lw'enkomerero.

﴿وَأَخْرَجَتِ الْأَرْضُ أَثْقَالَهَا ۝٢﴾

2.(Wa akhrajatil-ardhu inshallaha):

N'efulumya era n'ejjayo ebiri munda mwayo ng'abafu n'ebirala.

﴿وَقَالَ الْإِنْسَانُ مَا لَهَا ۝٣﴾

3.(Wa qaalal-insaanu maa lahaa):

Omuntu aligamba ng'awuniikiridde: kiki ekituuse ku nsi okubeera nga ekankana era eyuuga?!

﴿يَوْمَئِذٍ تُحَدِّثُ أَخْبَارَهَا ۝٤﴾

4.(Yauma-ithin tuhaddithu akhbaarahaa):

Ku lunaku olwo Ensi ejja kwogera ebyagikolerwangako ebirungi n'ebibi.

﴿بِأَنَّ رَبَّكَ أَوْحَى لَهَا ۝٥﴾

5.(Bi-anna rabbaka auhaa lahaa):

Kubanga Allah agimanyisizza era n'ajiragira.

﴿يَوْمَئِذٍ يَصْدُرُ النَّاسُ أَشْتَاتًا لِيُرَوْا أَعْمَالَهُمْ ۝٦﴾

6.(yauma-idhin yasduru nnaasu ashtaatan liyurau a-amaalahum):

Ku lunako olwo olukulu ensi mw'egenda okuyuuguumizibwa abantu bajja kuva mu kifo ky'okubalibwamu nga bali mu bibiinja balabe emirimu gyabwe gyebaakolanga ku nsi.

﴿فَمَنْ يَعْمَلْ مِثْقَالَ ذَرَّةٍ خَيْرًا يَرَهُ ۝٧﴾

7.(Faman ya-amal mithqaala dharratin khairan yarahu):

Oyo yenna eyakola omulimu kagube mutono tutya ngamulungi ajja gulaba mu maaso ge.

﴿وَمَنْ يَعْمَلْ مِثْقَالَ ذَرَّةٍ شَرًّا يَرَهُ ۝٨﴾

8.(wa man ya-amal mithqaala dharratin sharran yarahu):

Yenna eyakola omulimu kagube mutono gutya nga mubi ajja ggulaba mu maaso ge

Ekibuuzo 3: Soma suurat Al-aadiyaat era oginnyonnyole.

Okwanukula: Suurat Al-aadiyaat n'okunnyonnyola kwayo:

بِسْمِ ٱللَّهِ ٱلرَّحْمَـٰنِ ٱلرَّحِيمِ ﴿وَالْعَادِيَاتِ ضَبْحًا ۝١ فَالْمُورِيَاتِ قَدْحًا ۝٢ فَالْمُغِيرَاتِ صُبْحًا ۝٣ فَأَثَرْنَ بِهِ نَقْعًا ۝٤ فَوَسَطْنَ بِهِ جَمْعًا ۝٥ إِنَّ الْإِنْسَانَ لِرَبِّهِ لَكَنُودٌ ۝٦ وَإِنَّهُ عَلَى ذَٰلِكَ لَشَهِيدٌ ۝٧ وَإِنَّهُ لِحُبِّ الْخَيْرِ لَشَدِيدٌ ۝٨ أَفَلَا يَعْلَمُ إِذَا بُعْثِرَ مَا فِي الْقُبُورِ ۝٩ وَحُصِّلَ مَا فِي الصُّدُورِ ۝١٠ إِنَّ رَبَّهُمْ بِهِمْ يَوْمَئِذٍ لَخَبِيرٌ ۝١١﴾

Bismillahi rrahmani rrahiim.

(Wal-aadiyati dhwabehan*

Falmuuriyaati qadehan *

Falmughiiraati subehan *

Fa-atharna bihii naq-an *

Fawasatna bihii jam-an *

Innal-insaana lirabbihii lakanuud *

Wa innahu alaa dhaalika lashahiid *
Wa innahuu lihubbil-khairi lashadiid *
Afala ya-alamu idhaa bu-uthira maa fil-qubuuri *
Wahusswila ma fi ssudoori *
Inna rabbahum bihim yama-ithin lakhabiir).

[Suurat Al-aadiyaat: 1-11].

Okunnyonnyola:

﴿وَالْعَادِيَاتِ ضَبْحًا ۝١﴾

1.(Wal-aadiyaati dhwabehan *):

Allah yalayira embalaasi ezidduka nezituuka n'okuvaamu amaloboozi olw'emisinde.

﴿فَالْمُورِيَاتِ قَدْحًا ۝٢﴾

2.(Falmuuriyaati qadehan):

N'alayira embalaasi ezikoleeza n'ebinuulo bya zo omuliro nga birinnye ku njazi nga kiva ku kuzirinnyako n'amaanyi.

﴿فَالْمُغِيرَاتِ صُبْحًا ۝٣﴾

3. (Falmughiiraati subehan):

N'alayira embalaasi ezizinda abalabe mu kiseera ky'okumakya.

﴿فَأَثَرْنَ بِهِ نَقْعًا ۝٤﴾

4. (Fa-atharna bihii naq-an):

Ne zisiikuula enfuufu kulw'okudduka kwa zo.

﴿فَوَسَطْنَ بِهِ جَمْعًا ۝٥﴾

5.(Fawasatna bihii jam-an):

Ne zibeera n'abazira abazeebagadde wakati w'ebibinja by'abalabe.

﴿إِنَّ الْإِنْسَانَ لِرَبِّهِ لَكَنُودٌ ۝٦﴾

6.(Innal-insaana lirabbihi lakanuud):

Mazima omuntu mummi wa birungi omulezi we by'amwagalamu.

﴿وَإِنَّهُ عَلَىٰ ذَٰلِكَ لَشَهِيدٌ ۝٧﴾

7. (Wa innahuu Alaa dhaalika lashahiid)

Era ye mu kumma ebirungi yewaako obujulizi, tasobola ku kiwakanya.

﴿وَإِنَّهُ لِحُبِّ الْخَيْرِ لَشَدِيدٌ ۝٨﴾

8. (Wa innahuu lihubbil-khairi lashadiid):

Era mazima ye olw'obuyitirivu bw'okwagalakwe emmaali agikodowalira.

﴿أَفَلَا يَعْلَمُ إِذَا بُعْثِرَ مَا فِي الْقُبُورِ ۝٩﴾

9. (Afalaa ya-alamu idhaa bu-uthira maa fil-qubuur)

Omuntu ono, alimbibwa obulamu obw’ensi,

tamanyi nti Allah bw'anaazuukiza abafu mu ntaana n'abajja mu nsi okubabala n'okubasasula, ensonga tezijja kuba nga bwe yalowooza.

﴿وَحُصِّلَ مَا فِي الصُّدُورِ ﴿١٠﴾﴾

10. (Wahusswila maa fi ssuduur):

nebyolesebwa ebiri mu mitima mu bigendererwa, enzikiriza n'ebirala.

﴿إِنَّ رَبَّهُمْ بِهِمْ يَوْمَئِذٍ لَخَبِيرٌ ﴿١١﴾﴾

11.(Inna rabbahum bihim yauma-ithin lakhabiir):

Mazima omulezi waabwe ku lunaku olwo amanyi, talina mu nsonga z'abaddu be egenda kumwekwekako, era ajja kuzibasasula.

Ekibuuzo 4: Soma suurat Al-qaari-ah era oginnyonnyole.

Okwanukula: Suurat Al-qaari-ah n'okunyonnyola kwayo:

بِسْمِ ٱللَّهِ ٱلرَّحْمَٰنِ ٱلرَّحِيمِ ﴿ٱلْقَارِعَةُ ﴿١﴾ مَا الْقَارِعَةُ ﴿٢﴾ وَمَا أَدْرَاكَ مَا الْقَارِعَةُ ﴿٣﴾ يَوْمَ يَكُونُ النَّاسُ كَالْفَرَاشِ الْمَبْثُوثِ ﴿٤﴾ وَتَكُونُ الْجِبَالُ كَالْعِهْنِ الْمَنْفُوشِ ﴿٥﴾ فَأَمَّا مَنْ ثَقُلَتْ مَوَازِينُهُ ﴿٦﴾ فَهُوَ فِي عِيشَةٍ رَاضِيَةٍ ﴿٧﴾ وَأَمَّا مَنْ خَفَّتْ مَوَازِينُهُ ﴿٨﴾ فَأُمُّهُ هَاوِيَةٌ ﴿٩﴾ وَمَا أَدْرَاكَ مَاهِيَهْ ﴿١٠﴾ نَارٌ حَامِيَةٌ ﴿١١﴾﴾

Bismillahi rrahmani rrahiim.

(Al-qaari-ah *
Mal-qaari-ah *
wa maa aderaaka mal-qaari-ah *
yauma yakuunu nnaasi kal-faraashil-mabethuuth *
Wa takuunul-jibaalu kal-ihnil-manfuush *
Fa ammaa man thaqulat mawaaziinuh*
Fahuwa fii iishati rraadhwiyah *
Wa ammaa man khaffat mawaazinuh *
Fa ummuhuu haawiyah *
Wa maa aderaaka ma hiyah *
Naarun haamiyah)

[Suurat al-qaari-ah: 1-11].

Okunnyonnyola:

﴿الْقَارِعَةُ ۝١﴾

1. (Al-qaari-ah) :

Esaawa ey'ekikonkona emitima gy'abantu olw'entiisa yaakyo ennene.

﴿مَا الْقَارِعَةُ ۝٢﴾

2. (Mal-qaari-ah):

Ekiseera ekikonkonkona emitima gy'abantu olw'entiisa yaakyo ennene kyekiruwa?!

﴿وَمَا أَدْرَاكَ مَا الْقَارِعَةُ ۝٣﴾

3. (wa maa aderaaka mal-qaari-ah):

Kiki -owange ggwe omubaka- ekiyinza okumanyisa ekiseera ekikonkonkona emitima gy'abantu olw'entiisa yaakyo ennene?! Mazima kkyo lwe lunaku lw'enkomerero.

﴿يَوْمَ يَكُونُ النَّاسُ كَالْفَرَاشِ الْمَبْثُوثِ ۝٤﴾

4.(yauma yakuunu nnaasi kal-faraashil-mabethuuth)

Olunaku emitima gy'abantu lwe girikonkonebwa bajja kubeera nga ebiwojjolo ebisaasaanye ebikunkumuse wano nawali.

﴿وَتَكُونُ الْجِبَالُ كَالْعِهْنِ الْمَنْفُوشِ ۝٥﴾

5.(Wa takuunu Al-jibaalu kal-ihnil-manfuush)

Ate ensozi zibeere nga ebyoya byebakoonyekoonye mu kuwewuka kw'okutambula kwazo n'okujjulukuka kwazo.

﴿فَأَمَّا مَنْ ثَقُلَتْ مَوَازِينُهُ ۝٦﴾

6.(Fa ammaa man thaqulat mawaaziinuh):

Ate oyo ebikolwa bye ebirungi bwebilisinga ebikolwa bye ebibi.

﴿فَهُوَ فِي عِيشَةٍ رَاضِيَةٍ ۝٧﴾

7. (Fahuwa fii iishatin raadhiyah):

Yye w'akubeera mu bulamu obwesiimisa bw'alifuna mu Jjanah.

﴿وَأَمَّا مَنْ خَفَّتْ مَوَازِينُهُ ۝٨﴾

8. (Wa ammaa man khaffat mawaazinuhu):

Ate oyo ebikolwa bye ebibi bwebilisinga ebikolwa bye ebirungi.

﴿فَأُمُّهُ هَاوِيَةٌ ۝٩﴾

9. (Fa ummuhu haawiyah):

Amakage n'obuddo bwe ku lunaku lw'enkomerero muliro Jahannama.

﴿وَمَا أَدْرَاكَ مَاهِيَهْ ۝١٠﴾

10. (Wa maa aderaaka ma hiyah):

Kiki -owange ggwe omubaka- ekiyinza okumanyisa Jahannama kyekki?!

﴿نَارٌ حَامِيَةٌ ۝١١﴾

11. (Naarun haamiyah)

Gwe muliro ogwokya ennyo.

Ekibuuzo 5: Soma suurat At-takaathur oginnyonnyole.

Okwanukula: Suurat At-takathur n'okunyonnyola kwayo:

بِسۡمِ ٱللَّهِ ٱلرَّحۡمَٰنِ ٱلرَّحِيمِ ﴿أَلۡهَىٰكُمُ ٱلتَّكَاثُرُ ١ حَتَّىٰ زُرۡتُمُ ٱلۡمَقَابِرَ ٢ كَلَّا سَوۡفَ تَعۡلَمُونَ ٣ ثُمَّ كَلَّا سَوۡفَ تَعۡلَمُونَ ٤ كَلَّا لَوۡ تَعۡلَمُونَ عِلۡمَ ٱلۡيَقِينِ ٥ لَتَرَوُنَّ ٱلۡجَحِيمَ ٦ ثُمَّ لَتَرَوُنَّهَا عَيۡنَ ٱلۡيَقِينِ ٧ ثُمَّ لَتُسۡـَٔلُنَّ يَوۡمَئِذٍ عَنِ ٱلنَّعِيمِ ٨﴾

Bismillahi Al-rrahmani rrahiim.
(ALhaakumu ttakaathur *
Hattaa zurtumul-maqaabir *
Kallaa saufa ta-alamuuna *
Thumma kallaa saufa ta-alamuuna *
Kayla law ta-alamuuna ilmal-yaqiini *
Latarawunnal-jahiim *
Thumma latarawunnahaa ainal-yaqiini *
Thumma latus-alunna yauma-idhin aninna-iim).

[Suurat At-takaathur: 1-8].

Okunyonnyola:

﴿أَلۡهَىٰكُمُ ٱلتَّكَاثُرُ ١﴾

1.(Alhaakumu ttakaathur)

Kubalabankanyizza -abange abantu- ne kubajja ku kugondera Allah okwewaana n'emmaali n'abaana.

﴿حَتَّىٰ زُرۡتُمُ ٱلۡمَقَابِرَ ٢﴾

2. (Hattaa zurtumul-maqaabir):

Okutuusa nga mufudde ne muyingira entaana zammwe.

﴿كَلَّا سَوْفَ تَعْلَمُونَ ۝٣﴾

3. (Kallaa saufa ta-alamuuna):

Nedda okwewaana n'ebyo tekubagwanidde kubalabankanya ku kugondera Allah, kyaddaaki mujja kumanya enkomerero y'okulabankana okwo.

﴿ثُمَّ كَلَّا سَوْفَ تَعْلَمُونَ ۝٤﴾

4. (Thumma kallaa saufa ta-alamuuna):

Oluvannyuma kyaddaaki mujja kumanya enkomerero yaakwo.

﴿كَلَّا لَوْ تَعْلَمُونَ عِلْمَ الْيَقِينِ ۝٥﴾

5. (Kallaa law ta-alamuuna ilmal-yaqiin):

Kikakafu singa mumanyi okumanya okw'okwekkaanya nti mazima mujja kuzuukizibwa mudde eri Allah, era mazima ye ajja kubasasula emirimu gyammwe, temwalirabankanye nakwewaana na maali n'abaana.

﴿لَتَرَوُنَّ الْجَحِيمَ ۝٦﴾

6. (Latarawunnal-jahiim):

Ndayira mazima ddala mujja kulaba omuliro ku lunaku lw'enkomerero.

﴿ثُمَّ لَتَرَوُنَّهَا عَيْنَ الْيَقِينِ ۝٧﴾

4. (Thumma latarawunnahaa ainal-yaqiin)

Oluvannyuma mujja kugulabira ddala olulaba olwannamaddala olutaliimu kubuusabuusa.

﴿ثُمَّ لَتُسْأَلُنَّ يَوْمَئِذٍ عَنِ النَّعِيمِ ﴿٨﴾﴾

(Thumma latus-alunna yauma-idhin aninna-iim):

Oluvannyuma Allah ajja kubabuuza ku lunaku olwo ku byengera bye yabagabirira ng'obulamu, obugagga, n'ebirala.

Ekibuuzo 6: Soma suurat Al-asr, era oginnyonnyole.

Okwanukula: Suurat Al-asr n'okunnyonnyola kwayo:

بِسْمِ ٱللَّهِ ٱلرَّحْمَٰنِ ٱلرَّحِيمِ ﴿وَالْعَصْرِ ﴿١﴾ إِنَّ الْإِنْسَانَ لَفِي خُسْرٍ ﴿٢﴾ إِلَّا الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ وَتَوَاصَوْا بِالْحَقِّ وَتَوَاصَوْا بِالصَّبْرِ ﴿٣﴾﴾

Bismillahi rrahmani rrahiim.

(Wal-asr *

Innal-insaana lafii khusr *

Illa alladhiina aamanu wa amilu sswaalihaat, wa tawaaaswau bil-haqqi, watawaaswawu bisswabr)

[Suurat Al-asr :1-3].

okunnyonnyola:

﴿وَالْعَصْرِ ﴿١﴾﴾

1. (Wal-asr)

Yalayira Allah ekiseera.

﴿إِنَّ الْإِنْسَانَ لَفِي خُسْرٍ ۝٢﴾

2.(Innal-insaana lafii khusr):

Mazima ddala omuntu yenna gy'ava yenkana ali mu bukendeevu nakuzikirira

﴿إِلَّا الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ وَتَوَاصَوْا بِالْحَقِّ وَتَوَاصَوْا بِالصَّبْرِ ۝٣﴾

3. (Illa alladhiina aamanuu wa amilu sswaalihaat, wa tawaaswaw bil-haqqi, watawaaswawu bisswabr)

Okujjako abo abakkiriza Allah (mu nzikiriza entuufu) ate ne bakola e mirimu emirungi, era ne balaamirigana okukoleranga ku mazima era ne balaamiragana okubeera abagumikiriza abo be bagenda okuwona okfaafaagana.

Ekibuuzo 7: Soma suurat Al-humaza era oginnyonnyole.

Okwanukula: Suurat Al-humaza n'okunnyonnyola kwayo:

بِسْمِ ٱللَّهِ ٱلرَّحْمَـٰنِ ٱلرَّحِيمِ ﴿وَيْلٌ لِكُلِّ هُمَزَةٍ لُمَزَةٍ ۝١ الَّذِى جَمَعَ مَالًا وَعَدَّدَهُ ۝٢ يَحْسَبُ أَنَّ مَالَهُ أَخْلَدَهُ ۝٣ كَلَّا لَيُنۢبَذَنَّ فِى الْحُطَمَةِ ۝٤ وَمَا أَدْرَاكَ مَا الْحُطَمَةُ ۝٥ نَارُ اللَّهِ الْمُوقَدَةُ ۝٦ الَّتِى تَطَّلِعُ عَلَى الْأَفْـِٔدَةِ ۝٧ إِنَّهَا عَلَيْهِمْ مُؤْصَدَةٌ ۝٨ فِى عَمَدٍ

﴿مُمَدَّدَةٍ ۝٩﴾

Bismillahi rrahmani rrahiim.
(wailu llikulli humazati llumazah *
Alladhii jama-a maalan wa addadah *
Yahsabu anna maalahuu akhladah *
kallaa layumbadhanna fil-hutwamah *
wa maa aderaaka mal-hutwamah *
Naaru 'llaahil-muuqadah *
Allatii tatwali-u alal-af-idah *
innahaa alaihim mu-uswadah *
{Fii amadi mmumaddadah)
[Suurat Alhumazah: 1-9].
Okunnyonnyola:

﴿وَيْلٌ لِكُلِّ هُمَزَةٍ لُمَزَةٍ ۝١﴾

1. (wailu llikulli humazati llumazah):

Akabenje n'ebibonerezo ebiyitirivu by'oyo omuyitirivu w'okugeya abantu n'okubakkakanya.

﴿الَّذِى جَمَعَ مَالًا وَعَدَّدَهُ ۝٢﴾

2. (Alladhii jama-a maalan wa addadah):

Oyo nga ebirowoozo bye kukunngaanya maali n'okujibala, talina ky'alowooza kirala okujjako ekyo.

﴿يَحْسَبُ أَنَّ مَالَهُ أَخْلَدَهُ ۝٣﴾

3.(Yahsabu anna maalahuu akhladah *):

Alowooza nti emmaaliye gyeyakunngaanya ejja ku muwonya okufa, asigalewo lubeerera mu bulamu obw'ensi.

﴿كَلَّا لَيُنۢبَذَنَّ فِي الْحُطَمَةِ ۝٤﴾

4.(Kallaa layumbadhanna fil-hutwamah):

Nedda tekiri nga bw'akiraba oyo atategeera, mazima waakukanyugibwa mu muliro Jahannama ogwo ogukoona era negumulungula kyonna ekigusuulibwamu olw'obuyitirivu bw'akabenje kaagwo.

﴿وَمَا أَدْرَاكَ مَا الْحُطَمَةُ ۝٥﴾

5. (Wa maa aderaaka mal-hutwamah):

Kiki ekiyinza -owange Omubaka- okukumanyisa omuliro ogukoona ne gumulungula kyonna kyonna ekigusuulibwamu?!

﴿نَارُ اللَّهِ الْمُوقَدَةُ ۝٦﴾

6. (Naaru 'llahil-muuqadah):

Mazima ddala gwo muliro gwa Allah ogwakumibwa.

﴿الَّتِي تَطَّلِعُ عَلَى الْأَفْـِٔدَةِ ۝٧﴾

7. (Allatii tatwali-u alal-af-idah):

Ogwo oguyita mu mibiri gy'abantu negutuuka ku mitima gyabwe.

﴿إِنَّهَا عَلَيْهِمْ مُؤْصَدَةٌ ۝٨﴾

8.(Innahaa alaihim mu-uswadah):

Mazima ggwo gw'asaanikibwa ku bagubonerezebwamu.

﴿فِي عَمَدٍ مُمَدَّدَةٍ ۝٩﴾

9. (Fii amadi mmumaddadah):

Guli mu midumu emiwanvu sibagufuluma mu.

Ekibuuzo 8: Soma suurat Al-fiil era oginnyonnyole.

Okwanukula: Suurat Al-fiil n'okuginnyonnyola :

بِسْمِ ٱللَّهِ ٱلرَّحْمَٰنِ ٱلرَّحِيمِ ﴿أَلَمْ تَرَ كَيْفَ فَعَلَ رَبُّكَ بِأَصْحَابِ الْفِيلِ ۝١ أَلَمْ يَجْعَلْ كَيْدَهُمْ فِي تَضْلِيلٍ ۝٢ وَأَرْسَلَ عَلَيْهِمْ طَيْرًا أَبَابِيلَ ۝٣ تَرْمِيهِمْ بِحِجَارَةٍ مِنْ سِجِّيلٍ ۝٤ فَجَعَلَهُمْ كَعَصْفٍ مَأْكُولٍ ۝٥﴾

Bismillahi rrahmanii rrahiim.
(Alam tara kaifa fa-ala Rabbuka bi aswhaabil-fiil *
alam yaj-al kaidahum fii tadhliil *
Wa arsala alaihim twairan abaabiil *
Tarmiihim bihijaarati mmin sijjiil *
faja-alahum ka- aswfin ma-akuul).

[Suurat Al-fiil :1-5].

Okunnyonnyola:

﴿أَلَمْ تَرَ كَيْفَ فَعَلَ رَبُّكَ بِأَصْحَابِ الْفِيلِ ۝١﴾

1 (Alam tara kaifa fa-ala Rabbuka bi aswhaabil-fiil):

Owange Omubaka- tewategeerako engeri omulezi wo gyeyakola Abraha ne banne bannannyini njovu ekiseera webaayagalira okumenya Kaaba?!

﴿أَلَمْ يَجْعَلْ كَيْدَهُمْ فِي تَضْلِيلٍ ۝٢﴾

2.(Alam yaj-al kaidahum fii tadhliil):

Mazima Allah yafuula entekateeka zaabwe embi ez'okujimenya nezoonooneka obusa, tebaafuna kyebaayagala oky'okuwugula abantu ku Kaaba, tebalina kyebaafuna mukyo n'akatono.

﴿وَأَرْسَلَ عَلَيْهِمْ طَيْرًا أَبَابِيلَ ۝٣﴾

3. (Wa arsala alaihim twairan abaabiil):

N'abasindikira obunyonyi obwajjira mubibinja.

﴿تَرْمِيهِمْ بِحِجَارَةٍ مِنْ سِجِّيلٍ ۝٤﴾

4. (Tarmiihim bihijaaratin min sijjiil):

Nga bubakanyugira amayinja ag'ebbuumba.

﴿فَجَعَلَهُمْ كَعَصْفٍ مَأْكُولٍ ۝٥﴾

5. (Faja-alahum ka aswfi mma-akuul):

N'abafuula ng'ebikoola by'ebimera ebiriiriddwa ebisolo ne bibirinnyirira.

Ekibuuzo 9: Soma Suurat Quraish era oginyonnyole.

Okwanukula: Suurat Quraish n'okunnyonnyola kwayo:

بِسْمِ ٱللَّهِ ٱلرَّحْمَـٰنِ ٱلرَّحِيمِ ﴿لِإِيلَٰفِ قُرَيْشٍ ۝١ إِيلَٰفِهِمْ رِحْلَةَ الشِّتَاءِ وَالصَّيْفِ۝٢ فَلْيَعْبُدُوا رَبَّ هَذَا الْبَيْتِ ۝٣ الَّذِى أَطْعَمَهُمْ مِنْ جُوعٍ وَآمَنَهُمْ مِنْ خَوْفٍ۝٤﴾

Bismillahi rrahman rrahiim.

(Li-iilaafi Quraish *

iilafihim rihlata shitaa-i wasswayiif*

Fal-ya-abuduu Rabba hadhal-bait*

{Alladhii atw-amahum min juu-in wa-aamanahum min khauf}. [Quraish: 1-4].

Okunyonnyola:

﴿لِإِيلَٰفِ قُرَيْشٍ ۝١﴾

1. (Li-iilaafi Quraishi):

Kitegeeza baakolanga mu kutambula mu biseera by'obutiti n'eby'ekyeeya.

﴿إِيلَٰفِهِمْ رِحْلَةَ الشِّتَاءِ وَالصَّيْفِ ۝٢﴾

2. (iilafihim rihlata shitaa-i wasw-swaif):

Okusitula okutambula mubutiti okugenda e Yemeni n'okusitula okutambula mu kyeya okugenda e Shaami nga bali mirembe (batebenkevu).

﴿فَلْيَعْبُدُوا رَبَّ هَذَا الْبَيْتِ ۝٣﴾

3. (Fal-ya-abuduu rabba hadhal-bait):

N'olw'ekyo basinze nannyini nnyumba eno ey'emizizo yekka, oyo ayabanguyiriza olugendo olwo, baleme kumugattako kintu kyonna.

﴿الَّذِى أَطْعَمَهُمْ مِنْ جُوعٍ وَآمَنَهُمْ مِنْ خَوْفٍ ۝٤﴾

4.(Alladhii atw-amahum min juu-in wa aamanahum min khaufi).

Oyo abaliisa mu njala, n'abawonya okutya, olw'ekyo kyeyateeka mu mitima gy'abawarabu eky'okugulumiza Kaaba n'okuwa ekitiibwa abatuuze baayo.

Ekibuuzo 10: Soma suurat Al-maa-uun era oginnyonnyole.

Okwanukula: Suurat al-maa-uun n'okuginnyonnyola :

بِسْمِ ٱللَّهِ ٱلرَّحْمَـٰنِ ٱلرَّحِيمِ ﴿أَرَأَيْتَ الَّذِى يُكَذِّبُ بِالدِّينِ ۝١ فَذَلِكَ الَّذِى يَدُعُّ الْيَتِيمَ ۝٢ وَلَا يَحُضُّ عَلَى طَعَامِ الْمِسْكِينِ ۝٣ فَوَيْلٌ لِلْمُصَلِّينَ ۝٤ الَّذِينَ هُمْ عَنْ صَلَاتِهِمْ سَاهُونَ ۝٥ الَّذِينَ هُمْ يُرَاءُونَ ۝٦ وَيَمْنَعُونَ الْمَاعُونَ ۝٧﴾

Bismillahi rrahmani rrahiim.
(Ara-aita lladhii yukadhibu biddiini*
Fadhaalik'alladhii yadu-ul-yatiima *
wala yahudhu alaa twa-aamil-miskiiini *
Fawailu llilmuswalliina *
Allahdhiina hum an swalaatihim saahuuna *
Alladhiina hum yuraa-uuna *
Wa yamna-uunal-maa-uuna).

[Suurat Almaa-uuna :1-7].

Okunnyonnyola:

﴿أَرَأَيْتَ الَّذِى يُكَذِّبُ بِالدِّينِ ۝١﴾

1. (Ara-aita Alladhii yukadhibu biddiini):

Abaffe omanyi oyo alimbisa okusasula empeera ku lunaku lw'e Nkomerero?!

﴿فَذَلِكَ الَّذِى يَدُعُّ الْيَتِيمَ ۝٢﴾

2. (Fadhaalika lladhi yadu-ul-yatiima):

Ye y'oyo asindiikiriza ba mulekwa n'obukambe ku byeyeetaaga.

﴿وَلَا يَحُضُّ عَلَىٰ طَعَامِ الْمِسْكِينِ ۝٣﴾

3. (wala yahudhu alaa twa-aamil-miskiini):

N'ateekubiriza ate n'atakubiriza balala kuliisa banaku (ba kateyamba).

﴿فَوَيْلٌ لِلْمُصَلِّينَ ۝٤﴾

4. (Fawailu llil-muswalliina):

Okuzikirira n'ebibonerezo bya basaaze.

﴿الَّذِينَ هُمْ عَنْ صَلَاتِهِمْ سَاهُونَ ۝٥﴾

5. (Allahdhiina hum an swalaatihim saahuuna)

Abo abatafaayo ku sswala zaabwe, nga tebazifaako okutuusa ekiseera kyazo lwe kiggwako.

﴿الَّذِينَ هُمْ يُرَاءُونَ ۝٦﴾

6. (Alladhiina hum yuraa-uuna):

Abo abagenderera kabandabe mu swala zaabwe n'emirimu gyabwe, nga emirimu gyabwe tebagikola ku lwa Allah.

﴿وَيَمْنَعُونَ الْمَاعُونَ ۝٧﴾

7. (Wa yamna-uunal-maa-uuna):

Ne bagaana okuyamba abalala n'ekintu ekitabakosa kuyamba nakyo.

Ekibuuzo 11: Soma suurat Al-kauthar era oginnyonnyole.

Okwanukula: Suurat Al-kathar n'okuginyonnyola:

بِسْمِ ٱللَّهِ ٱلرَّحْمَـٰنِ ٱلرَّحِيمِ ﴿إِنَّا أَعْطَيْنَاكَ الْكَوْثَرَ ۝١ فَصَلِّ لِرَبِّكَ وَانْحَرْ ۝٢ إِنَّ شَانِئَكَ هُوَ الْأَبْتَرُ ۝٣﴾

Bismillahi rrahmani rrahiim.
(Innaa a-atwainaakal-kauthar *
Faswalli lirabbika wan-har *
inna shaani-aka huwal-abatar).
[Surat al-kauthar: 1-3].
Okunnyonnyola:

﴿إِنَّا أَعْطَيْنَاكَ الْكَوْثَرَ ۝١﴾

1. (Innaa a-atwainaakal-kauthara):

Mazima -owange omubaka- twakuwa ebirungi bingi, mubyo mulimu omugga Kauthara oguli mu Jjana.

﴿فَصَلِّ لِرَبِّكَ وَانْحَرْ ۝٢﴾

2. (Faswalli lirabbika wan-har):

Tuukiriza okwebaza Allah ku kyengera ekyo, nga osaala kululwe yekka ate osale (ebisolo kululwe) okwawukana n'ekyo abagatta ku Allah kyebakola eky'okusembera eri amasanamu gaabwe nga bayita mu kusala.

﴿إِنَّ شَانِئَكَ هُوَ الْأَبْتَرُ ۝٣﴾

3. (Inna shaani-aka huwal-abetar):

Oyo akukyawa y’oyo asaliddwako ebirungi byonna, oyo eyeerabirwa nga bw’ayogerwako,

ayogerwako bubi.

Ekibuuzo 12: Soma suurat al-kaafiruuna era oginnyonnyole.

Okwanukula: Suurat Al-kaafiruuna n'okuginnyonnyola :

بِسۡمِ ٱللَّهِ ٱلرَّحۡمَٰنِ ٱلرَّحِيمِ ﴿قُلۡ يَا أَيُّهَا الۡكَافِرُونَ ۝١ لَا أَعۡبُدُ مَا تَعۡبُدُونَ ۝٢ وَلَا أَنۡتُمۡ عَابِدُونَ مَا أَعۡبُدُ ۝٣ وَلَا أَنَا عَابِدٌ مَا عَبَدۡتُمۡ ۝٤ وَلَا أَنۡتُمۡ عَابِدُونَ مَا أَعۡبُدُ ۝٥ لَكُمۡ دِينُكُمۡ وَلِيَ دِينِ ۝٦﴾

Bismillahi rrahmani rrahiim.
(Qul yaa ayyuhal-kaafiruuna*
Laa a-abudu maa ta-abuduuna *
Walaa antum aabiduuna maa a-abud *
Walaa ana aabidu mmaa abdttum *
Walaa antum aabiduuna maa a-abud *
Lakum diinukum wa liya diini).

[Suurat alkaafiruuna: 1-6].

Okunnyonnyola:

﴿قُلۡ يَا أَيُّهَا الۡكَافِرُونَ ۝١﴾

1. (Qul yaa ayyuhal-kaafiruuna):

Owange ggwe Omubaka- gamba: abange mwe abatakkiriza Allah.

﴿لَا أَعۡبُدُ مَا تَعۡبُدُونَ ۝٢﴾

2. (Laa a-abudu maa ta-abuduuna):

Sijja kusinza ate sirisinza masannamu mmwe gemusinza.

﴿وَلَا أَنتُمْ عَابِدُونَ مَا أَعْبُدُ ۝٣﴾

3. (Walaa antum aabiduuna maa a-abudu):

Era namwe temuli ba kusinza gwensinza, nga ye Allah yekka.

﴿وَلَآ أَنَا۠ عَابِدٞ مَّا عَبَدتُّمْ ۝٤﴾

4. (Walaa ana aabidu mmaa abdttum):

Era nange siri wa kusinza masannamu mmwe gemusinza

﴿وَلَآ أَنتُمْ عَٰبِدُونَ مَآ أَعْبُدُ ۝٥﴾

5. (Walaa antum aabiduuna maa a-abudu):

Ate nammwe temuli baakusinza nze gwensinza, nga ye Allah yekka.

﴿لَكُمْ دِينُكُمْ وَلِيَ دِينِ ۝٦﴾

6. (Lakum diinukum wa liya diini):

Mulina eddiini yammwe gyemwagunjawo nage nnina eddiini eyange eyo Allah gyeyanzisaako.

Ekibuuzo 13: Soma suurat An-nasr era oginnyonnyole.

Okwanukula: Suurat an-nasr n'okuginnyonnyola.

بِسْمِ ٱللَّهِ ٱلرَّحْمَٰنِ ٱلرَّحِيمِ ﴿إِذَا جَاءَ نَصْرُ اللَّهِ وَالْفَتْحُ ۝١ وَرَأَيْتَ النَّاسَ يَدْخُلُونَ فِي دِينِ اللَّهِ أَفْوَاجًا ۝٢ فَسَبِّحْ بِحَمْدِ رَبِّكَ وَاسْتَغْفِرْهُ إِنَّهُ كَانَ تَوَّابًا۝٣﴾

Bismillahi rrahmani rrahiim.

(Idha jaa-a nasrullaahi wal-fat-hu *

Wa ra-aita nnaasa yadekhuluuna fii diinillahi af-waajan *

Fasabbih bihamdi Rabbika wastaghfirhu innahuu kaana tawwaaban). [Suurat An-nasr: 1-3].

Okunnyonnyola:

﴿إِذَا جَاءَ نَصْرُ اللَّهِ وَالْفَتْحُ ۝١﴾

1. (Idha jaa-a nasrullaahi wal-fat-hu):

Owange gwe Omubaka- bwekulijja okutaasa kwa Allah ediiniyo, n'okugiwa ekitiibwa, n'ekibuga Makka nekiggulwawo.

﴿وَرَأَيْتَ النَّاسَ يَدْخُلُونَ فِي دِينِ اللَّهِ أَفْوَاجًا ۝٢﴾

2. (Wa ra-aita nnaasa yadekhuluuna fii diinillaahi af-waajan):

N'olaba abantu nga bayingira mu Busiraamu bibinja na bibinja.

﴿فَسَبِّحْ بِحَمْدِ رَبِّكَ وَاسْتَغْفِرْهُ إِنَّهُ كَانَ تَوَّابًا ۝٣﴾

3.(Fasabbih bihamdi Rabbika wastaghfirhu innahuu kaana tawwaaban):

Manya nti ako kabonero akalaga okusemberera kw'okumaliriza omulimu gwewatumwa n'okusembera kw'etuuko zo osisinkane omuleziwo, kale beera ng'otendereza amatendo g'omuleziwo, olw'okumwebaza ekyengera ky'okutaasibwa n'okuwangula, era omusabe okusonyiyibwa, mazima ye musonyiyi akkiriza okwenenya kw'abaddube, n'abasonyiwa.

Ekibuuzo 14: Soma suurat Al-masad era oginnyonnyole.

Okwanukula: Suurat Al-masad n'okunyonnyola:

بِسْمِ ٱللَّهِ ٱلرَّحْمَٰنِ ٱلرَّحِيمِ ﴿تَبَّتْ يَدَا أَبِي لَهَبٍ وَتَبَّ ۝١ مَا أَغْنَىٰ عَنْهُ مَالُهُ وَمَا كَسَبَ ۝٢ سَيَصْلَىٰ نَارًا ذَاتَ لَهَبٍ ۝٣ وَامْرَأَتُهُ حَمَّالَةَ الْحَطَبِ ۝٤ فِي جِيدِهَا حَبْلٌ مِنْ مَسَدٍ ۝٥﴾

Bismillahi rrahmaani rrahiim.
(Tabbat yadaa abi lahabin wa tabba *
Maa aghnaa an-hu maaluhu wa maa kasaba *
Sayaswlaa naaran dhaata lahabin *
Wa-mra-atuhuu hammalatal-hatwabi *

Fii jiidihaa habelu mmin masadin 5).

[Al-masad: 1-5].

Okunnyonnyola:

﴿تَبَّتْ يَدَا أَبِي لَهَبٍ وَتَبَّ ۝١﴾

1. (Tabbat yadaa abii lahabin wa tabba):

Emikono gya taata wa nabbi -Allah Amusseeko okusaasira n'emirembe- omuto Abu Lahabi mutabani wa Abdul Muttwalibi gizikiridde, olw'okufaafaagana kw'emirimu gye, kubanga yalinga akosa Nabbi-Allah amusseeko okusaasira n'emirembe, ate okutaawanakwe kumusaze.

﴿مَا أَغْنَى عَنْهُ مَالُهُ وَمَا كَسَبَ ۝٢﴾

2.(Maa aghnaa an-hu maaluhu wa maa kasaba):

Eby'obugagga bye n'abaana bye byamugasizza ki? Tebyamuziyiza kubonyaabonyezebwa, era tebyamuleetera kusaasira.

﴿سَيَصْلَى نَارًا ذَاتَ لَهَبٍ ۝٣﴾

3. (Sayaswlaa naaran dhaata lahabin):

Ku lunaku lw'enkomerero, aliyingira mu muliro ogwaka, ng'abonyabonyezebwa ebbugumu lyagwo.

﴿وَامْرَأَتُهُ حَمَّالَةَ الْحَطَبِ ۝٤﴾

4. (Wa-mra-atuhuu hammalatal-hatwabi):

Ne mukyala we, Umm Jamiil, eyali akola obulabe ku Nabbi- okusasira n'emirembe bibere ku yye-, ng'asuula amaggwa mu kkubo, ajja kuguyingira(omuliro)

﴿فِي جِيدِهَا حَبْلٌ مِنْ مَسَدٍ ۝٥﴾

5. (Fii jiidihaa habelu mmin masadin):

Munsingo ye mujja tteekebwamu omuguwa omugumu gw'alitwalibwa nagwo mu muliro.

Ekibuuzo 15: Soma suurat Al-ikhlasw era oginnyonnyole.

Okwanukula: Suurat Al-ikhlaasw n'okuginnyonnyola :

بِسْمِ ٱللَّهِ ٱلرَّحْمَٰنِ ٱلرَّحِيمِ ﴿قُلْ هُوَ اللَّهُ أَحَدٌ ۝١ اللَّهُ الصَّمَدُ ۝٢ لَمْ يَلِدْ وَلَمْ يُولَدْ ۝٣ وَلَمْ يَكُنْ لَهُ كُفُوًا أَحَدٌ ۝٤﴾

Bismillahi rrahmani rrahiim.
(Qul huw'Allahu ahad *
Allahu swamad *
Lam yalide wa lam yuulade *
wa lam yakun lahuu kufuwan ahade)

[Suurat Al-ikhlaasw: 1-4].

Okunnyonnyola:

﴿قُلْ هُوَ اللَّهُ أَحَدٌ ۝١﴾

1. (Qul huw'Allahu ahad):

Gamba-owange ggwe Omubaka- nti: Ye Allah, tewali kisinzibwa mu butuufu okujjako Yye.

﴿اللَّهُ الصَّمَدُ ۝٢﴾

2- (Allahu swamadu):

amakulu: ebyeetago by'ebitonde byonna biri eri yye.

﴿لَمْ يَلِدْ وَلَمْ يُولَدْ ۝٣﴾

3. (Lam yalide wa lam yuulade):

Allah talina mwana era talina muzadde.

﴿وَلَمْ يَكُنْ لَهُ كُفُوًا أَحَدٌ ۝٤﴾

4- (wa lam yakun lahuu lufuwan ahad):

Era teriiyo kimwefananyiriza mu bitonde bye.

Ekibuuzo 16: Soma suurat Al-falaq era oginnyonnyole.

Okwanukula: Suurat Al-falaq n'okuginnyonnyola :

بِسْمِ ٱللَّهِ ٱلرَّحْمَـٰنِ ٱلرَّحِيمِ ﴿قُلْ أَعُوذُ بِرَبِّ الْفَلَقِ ۝١ مِنْ شَرِّ مَا خَلَقَ ۝٢ وَمِنْ شَرِّ غَاسِقٍ إِذَا وَقَبَ ۝٣ وَمِنْ شَرِّ النَّفَّاثَاتِ فِي الْعُقَدِ ۝٤ وَمِنْ شَرِّ حَاسِدٍ إِذَا حَسَدَ ۝٥﴾

Bismillahi rrahmani rrahiim.

(Qul a-uudhu birabbil-falaq *

Min sharri maa khalaqa *

wa min sharri ghaasiqin idhaa waqaba *
wa min sharri nnaffaathaat fil-uqadi *
Wa min sharri haasidin idhaa hasada).

[Suurat al-falaq: 1-5].

Okunnyonnyola:

﴿قُلْ أَعُوذُ بِرَبِّ الْفَلَقِ ۝١﴾

1. (Qul a-uudhu birabbil-falaq):

Owange ggwe Omubaka- gamba: noonya obuddukiro eri omulezi wa makya, era neewogoma gy'ali (muwanjagira).

﴿مِنْ شَرِّ مَا خَلَقَ ۝٢﴾

2. (Min sharri maa khalaqa):

okuva mu bubi bw'ebitonde ebikosa.

﴿وَمِنْ شَرِّ غَاسِقٍ إِذَا وَقَبَ ۝٣﴾

3- (wa min sharri ghaasiqin idhaa waqaba):

Era neekingiriza ne Allah obubi obweyoleka ekiro nga ebiwuka n'ababbi

﴿وَمِنْ شَرِّ النَّفَّاثَاتِ فِي الْعُقَدِ ۝٤﴾

4- (wa min sharri nnaffaathaat fil-uqadi):

Ate era nennekingiriza naye obubi bw'abakazi abalogo abo abafujjirira ku bifundikwa obulusu lusu.

﴿وَمِنْ شَرِّ حَاسِدٍ إِذَا حَسَدَ ۝٥﴾

5- (Wa min sharri haasidin idhaa hasada):

Era nennekingiriza naye ku bubi bw'omuntu ow'ensaalwa akyawa abantu ng'abakwatirwa ensaalwa olw'ebyengera Allah by'abawadde, ng'ayagala bibaveeko n'okubatuusaako obulabe.

Ekibuuzo 17: Soma suurat An-naas era oginnyonnyole.

Okwanukula: Suurat an-naas n'okuginnyonnyola :

بِسْمِ ٱللَّهِ ٱلرَّحْمَٰنِ ٱلرَّحِيمِ ﴿قُلْ أَعُوذُ بِرَبِّ النَّاسِ ۝١ مَلِكِ النَّاسِ ۝٢ إِلَٰهِ النَّاسِ ۝٣ مِنْ شَرِّ الْوَسْوَاسِ الْخَنَّاسِ ۝٤ الَّذِي يُوَسْوِسُ فِي صُدُورِ النَّاسِ ۝٥ مِنَ الْجِنَّةِ وَالنَّاسِ ۝٦﴾

Bismillahi rrahmani rrahiim.
(Qul a-uudhu birabbi nnaas *
Maliki nnaasi *
Illaahi nnaasi *
min sharril-was-waasil-khannaasi *
Alladhii yuwas-wisu fii swuduuri nnaasi *
Minal-jinnati wannaasi). [Suurat An-naas: 1-6].

Okunnyonnyola:

﴿قُلْ أَعُوذُ بِرَبِّ النَّاسِ ۝١﴾

1. (Qul a-uudhu birabbi nnaas):

Owange gwe Omubaka- gamba: neekingiriza n'omulezi wa'abantu, ate neewogoma gy'ali.

﴿مَلِكِ النَّاسِ ۝٢﴾

2- (Maliki nnaasi):

Akola mu bbo nga bwaba ayagadde, teri abalinako bufuzi okujjako yye.

﴿إِلَٰهِ النَّاسِ ۝٣﴾

3-(Illahi nnaasi):

Omusinzibwa waabwe ow'amazima, tebalina asinzibwa mubutuufu atali yye.

﴿مِنْ شَرِّ الْوَسْوَاسِ الْخَنَّاسِ ۝٤﴾

4- (min sharril-was-waasi alkhannaasi):

ku bubi bwa sitaani alabankanya abantu.

﴿الَّذِى يُوَسْوِسُ فِى صُدُورِ النَّاسِ ۝٥﴾

5. (Alladhii yuwas-wisu fii swuduuri nnaasi):

Eteeka okulabankanya kwayo mu mitima gy'abantu.

﴿مِنَ الْجِنَّةِ وَالنَّاسِ ۝٦﴾

6- (Minl-jinnati wannaasi):

Amakulu: Alabankanya ayinza okuba omuntu oba ejinni.

Ekitundu kya Hadiithi.

Okumanya kwa hadiithi:

Hadiithi: Ekiteekebwa ku Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye mu bigamba oba ebikolwa oba ebyakolebwa nga Nabbi wali n'atabigaana oba ekitendo eky'obutonde oba empisa.

Hadiithi Esooka:

Ekibuuzo 1: Malayo hadiithi:« Innamal-a-amaalu binniyyaati....» era oyogereyo ebimu ku byetuyiga mu yyo.

Okwanukula: Hadiithi nga eva ku mukulembeze w'abakkiriza Taata wa hafswa, Umaru mutabani wa khatwab Allah amusiime yagamba: Nawulira omubaka wa Allah okusasira n'emirembe bibeere ku yye ng'aagamba:

«إِنَّمَا الْأَعْمَالُ بِالنِّيَّاتِ، وَإِنَّمَا لِكُلِّ امْرِئٍ مَا نَوَى، فَمَنْ كَانَتْ هِجْرَتُهُ إِلَى اللهِ وَرَسُولِهِ؛ فَهِجْرَتُهُ إِلَى اللهِ وَرَسُولِهِ، وَمَنْ كَانَتْ هِجْرَتُهُ لِدُنْيَا يُصِيبُهَا، أَوِ امْرَأَةٍ يَنْكِحُهَا؛ فَهِجْرَتُهُ إِلَى مَا هَاجَرَ إِلَيْهِ».

"Mazima emirimu gibalibwa na kumalirira, era buli muntu afuna ekyo kyamaliridde okukola, Yenna asenguka nga asenguse kudda eri Allah n'omubaka we, aba asenguse kudda eri Allah na mubaka we, era empeera ezo azifuna, ate asenguka nga asenguse kulwa

bigendererwa bya nsi era afuna ekyo kyeyasengukira, bw'aba yasenguka kulwa mukyala amuwasa, okusenguka kwe akufunamu ekyo kyeyakugendereramu."Yayogerwa Bukhari ne Muslim.

Eby'okuyiga mu hadiithi:

1- Buli mulimu gwonna guteekeddwa okubaako okumalirira. oba kusaala oba kusiiba oba kulamaga e Makka, n'emirimu egisigadde.

2- Okumalirira kutekeddwa kukolebwa ku lwa Allah.

Hadiithi eyookubiri:

Ekibuuzo2:- Malayo hadith «Man ahdatha fii amrinaa haadhaa....» era oyogeru ebimu ku byetuyiga mu yyo.

Okwanukula: Hadiith nga eva ku Mama w'abakkiriza Aisha Allah amusiime yagamba: Yagamba omubaka wa Allah okusasira n'emirembe bibeere ku yye:

«مَنْ أَحْدَثَ فِي أَمْرِنَا هَذَا مَا لَيْسَ مِنْهُ، فَهُوَ رَدٌّ».

"Yenna azuula mu ddiini yaffe eno ekitali kya mu yyo, kiba kyakumuddizibwa." yayogerwa Bukhaari ne Muslim.

Byetuyiga mu hadiithi:

1- Okuziyiza okuzuula mu ddiini.

2- Emirimu gyonna emizuule giddizibwa nnyini gyo era tegikkirizibwa.

Hadiithi eyookusatu:

Ekibuuzo 3: Malayo hadith (Bainama nahnu juluusun inda rasuuli'llah..) era oyogereryo n'ebimu ku byetuyiga mu yyo.

Okwnukula: Hadiithi nga eva ku Umaru bin khatwabi Allah amusiime yagamba:

«بَيْنَمَا نَحْنُ جُلُوسٌ عِندَ رَسُولِ اللهِ ﷺ ذَاتَ يَوْمٍ، إِذْ طَلَعَ عَلَيْنَا رَجُلٌ شَدِيدُ بَيَاضِ الثِّيَابِ، شَدِيدُ سَوَادِ الشَّعْرِ، لَا يُرَى عَلَيْهِ أَثَرُ السَّفَرِ، وَلَا يَعْرِفُهُ مِنَّا أَحَدٌ، حَتَّى جَلَسَ إِلَى النَّبِيِّ ﷺ ، فَأَسْنَدَ رُكْبَتَيْهِ إِلَى رُكْبَتَيْهِ، وَوَضَعَ كَفَّيْهِ عَلَى فَخِذَيْهِ، وَقَالَ: «يَا مُحَمَّدُ أَخْبِرْنِي عَنِ الْإِسْلَامِ»، فَقَالَ لَهُ: «الْإِسْلَامُ: أَنْ تَشْهَدَ أَنْ لَا إِلَهَ إِلَّا اللهُ، وَأَنَّ مُحَمَّدًا رَسُولُ اللهِ، وَتُقِيمَ الصَّلَاةَ، وَتُؤْتِيَ الزَّكَاةَ، وَتَصُومَ رَمَضَانَ، وَتَحُجَّ الْبَيْتَ إِنِ اسْتَطَعْتَ إِلَيْهِ سَبِيلًا»، قَالَ: «صَدَقْتَ»، فَعَجِبْنَا لَهُ يَسْأَلُهُ وَيُصَدِّقُهُ، قَالَ: «فَأَخْبِرْنِي عَنِ الْإِيمَانِ»، قَالَ: «أَنْ تُؤْمِنَ بِاللهِ، وَمَلَائِكَتِهِ، وَكُتُبِهِ، وَرُسُلِهِ، وَالْيَوْمِ الْآخِرِ، وَتُؤْمِنَ بِالْقَدَرِ، خَيْرِهِ وَشَرِّهِ»، قَالَ: «صَدَقْتَ»، قَالَ: «فَأَخْبِرْنِي عَنِ الْإِحْسَانِ»، قَالَ: «أَنْ تَعْبُدَ اللهَ كَأَنَّكَ تَرَاهُ، فَإِنْ لَمْ تَكُنْ تَرَاهُ، فَإِنَّهُ يَرَاكَ»، قَالَ: «فَأَخْبِرْنِي عَنِ السَّاعَةِ»، قَالَ: «مَا الْمَسْؤُولُ بِأَعْلَمَ مِنَ السَّائِلِ»، قَالَ: «فَأَخْبِرْنِي عَنْ أَمَارَاتِهَا»، قَالَ: «أَنْ تَلِدَ الْأَمَةُ رَبَّتَهَا، وَأَنْ تَرَى الْحُفَاةَ الْعُرَاةَ الْعَالَةَ رِعَاءَ الشَّاءِ، يَتَطَاوَلُونَ فِي الْبُنْيَانِ» ثُمَّ انْطَلَقَ، فَلَبِثْتُ مَلِيًّا، ثُمَّ قَالَ:

«يَا عُمَرُ! أَتَدْرِي مَنِ السَّائِلُ؟»، قُلْتُ: "اللهُ وَرَسُولُهُ أَعْلَمُ"، قَالَ: «فَإِنَّهُ جِبْرِيلُ، أَتَاكُمْ يُعَلِّمُكُمْ دِينَكُمْ».

"Lumu bwetwali tutudde ew'omubaka wa Allah okusaasira n'emirembe bibeere ku yye, yeeyoreka gyetuli omusajja, nga engoye ze njeru nnyo, nga enviri ze nzirugavu nnyo, nga taliiko kabonero ka lugendo konna, era nga muffe tewali amumanyi, okutuusa lweyatula awali Nabbi, n'akonaganya amaviivi ge na maviivi ga Nabbi, era ebibatu bye n'abissa ku bisambi bya Nabbi oluvannyuma n'agamba:« Owange gwe Muhammad, mbuulira ku busiraamu» Nabbi n'amugamba nti: «obusiraamu: kwe kukakasa nti teri asinzibwa mu butuufu bw'okusinzibwa okujjako Allah era ne Muhammad mubaka wa Allah, n'oyimirizaawo esswala, n'otoola ne zaka mu mmali yo, n'osiiba n'omwezi gwa ramadhan, n'okola ne hijja bw'oba nga osobodde» n'amugamba nti:«oyogedde mazima» netumwewunya amubuuza ate namala namukakasa, n'agamba:«mbuulira ku bukkiriza» Nabbi n'amugamba nti:« kwekukkiriza Allah, ne bamalayika be, n'ebitabo bye, n'ababaka be, n'olunaku lw'enkomerero, n'okkiriza okugera kwe, okulungi n'okubi» Namugamba nti:«oyogedde mazima», N'amugamba nti:«mbuulira ku kulongoosa» Nabbi N'amugamba nti:«kwekusinza Allah nga olinga amulaba newankubadde nga tomulaba mazima yye akulaba», Namugamba nti:«mbuulira ku bikwata ku

nkomerero», Nabbi n'amuddamu nti:«gwebabuuzizza si y'asinga abuuzizza okumanya ebikwatagana ku yyo», N'amugambi nti:«Mbuulira ku bubonero bwayo», Nabbi n'amugamba nti:«Omuzaana okuzaala mukama we , n'okulaba abantu abatalina ngatto, abatambula obukunya, abalunzi b'embuzi, abaavu lunkupe nga bavuganya mu kusitula ebizimbe», oluvannyuma omusajja n'agenda, newayitawo akaseera katono, oluvannyuma nabbi nagamba:«owange gwe Umaru! omanyi ani abadde abuuza?», nengamba nti: Allah n'omubaka we bebasinga okumanya, Nabbi n'agamba nti«Oyo Jibriilu azze okubayigiriza eddiini yammwe." Yayogerwa Muslimu.

Byetuyiga mu Hadiithi:

1- Hadiithi yayogera empagi z'obusiraamu ettano, era nga ze zino:

-Okukakasa nti teri asinzibwa mu butuufu bw'okusinzibwa okuggyako Allah era ne Muhammad mubaka wa Allah.

-Okuyimirizaawo esswala.

-Okutoola zaka mu mmaali.

-Okusiiba omwezi gwa Ramadhan.

-Okulamaga ku nju ya Allah eyemizizo.

2- Hadiithi yayogera empagi z'obukkiriza, era nga ziri mukaaga:

-Okukkiriza Allah.

-Ne ba malayika be.

-N'ebitabo bye

-N'ababaka be.

-N'olunaku lw'enkomerero.

-N'okugera okulungi n'okubi.

3- Hadiithi yayogera empagi y'okulongoosa, era eri empagi emu, kwekusinza Allah nga olinga amulaba, newankubadde tomulaba naye yye akulaba.

4- Obudde bw'enkomerero teri abumanyi okuggyako Allah.

Hadiithi eyookuna:

Ekibuuzo 4: Malayo hadiithi «Akmalu almu-uminiina iimaanan...», era oyogereyo n'ebimu ku byetuyiga mu yyo.

Okwanukula: Hadiithi nga eva ku abu Huraira Allah amusiime yagamba: yagamba Omubaka wa Allah okusasira n'emirembe bibeere ku yye:

«أَكْمَلُ المُؤْمِنِينَ إِيمَانًا: أَحْسَنُهُمْ خُلُقًا».

"Omukkiriza asinga abakkiriza obujjuvu bw'obukkiriza: y'oyo abasinga empisa." Yayogerwa Tirmidhi era n'agamba nti "Hadiithi nnungi ntuufu".

Byetuyiga mu Hadiithi:

1- Okukubiriza empisa ennungi.

2- Obujjuvu bw'empisa buli mu bujjuvu bw'obukkiriza.

3- Era mazima Obukkiriza bulinnya nebukka.

Hadiithi ey'okutaano:

Ekibuuzo 5: Malayo hadiithi:«Man halafa bi ghairi Allahi...» era oyogere n'ebimu ku byetuyiga mu yyo.

Okwanukula: Hadiithi nga eva ku Mutabani wa Umaru (Allah abasiime bombi), nti Nabbi(okusasira n'emirembe bibeere ku yye) yagamba:

«مَنْ حَلَفَ بِغَيْرِ اللهِ؛ فَقَدْ كَفَرَ أَوْ أَشْرَكَ».

"Yenna alayira ekitali Allah abeera akafuwadde oba aba agasse ku Allah ekintu ekirara." Yayogerwa Tirmidhi.

Byetuyiga mu Hadiithi:

1- Tekikkirizibwa kulayira okujjako nga olayira Allah yekka.

2-Okulayira ekitali Allah kigwa mu kugatta ku Allah okutono.

Hadiithi eyoomukaaga.

Ekibuuzo 6: Malayo hadiithi:«La yu-uminu ahadukum hatta akuuna ahabba ilaihi...», era

oyogereyo n'ebimu ku byetuyiga mu yyo.

Okwanukula: Hadiithi nga eva ku Anas (Allah amusiime) yagamba: yagamba omubaka Wa Allah(okusasira n'emirembe bibeere ku yye):

«لَا يُؤْمِنُ أَحَدُكُمْ حَتَّى أَكُونَ أَحَبَّ إِلَيْهِ مِنْ وَالِدِهِ، وَوَلَدِهِ، وَالنَّاسِ أَجْمَعِينَ».

"Tayinza kukkiriza omu mu mmwe okutuusa nga nze gw'asinga okwagala okusinga muzadde we, n'abaana be, n'abantu bonna." Yoyogerwa Bukhaari ne Muslim.

Mw'ebyo byetuyiga mu Hadiithi:

1- kyatteeka okwagala Nabbi(okusasira n'emirembe bibeere ku yye) okusinga abantu bonna.

2- Okwagala Nabbi okusinga abantu bonna kiri mu bujjuvu bw'obukkiriza.

Hadith eyoomusanvu:

Ekibuuzo 7: Malayo hadiithi:«La yu-uminu ahadukum hattaa Yuhibba li akhiihi...»era oyogereyo n'ebimu ku byetuyiga mu yyo.

Okwanukula: Hadiithi nga eva ku anas (Allah amusiime), yagamba omubaka wa Allah(okusasira n'emirembe bibeere ku yye):

«لَا يُؤْمِنُ أَحَدُكُمْ؛ حَتَّى يُحِبَّ لِأَخِيهِ مَا يُحِبُّ لِنَفْسِهِ».

"Tayinza kukkiriza omu mu mmwe okutuusa nga

ayagalizza muganda we ekyo kyeyeeyagaliza." yayogerwa Bukhaari ne Muslim.

Mw'ebyo byetuyiga mu Hadiithi:

1- Kikakata ku mukkiriza okwagariza abakkiriza ebirungi nga byeyeeyagaliza.

2-Ekyo kiri mu bujjuvu bwa bukkiriza.

Hadiithi ey'omunaana.

Ekibuuzo 8: Malayo hadiithi:«wa lladhii nafsii biyadihi..» era oyogereyo n'ebimu ku byetuyiga mu yyo.

Okwanukula: Hadiithi nga eva ku Abu sa-iidi (Allah amusiime), nga naye agijja ku Mubaka wa Allah(okusaasira n'emirembe bibeere ku yye) yagamba:

«الَّذِي نَفْسِي بِيَدِهِ! إِنَّهَا لَتَعَادِلُ ثُلُثَ الْقُرْآنِ».

"Ndayira oyo alina omwoyo gwange mu mikono gye, mazima yenkana kimu kyakusatu ekya quran." Yayogerwa Bukhaari.

Ebimu ku byetuyiga mu hadiithi.

1- Obulingi bwa Suurat al-ikhlaas.

2- Era suurat al-ikhlas yenkana kimu kyakusatu ekya Quran.

Hadiithi ey'omwenda:

Ekibuuzo 9: Malayo hadiithi::«La haula wala quwwata illa billa...» era oyogereyo n'ebimu ku byetuyiga mu yyo.

Okwanukula: Hadith nga eva ku Abu Muusaa amusiime, yagamba Omubaka wa Allah(okusaasira n'emirembe bibeere ku yye):

«لا حَوْلَ وَلا قُوَّةَ إِلَّا بِاللهِ كَنزٌ مِّنْ كُنُوزِ الْجَنَّةِ».

"Okugamba nti "Teri alina busobozi yadde amanyi okujjako Allah", kyabugagga mu bookbag by'ejjana." yayogerwa Bukhaari ne Muslim.

Byetuyiga mu hadith:

1- Obulungi bwekigambo ekyo, era kyabugagga mu byobugagga by'ejjana.

2- Okwesamba kw'omuddu obusobozi bwe n'amanyi ge, n'okwesigamira Allah yekka.

Hadiithi ey'ekkumi:

Ekibuuzo 10: Malayo hadiithi:«alaa inna fil-jasadi mudhghata...» era oyogere n'ebimu ku byetuyiga mu yyo.

Okwanukula: Hadiithi nga eva ku Nu-umaan bin bashiir(Allah amusiime) yagamba: Nawulira omubaka wa Allah (okusaasira n'emirembe bibeere ku yye) nga

agamba:

«أَلَا وَإِنَّ فِي الْجَسَدِ مُضْغَةً إِذَا صَلُحَتْ صَلُحَ الْجَسَدُ كُلُّهُ، وَإِذَا فَسَدَتْ فَسَدَ الْجَسَدُ كُلُّهُ، أَلَا وَهِيَ الْقَلْبُ».

"Mazima ddala mu mubiri mulimu ekinyama, bwekirongooka n'omubiri gwonna gulongooka, ate bwekyonooneka, omubiri gwonna gwonooneka, era nga nakyo(ekinyama) gwe mutima." yayogerwa Bukhaari ne Muslim.

Eby'okuyiga mu hadiithi.

1- Okulongooka kw'omutima kulimu okulongooka ku ngulu ne munda.

2- Okufaayo ennyo kukulongooka kw'omutima kubanga mwe muli okulongooka kw'omuntu.

Hadiithi ey'ekkumi n'emu:

Ekibuuzo 11: Malayo hadiithi:«Man kaana aakhiru kalamihi-mina ddun-ya Laa Ilaaha illa Allahu....» era oyogereyo n'ebimu ku byetuyiga mu yyo.

Okwanukula: Hadiithi nga eva ku mu-aadhi bin Jabali (Allah amusiime) yagamba: yagamba omubaka wa Allah (okusaasira n'emirembe bibeere ku yye)|:

«مَنْ كَانَ آخِرُ كَلَامِهِ: لَا إِلَهَ إِلَّا اللهُ؛ دَخَلَ الْجَنَّةَ»

"Yenna asembyayo ekigamba Laa Ilaaha illa Allah-

nga ava mu nsi- ayingira ejjana." Yayogerwa Abu Dauda.

Eby'okuyiga mu hadiithi.

1- Obulungi bw'ekigambo Laa Ilaaha illa Allah, era omuddu ayingira nakyo ejjana.

2- Enkizo y'omuntu asembezzaayo Laa Ilaaha laaha illa Allah.

Hadiithi ey'ekkumi n'ebbiri:

Ekibuuzo 12: Malayo hadiithi «laisal-mu-uminu bi ttwa-aani, wala al-la-aan...», oyogereyo n'ebimu ku byetuyiga mu yyo.

Okwanukula: Hadiithi nga eva ku Abdallah bin mas-uud (Allah amusiime) yagamba: Yagamba Omubaka wa Allah(okusaasira n'emirembe bibeere ku yye):

«لَيْسَ المُؤْمِنُ بِالطَّعَّانِ، وَلَا اللَّعَّانِ، وَلَا الفَاحِشِ، وَلَا البَذِيءِ».

"Omukkiriza tabeera mutyoboozi(muvumi), yadde okubeera omuyitirivu w'okukolima, yadde okubeera omuwemu, yadde okuba nga talina nsonyi." Yayogerwa Tirmidhi.

Eby'okuyiga mu Hadiithi:

1- Okuziyiza buli kigambo kyonna ekitali kituufu oba ekibi

2- Hadiithi eraga ebitendo by'omukkiriza ku lulimi

lwe.

Hadiithi ey'ekkumi n'essatu:

Ekibuuzo 13: Malayo hadith:«Min husni islami l-mar-i...» era oyogereyo n'ebimu ku byetuyiga mu yyo.

Okwanukula: Hadiithi nga eva ku abu huraira(Allah amusiime) yagamba: yagamba Omubaka wa Allah okusaasira n'emirembe bibeere ku yye:

«مِنْ حُسْنِ إِسْلَامِ الْمَرْءِ: تَرْكُهُ مَا لَا يَعْنِيهِ».

"Ebimu ku birungiya obusiramu bw'omuntu: kwe kuleka ebitamukwatako." Yayogerwa Tirmidhi n'abalala.

Mu by'okuyiga mu Hadiithi:

1- Omuntu okuleka ebitamukwatako ku nsonga ze ddiini ya munne n'eby'ensi.

2- Okuleka ebitakukwatako bimu ku bijjuza obusilamu bwomuntu.

Hadiithi ey'ekkumi n'ennya.

Ekibuzo 14: Malayo hadiithi «man qara-a har-fan min kitaabi Allahi...» era oyogereyo ne byetuyiga mu yyo.

Okwanukula: Hadiithi nga eva ku Abdallah bin mas-uud(Allah amusiime) : mazima Omubaka wa

Allah okusaasira n'emirembe bibeere ku yye yagamba:

«مَن قَرَأَ حَرْفًا مِن كِتَابِ اللهِ فَلَهُ بِهِ حَسَنَةٌ، وَالْحَسَنَةُ بِعَشْرِ أَمْثَالِهَا، لا أَقُولُ: أَلِفٌ لَامٌ مِيمٌ حَرْفٌ، وَلَكِنْ أَلِفٌ حَرْفٌ، وَلَامٌ حَرْفٌ، وَمِيمٌ حَرْفٌ».

"Yenna asoma ennukuta emu okuva mu kitabo kya Allah, afuna empeera, ate nga empeera emu erimu empeera kkumi ezigifaanana, sigamba nti: Alif laam miimu, nukuta emu, naye Alifu nukuta, ne laamu nukuta, ne miimu nukuta." Yayogerwa Tirmidhi.

Ebimu bye tuyiga mu hadiithi.

1-Obulungi bw'okusoma quran.

2- Buli nukuta gy'osoma ogifunamu empeera.

***

Ekitundu ky'empisa z'obusiraamu

Okumanya kw'empisa.

Empisa z'obusiramu: Z'enneeyisa n'ebikolwa ebirungi ebyajja mu mateeka g'obusiramu. Zikunganyizibwa enneeyisa ne Allah, n'enneeyisa n'ebitonde.

Enneeyisa ne Allah:

Ekibuuzo 1: Enneeyisa ne Allah ebeera etya?

Okwanukula. 1- Okumugulumiza Allah. Yagamba Allah omugulumivu:

﴿وَمَا قَدَرُوا اللَّهَ حَقَّ قَدْرِهِۦ وَٱلْأَرْضُ جَمِيعًا قَبْضَتُهُۥ يَوْمَ ٱلْقِيَٰمَةِ وَٱلسَّمَٰوَٰتُ مَطْوِيَّٰتُۢ بِيَمِينِهِۦۚ سُبْحَٰنَهُۥ وَتَعَٰلَىٰ عَمَّا يُشْرِكُونَ ٦٧﴾

(Abakafiiri) tebaagulumiza Allah nga bw'ateekwa okugulumizibwa, nga n'ensi yonna eriba mu kibatu Kye ku Lunaku Lw'enkomerero, nga n'eggulu lizingiddwako n'eddyo We.Yayawukana n'agulumira okwawukana kw'ebyo bye bamugattako).

[Az-zumar: 67].

2- Okumunsiza (Allah) yekka nga talina kimwegattako. Yagamba Allah:

﴿وَمَا أُمِرُوا إِلَّا لِيَعْبُدُوا اللَّهَ مُخْلِصِينَ لَهُ الدِّينَ حُنَفَاءَ...﴾

(Era tebaalagirwa kintu kirala kyonna (kukisinza)

wabula basinze Allah oyo ali Omu yekka Omutonzi nga batukuza Eddiini ku Lulwe, (Obutamugatta na kintu kirala kyonna mu kumusinza)).

[Al-bayyinah: 5].

3- Okumugondera. Yagamba Allah omugulumivu:

﴿يَٰٓأَيُّهَا ٱلَّذِينَ ءَامَنُوٓا أَطِيعُوا ٱللَّهَ...﴾

(Abange mmwe abakkiriza mugondere Allah..). [Suurat Muhammad: 33].

4- Okulekayo okumujeemera. Yagamba Allah:

﴿وَمَن يَعْصِ ٱللَّهَ وَرَسُولَهُۥ وَيَتَعَدَّ حُدُودَهُۥ يُدْخِلْهُ نَارًا خَٰلِدًا فِيهَا وَلَهُۥ عَذَابٌ مُّهِينٌ ١٤﴾

(Yenna ajeeemera Allah n'omubaka we, era n'asukka ensalo za Allah ajja kumuyingiza omuliro agubeeremu lubeerera, era alina ebobonerezo ebikkakkanya). [An-Nisaa: 14].

5- Okumwebaza n'okumutendereza Allah olw'ebilungi bye n'ebyengera bye ebitabalika. Yagamba Allah omugulumivu:

﴿...وَٱشْكُرُوا نِعْمَتَ ٱللَّهِ إِن كُنتُمْ إِيَّاهُ تَعْبُدُونَ﴾

(era mwebaze ebyengera bya Allah bwemuba nga yye gwemusinza..). [Suurat An-nahl: 114].

6- Okugumiikiriza n'okugera kwe. Yagamba Allah:

﴿...وَاصْبِرُوا إِنَّ اللَّهَ مَعَ الصَّابِرِينَ﴾

(Era mugumiikirize mazima ddala Allah ali wamu n'abaguminkiriza). [Al-anfaal: 46].

Enneeyisa n'omubaka wa Allah okusasira n'emirembe bibeere ku yye:

Ekibuuzo 2: Tweyisa tutya n'ombubaka okusaasira n'emirembe bibeere ku yye?

Okwanukula: 1- Okumugoberera n'okumwefaanaanyiriza. Yagamba Allah omugulumivu:

﴿لَّقَدْ كَانَ لَكُمْ فِي رَسُولِ اللَّهِ أُسْوَةٌ حَسَنَةٌ لِّمَن كَانَ يَرْجُوا اللَّهَ وَالْيَوْمَ الْآخِرَ وَذَكَرَ اللَّهَ كَثِيرًا ﴿٢١﴾﴾

(Mazima mwalina mmwe mu mubaka wa Allah eky'okugoberera ekirungi kw'oyo abeera nga asuubira (empeera) za Allah (n'okusisinkana) Olunaku Olw'enkomerero, n'ayitiriza okwogera ku Allah).

[Al-ahzaab: 21].

2- Okumugondera.

3- Okulekayo okumugyemera. Yagamba Allah owawaggulu:

﴿مَّن يُطِعِ الرَّسُولَ فَقَدْ أَطَاعَ اللَّهَ ۖ وَمَن تَوَلَّىٰ فَمَا أَرْسَلْنَاكَ عَلَيْهِمْ حَفِيظًا ﴿٨٠﴾﴾

(Omuntu bw'agondera Omubaka aba agondedde Allah: N'oyo akyuka, tetukutumanga ggwe kubeera mukuumi waabwe). [An-nisaa: 80].

4- Okumukakasa mw'ebyo byeyayogera. Yagamba Allah omugulumvu:

﴿وَمَا يَنطِقُ عَنِ الْهَوَىٰ ۝٣ إِنْ هُوَ إِلَّا وَحْيٌ يُوحَىٰ ۝٤﴾

(Era tayogera nga aggya ku kwagala kwe *

Tebiri wabula bubaka obumuweerezebwa okuva ewa Allah). [An-najm: 3-4].

5- Obutazuula mu kwongera mu nkola ze. Yagamba okusasira n'emirembe bibeere ku yye:

«مَنْ أَحْدَثَ فِي أَمْرِنَا هَذَا مَا لَيْسَ فِيهِ فَهُوَ رَدٌّ».

"Yenna azuula mu nsonga yaffe (eddiini) eno ekitali kya mu yyo, kyo kyakumuddizibwa." Yayogerwa Bukhaari ne Muslim.

6- Okumwagala okusinga n'omuntu bweyeyagala n'okusinga abantu bonna. Yagamba nabbi okusasira n'emirembe bibeere ku yye:

«لَا يُؤْمِنُ أَحَدُكُمْ حَتَّى أَكُونَ أَحَبَّ إِلَيْهِ مِنْ وَالِدِهِ وَوَلَدِهِ، وَالنَّاسِ أَجْمَعِينَ».

"Tayinza kukkiriza omu mu mmwe okutuusa nga nze gw'asinga okwagala okusinga muzadde we, n'abaana be, n'abantu bonna." Yayogerwa Bukhaari ne Muslim.

7- Okumugulumiza n'okumulwanirira, n'okulwanirira sunna ze. Yagamba Allah:

﴿لِتُؤۡمِنُوا بِاللَّهِ وَرَسُولِهِۦ وَتُعَزِّرُوهُ وَتُوَقِّرُوهُ...﴾

(Mulyoke mukkirize Allah n'omubaka we era mumuwagire era mumugulumize...). [Alfat-hi: 9].

Enneeyisa n'abakadde ababiri:

Ekibuuzo 3: Ebeera etya enneeyisa n'abakadde ababiri?

Okwanukula: 1- Okugondera Abakadde ababiri mu bitali kujeemera Allah.

2- Okuwereza Abakadde ababiri.

3_ Okuyambako abakadde ababiri.

4- Okumala ebyetaago by'abakadde ababiri.

5- Okusabira Abakadde ababiri.

6- Okweyisa obulungi nabo mu njogera, nga tekikkirizibwa kubekkaanya n'akagambo "ah", nga nakyo kyekisembayo obutono.

7- Okumwenyeza abakadde ababiri n'obutabasibira mitaafu.

8- Obutasitula doboozi okusukka ery'abazadde, n'okubawuliriza, n'obutabasala kirimi, n'obutabayita mannya gaabwe, wabula ogamba"Taata", "mama".

9- Okubasaba olukusa nga tonnayingira gyebali mu

kisenge.

10- Okubanywegera ku mukono n'omutwe.

Yagamba Allah omugulumivu:

﴿وَقَضَىٰ رَبُّكَ أَلَّا تَعْبُدُوا إِلَّا إِيَّاهُ وَبِالْوَالِدَيْنِ إِحْسَانًا ۚ إِمَّا يَبْلُغَنَّ عِندَكَ الْكِبَرَ أَحَدُهُمَا أَوْ كِلَاهُمَا فَلَا تَقُل لَّهُمَا أُفٍّ وَلَا تَنْهَرْهُمَا وَقُل لَّهُمَا قَوْلًا كَرِيمًا ﴿٢٣﴾ وَاخْفِضْ لَهُمَا جَنَاحَ الذُّلِّ مِنَ الرَّحْمَةِ وَقُل رَّبِّ ارْحَمْهُمَا كَمَا رَبَّيَانِي صَغِيرًا ﴿٢٤﴾﴾

(Yasalawo Mukama wo nti: Temusinzanga omulala yenna wabula Ye yekka (gwe muba musinza), era n'akubiriza nti n'abazadde bombiriri mubayisenga bulungi. Singa mazima abanga atuusizza obukulu (n'akaddiwa) nga ali w'oli, omu ku bombiriri oba bombiriri tobagambanga (ekigambo) ekibi (eky'okubenyinyala) era tobakaabukiranga, wabula bagambenga kigambo kya kubagulumiza *

Era obakkakkanyize bombiriri ekiwawaatiro ky'obwetoowaze mu kusaasira. (Betoowalisenga mu bikolwa byo), era ogambe (nga obasabira): Ayi Mukama wange! Basaasire bombiriri nga (nabo) bwe banderanga nga ndi muto). [Al-Israa: 23-24].

-Mu hadiithi, yajja omusajja eri nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye nga amusaba okugenda mu lutalo lw'eddiini, Nabbi n'amugamba:

«أَلَكَ وَالِدَانِ؟ قَالَ نَعَمْ. قَالَ: فِيهِمَا فَجَاهِدْ».

"Olina abakadde ababiri?» n'amugamba: yye Nabbi n'agamba: «b'oba osaba olyoke ogende mu lutalo." yayogerwa Tirmidhi.

Empisa z'okuyunga oluganda:

Ekibuuzo 4: Nyunga ntya oluganda?

Okwanukula 1- Okulambula ab'enganda abalenzi n'abawala, ba taata abato ne ba ssenga, ba kojja ne ba Maama abato, n'abenganda abasigadde.

2-Okulongoosa gyebali mu njogera n'ebikolwa n'okubayamba.

3- Okubawulizaako, n'okubabuuza embeera zaabwe.

Allah yagamba:

﴿فَهَلۡ عَسَيۡتُمۡ إِن تَوَلَّيۡتُمۡ أَن تُفۡسِدُواْ فِي ٱلۡأَرۡضِ وَتُقَطِّعُوٓاْ أَرۡحَامَكُمۡ ٢٢﴾

(Abaffe olwo musuubirwa nti bwe munaaba mwe muzze ku bukulu (mmwe mufuga) nti mujja kwonoona mu nsi mukutule n'ennganda zammwe?).

[Muhammad: 22].

-Ne mu hadith:

«لَا يَدْخُلُ الْجَنَّةَ قَاطِعُ رَحِمٍ».

"Tajja kuyingira Jjana omuntu akutula oluganda."Yayogerwa muslim.

Empisa z'obwasseruganda ku lwa Allah:

Ekibuuzo 5: Mpangaala ntya ne banganda bange ne mikwano gyange?

Okwanukula: 1- Njagala era nkwana abantu abalungi.

2- Neesamba era ndekayo okukwana abantu ababi. Mu hadiithi: «Tokwananga okujjako omukkiriza, era talyanga emmere yo okujjako omuntu atya Allah» Yayogerwa Tirmidhi ne Abu Dauda.

3- Ntoolera baganda bange salaamu era nembakwatako ne mu ngalo. Mu hadiithi:

«مَا مِنْ مُسْلِمَيْنِ يَتَلَاقَيَانِ فَيَتَصَافَحَانِ، إِلَّا غُفِرَ لَهُمَا قَبْلَ أَنْ يَفْتَرِقَا».

"Abasiramu babiri tebayinza kusisinkana, nebakwatagana mu ngalo, okujjako nga Allah abasonyiwa nga tebannayawukana. "

Yayogerwa Abu Dauda, ne Tirmidhi.

4- Mbalambulako nga balwadde era nembasabira okuwona.

5- Nsabira abera ayasimudde.

6- Nyanukula omulanga bw'aba ampise okumulambulako. Mu hadiithi:

«حَقُّ الْمُسْلِمِ عَلَى الْمُسْلِمِ خَمْسٌ: رَدُّ السَّلَامِ، وَعِيَادَةُ الْمَرِيضِ، وَاتِّبَاعُ الْجَنَائِزِ، وَإِجَابَةُ الدَّعْوَةِ، وَتَشْمِيتُ الْعَاطِسِ».

"Obuvunaanyizibwa bw'omusiraamu ku musiraamu munne buli butaano: okuddamu salaamu, okulambula omulwadde, okuwerekera omufu, okwanukula omulanga gwe, n'okusabira ayasimudde."

yayogerwa Bukhaari ne Muslim

7- Okumubuulirira. Mu hadiithi:

«وَمَنْ أَشَارَ عَلَى أَخِيهِ بِأَمْرٍ يَعْلَمُ أَنَّ الرُّشْدَ فِي غَيْرِهِ فَقَدْ خَانَهُ».

"Yenna awa muganda we endowoza nga akimanyi nti obulungamu(ekituufu) kiri mu nsonga ndala, abeera amukumpanyizza." yayogerwa Abu Dauda.

8- Mmutaasa bw'aba alyazamanyizibbwa, era mmuziyiza okulyazamanya. Yagamba Omubaka wa Allah okusaasira n'emirembe bibeere ku yye:

«انصُرْ أَخَاكَ ظَالِمًا أَوْ مَظْلُومًا» فَقَالَ رَجُلٌ: يَا رَسُولَ اللهِ، أَنْصُرُهُ إِذَا كَانَ مَظْلُومًا، أَفَرَأَيْتَ إِذَا كَانَ ظَالِمًا كَيْفَ أَنْصُرُهُ؟ قَالَ: «تَحْجِزُهُ – أَوْ تَمْنَعُهُ – مِنَ الظُّلْمِ؛ فَإِنَّ ذَٰلِكَ نَصْرُهُ».

"Taasa muganda wo mulyazamanyi oba alyazamanyizibbwa», omusajja n'agamba nti: owange ggwe Omubaka wa Allah, mmutaasa bw'aba nga alyazamaanyizibbwa, olaba otya ate bw'aba nga y'alyazamanyizza, mmutaasa ntya? Nabbi n'amugamba nti: «Omugaana obulyazamanya; mazima okwo kuba kumutaasa." yayogerwa Bukhaari.

9- Njagaliza muganda wange omusiramu ekyo kyenneyagaliza. Mu hadiithi eva ku Abu Huraira nga

agijja ku Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye yagamba:

«لَا يُؤْمِنُ أَحَدُكُمْ حَتَّى يُحِبَّ لِأَخِيهِ مَا يُحِبُّ لِنَفْسِهِ».

"Tayinza kuba mukkiriza omu mu mmwe okutuusa nga ayagalizza muganda we ekyo kyeyeeyagaliza." yayogerwa Bukhaari ne Muslim.

10- Mmuyambako bw'aba yeetaaze obuyambi bwange. Mu hadiithi:

«وَاللهُ فِي عَوْنِ الْعَبْدِ مَا كَانَ الْعَبْدُ فِي عَوْنِ أَخِيهِ».

"Allah mu ayamba Omuddu ebbanga lyamala nga ayamba muganda we." yayogerwa Muslim.

11- Simunakuwaza na kigambo oba ekikolwa. Mu hadiithi:

« الْمُسْلِمُ مَنْ سَلِمَ الْمُسْلِمُونَ مِنْ لِسَانِهِ وَيَدِهِ ».

"Omusiramu y'oyo abasiramu gwebawona olulimi lwe n'omukono gwe." yayogerwa Bukhar ne Muslim.

12- Nkuuma ekyama kye. Mu hadith:

«إِذَا حَدَّثَ الرَّجُلُ بِالْحَدِيثِ ثُمَّ الْتَفَتَ فَهِيَ أَمَانَةٌ».

"Omusajja bwanyumiza munne emboozi, oluvanyuma n'akyuuka nga tayagala mboozi ewulirwe balala, emboozi eyo eba efuuse kitereso."

Yayogerwa Tirmidhi ne Abu dauda.

13- Simuvuma, era simugeya, era simunyomoola, era simukwatibwa nsaalwa, era simukettereza, era

simulimba.

Mu hadiithi:

«الْمُسْلِمُ أَخُو الْمُسْلِمِ، لَا يَظْلِمُهُ، وَلَا يَخْذُلُهُ، وَلَا يَحْقِرُهُ، وَحَسْبُ امْرِئٍ مِنَ الشَّرِّ أَنْ يَحْقِرَ أَخَاهُ الْمُسْلِمَ».

"Omusiraamu muganda wa musiraamu munne, tamulyazaamaanya, era tamulekulira, era tamunyooma, kimala omuntu okuba nga kyakoze kibi okunyooma muganda we omusiraamu."

yayogerwa Bukhaari ne Muslim.

Empisa z'omulirwano:

Ekibuuzo 6: Empisa z'omulirwano ze ziriwa?

Okwanukula:

1- Nnongoosa eri mulirwana mu bigambo n'ebikolwa, era nemmuyambako bw'aba yeetaaze obuyambi bwange.

2- Mmuyozaayoza ku yidi oba mu kuwasa oba ekintu ekirara kyonna eky'essanyu.

3- Mmulambula bw'alwaala, era mmukubagiza bw'aba afunye obuzibu.

4- Mmuweereza ku mmere gyemba nfumbye ekiba kisobose.

5- Simukosa nabigambo yadde ebikolwa.

6- Simusumbuwa nga nsitula eddobozi, oba okumuketta, era mmuguminkiriza.

Allah yagamba:

﴿وَاعْبُدُوا اللَّهَ وَلَا تُشْرِكُوا بِهِۦ شَيْـًٔا ۖ وَبِالْوَٰلِدَيْنِ إِحْسَٰنًا وَبِذِى الْقُرْبَىٰ وَالْيَتَٰمَىٰ وَالْمَسَٰكِينِ وَالْجَارِ ذِى الْقُرْبَىٰ وَالْجَارِ الْجُنُبِ وَالصَّاحِبِ بِالْجَنۢبِ وَابْنِ السَّبِيلِ وَمَا مَلَكَتْ أَيْمَٰنُكُمْ ۗ إِنَّ اللَّهَ لَا يُحِبُّ مَن كَانَ مُخْتَالًا فَخُورًا ﴿٣٦﴾﴾

(Musinze Allah, era temumugattanga n'ekintu ekirala kyonna; n'eri abazadde bombiriri mulongoose gyebali, ne ku b'oluganda, ne bamulekwa, n'abanaku, n'ab'emirirwano ab'ebbali (be muliraanye amayumba), ne munno ow'ebbali n'omutambuze oyo akutuse ku bantu b'ewaabwe, n'oyo gwe gyafuna emikono gyammwe egya ddyo (abaddu). Mazima Katonda tayagala oyo mwewulize, omwerazi).

[Suurat An-Nisaa: 36].

-Era Yagamba Omubaka wa Allah okusaasira n'emirembe bibeere ku yye:

«يَا أَبَا ذَرٍّ، إِذَا طَبَخْتَ مَرَقَةً فَأَكْثِرْ مَاءَهَا، وَتَعَاهَدْ جِيرَانَكَ».

"Owange ggwe Abu dharri, bw'oba ofumbye enva yitirizaamu amazzi oweeko ne balirwana."

yayogerwa Muslimu.

-Mu hadiithi nga eva ku Nabbi okusaasira

n'emirembe bibeere ku yye:

«مَنْ كَانَ يُؤْمِنُ بِاللهِ وَالْيَوْمِ الآخِرِ فَلَا يُؤْذِ جَارَهُ».

"Oyo yenna akkiriza Allah n'olunaku lw'enkomerero, tanyiizanga mulirwana we."

yayogerwa Bukhaari ne Muslim.

Empisa z'obugenyi:

Ekibuuzo 7: Ze ziriwa empisa z'obugenyi n'omugenyi?

Okwanukula. 1- Nyanukula oyo aba ampise ku bugenyi bwe.

2- Bwemba njagadde okulambula omuntu yenna, mmusaba olukusa n'obudde.

3- Nsaba olukusa nga sinnayingira.

4- Sikeerewa mu kukyala.

5- Nzikakkanya amaaso ku bantu b'ewaka.

6- Nyaniriza omugenyi n'ekyenyi ekisanyufu, n'ebigambo ebyaniriza ebirungi.

7- Omugenyi mmutuuza mu kifo ekisinga obulungi.

8- Mmuwa obugenyi obulungi nga emmere n'ebyokunywa.

Allah yagamba:

﴿يَٰٓأَيُّهَا ٱلَّذِينَ ءَامَنُوا۟ لَا تَدْخُلُوا۟ بُيُوتًا غَيْرَ بُيُوتِكُمْ حَتَّىٰ تَسْتَأْنِسُوا۟ وَتُسَلِّمُوا۟ عَلَىٰٓ أَهْلِهَا ۚ ذَٰلِكُمْ خَيْرٌ لَّكُمْ لَعَلَّكُمْ تَذَكَّرُونَ ﴿٢٧﴾﴾

(Abange mmwe abakkiriza! Temuyingiranga mu nnyumba ezitali zammwe okutuusa lwe mumalanga okusaba okubakkiriza - Ne mulamusa eri bannannyinizo (bwe bakkiriza olwo ne mulyoka muyingira). Ekyo kye kirungi ku mmwe, kyaddaaki ne mujjukira). [Surat An-nuur: 27].

Mu hadiithi:

«إِنَّمَا جَعَلَ اللهُ الِاسْتِئْذَانَ مِنْ أَجْلِ الْبَصَرِ».

"Mazima Allah yateekawo okusaba olukusa lwa nsonga ya maaso -obutatunula kw'ebyo byegatalina kutunulako-." yayogerwa Bukhaari ne Muslim.

-N'ekigambo kya Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye:

«مَنْ كَانَ يُؤْمِنُ بِاللهِ وَالْيَوْمِ الآخِرِ فَلْيُكْرِمْ ضَيْفَهُ».

"Omuntu akkiriza Allah n'olunaku lw'enkomerero, agulumize omugenyi we."

yayogerwa Bukhaari ne Muslim.

Empisa z'obulwadde.

Ekibuuzo 8: Ze ziriwa empisa z'obalwadde n'okulambula abalwadde?

Okwanukula:

1- Bwempulira obulumi, nteeka omukono gwange ogwa ddyo ewannuma, nengamba nti:«Bismillah» emirundi esatu, era nengamba nti:«A-uudhu bi-

izzatillahi wa Qudratihi min sharri maa ajidu wa uhaadhiru» emirundi musanvu.

Amakulu nti: Nekingiriza n'ekitibwa kya Allah n'obusobozi bwe ku bubi bw'ekyo ekinnuma, ne kyentya.

2- Nsiima ekyo Allah ky'aba ageze era nengumiikiriza. Mu hadiithi nga eva ku Ummul-alaa yagamba: Yannambula omubaka wa Allah okusaasira n'emirembe bibeere ku yye nga ndi mulwadde, n'agamba:

«أَبْشِرِي يَا أُمَّ العَلَاءِ؛ فَإِنَّ مَرَضَ الْمُسْلِمِ يُذْهِبُ اللهُ بِهِ خَطَايَاهُ، كَمَا تَذْهَبُ النَّارُ خَبَثَ الذَّهَبِ وَالفِضَّةِ».

"Sanyuka owange ggwe Ummul-alaa, kubanga obulwadde bw'omusiraamu Allah atwala nabwo ebyonoono bye nga omuliro bwegujja ebikyafu ebibeera ku zaabu ne feeza." yayogerwa Abu Dauda.

3- Nnyanguwa okulambula muganda wange omulwadde, era nemusabira, ate era siwanvuya nnyo kutuula waali.

4- Mmusomera ruquya nga takinsabye.

5- Mmulaamira obugumiikiriza n'okusaba, n'okusaala, n'okwetukuza nga bw'asobola

Edduwa y'omulwadde

«أَسْأَلُ اللهَ العَظِيمَ، رَبَّ العَرْشِ العَظِيمِ، أَنْ يَشْفِيَكَ».

"As-alullaahal-adhwiima rabbal-arshil-adhwiimi an-yashifiyaka » emirundi musanvu. Amakulu: (Nsaba Allah omunene Omuyinza wa namulondo Ennene akuwonye."

Empisa z'okunoonya okumanya:

Ekibuuzo 9: Ze ziriwa empisa z'okunoonya okumanya?

Okwanukula:

1- Okutukuza enniya ku lwa Allah. Mu hadiithi:

«مَنْ تَعَلَّمَ الْعِلْمَ لِيُبَاهِيَ بِهِ الْعُلَمَاءَ، وَيُجَارِيَ بِهِ السُّفَهَاءَ، وَيَصْرِفَ بِهِ وُجُوهَ النَّاسِ إِلَيْهِ، أَدْخَلَهُ اللهُ جَهَنَّمَ».

"Oyo yenna anoonya okumanya nga ekigendererwa kye kweragira ku bamanyi, oba kukaayanyizaako abatamanyi, oba okusobola okukyusizaako abantu badde eri yye, Allah ajja kumuyingiza omuliro." Yayogerwa Ibun Maajah.

2- Nkolera ku kumanya kwe njize. Mu hadiithi:

«لَا تَزُولُ قَدَمَا عَبْدٍ يَوْمَ القِيَامَةِ حَتَّى يُسْأَلَ عَنْ أَرْبَعٍ: ـ وَذَكَرَ مِنْهَا ـ وَعَنْ عِلْمِهِ مَاذَا عَمِلَ فِيهِ».

"Ebigere by'omuddu tebigenda kuva mu bbaliro ku lunaku lw'enkomerero okutuusa nga abuziddwa ku bintu bina-n'ayogera mu bbyo- ne ku kumanya kwe

kiki kyeyakukozesa."

Yayogerwa Tirmidhi ne Addaarimi.

3-Omusomesa mmussaamu ekitibwa mu kubeerawo kwe oba mu butabeerawo.

4- Ntuula mumaaso ge mumbeera ey'empisa.

5- Mmuwuliriza bulungi era simusazaamu mu kwogera kwe nga asomesa.

6- Neeyisa bulungi nga mbuuza ekibuuzo.

7- Simuyita linnya lye.

-Mu hadiithi:

«إِنَّ مِنْ إِجْلَالِ اللهِ إِكْرَامَ ذِي الشَّيْبَةِ الْمُسْلِمِ، وَحَامِلِ الْقُرْآنِ».

"Mazima Mukugulumiza Allah mulimu okuwa omukadde omusiraamu ekitibwa, nabwekityo omuntu eyakwata quran." yayogerwa Abu Dauda.

Empisa z'olukungaana :

Ekibuuzo 10: Ze ziriwa empisa z'ekifo ewatulibwa?

Okwanukula:

1- Nnamusa ku bantu abali mu lukungaana.

2- Ntuula ewasemba, sisitula muntu mu kifo kye, oba okutuula wakati w'ababiri okujjako nga bampadde olukusa.

3- Ngaziya olukungaana bannange basobole

okutuula nabo.

4- Sisaza mu mboozi ya bantu mu lukungaana.

5- Nsaba olukusa era nentoola salaamu nga sinnaba kuvaawo mu lukungaana.

Hadiithi nga eva ku mutabani wa Umar Allah abasiime bombi , nga ajja ku nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye:

«أَنَّهُ نَهَى أَنْ يُقَامَ الرَّجُلُ مِنْ مَجْلِسِهِ، وَيَجْلِسَ فِيهِ آخَرُ، وَلَكِنْ تَفَسَّحُوا وَتَوَسَّعُوا».

"Nti yagaana omuntu okusitulibwa mu kifo kye newatuuzibwawo omulala, wabula mwefunzemukko ekifo kisobole okugaziwa." yayogerwa Bukhaari.

-Mu hadiithi:

«إِذَا انْتَهَى أَحَدُكُمْ إِلَى الْمَجْلِسِ فَلْيُسَلِّمْ، فَإِذَا أَرَادَ أَنْ يَقُومَ فَلْيُسَلِّمْ، فَلَيْسَتِ الْأُولَى بِأَحَقَّ مِنَ الْآخِرَةِ».

"Omu ku mmwe bw'aba atuuse mu lukungaana atoolenga salaamu, era bw'aba ayagadde okuvaawo atoole salaamu, Salaamu ye gyeyatodde mukusooka ssi y'esinga eyo esembayo nga agenda."

Yayogerwa Tirmidhi ne Abu Dauda.

6- Bwekuba nga olutuula luwedde nsaba edduwa y'okusonyiyibwa kw'olutuula era nga y'eno:

«سُبْحَانَكَ اللَّهُمَّ وَبِحَمْدِكَ، أَشْهَدُ أَنْ لا إِلَهَ إِلَّا أَنْتَ، أَسْتَغْفِرُكَ وَأَتُوبُ إِلَيْكَ».

"Subhanaka Allahumma wa bihamdika, Ash-hadu

Allaa ilaaha illa anta astaghfiruka wa atuubu ilaika»

Amakulu: Wayawukana Ayi Allah n'amatendo go, nkakasa nti teri asinzibwa mu butuufu bwakusinzibwa okujjako ggwe, nkusaba onsonyiwe, era nkwenenyeza."

Empisa z'okwebaka:

Ekibuuzo 11: ze ziriwa empisa z'okwebaka?

Neebaka nga bukyaali olwa hadiithi:

«عَنْ أَبِي بَرْزَةَ رَضِيَ اللهُ عَنْهُ، أَنَّ رَسُولَ اللهِ ﷺ كَانَ يَكْرَهُ النَّوْمَ قَبْلَ الْعِشَاءِ، وَالْحَدِيثَ بَعْدَهَا».

"Nga eva ku Abu Barzah nti Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye yatamwanga okwebaka nga esswala ya isha tennatuuka, n'okunyumya oluvannyuma lwa yo." yayogerwa Bukhaari.

2- Neebaka ndi mutukuvu.

3- Sseebaka nga neevuunise ku lubuto lwange.

4- Nneebakira ku ludda lwange olwa ddyo, era omukono gwange ogwa ddyo nengussa wansi w'oluba lwange olwa ddyo.

5- Nkunkumula obuliri bwange.

Mu hadiithi: nga eva ku Barbara ibun Aazib-Allah amusiime- yagamba: yagamba Nabbi okusaasira n'emirembe bibere ku yye:

«إِذَا أَتَيْتَ مَضْجَعَكَ، فَتَوَضَّأْ وُضُوءَكَ لِلصَّلَاةِ، ثُمَّ اضْطَجِعْ عَلَى شِقِّكَ الْأَيْمَنِ».

"Bw'obanga ogenda okwebaka, funa wudhu yo nga ey'esswala, oluvannyuma weebakire ku ludda lwo olwa ddyo." yayogerwa Bukhaari.

-Hadiithi nga eva ku Abu Hurairah Allah amusiime yagamba: Omubaka wa Allah okusaasira n'emirembe bieere ku yye yalaba omusajja nga yeebase yeevuunise n'agamba:

«إِنَّ هَذِهِ ضَجْعَةٌ لا يُحِبُّهَا اللهُ».

"Mazima ddala eno enneebaka, Allah tagyagala." yayogerwa Tirmidhi ne Ahmad.

-Era Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye yagamba:

«إِذَا أَوَى أَحَدُكُمْ إِلَى فِرَاشِهِ، فَلْيَنْفُضْ فِرَاشَهُ بِدَاخِلَةِ إِزَارِهِ؛ فَإِنَّهُ لَا يَدْرِي مَا خَلَفَهُ عَلَيْهِ».

"Omu mu mmwe bwabanga agenda okwebaka, akunkumule obuliri bwe nga akozesa munda we nkutu ye; kubanga mazima ddala yye tamanyi kiki kyazzeemu oluvanyuma lwe." yayogerwa Bukhaari.

6- Nsoma adhikaari z'okwebaka, gamba nga Aayatul-kursiyy, Suurat Al-ikhlaas, suurat alfalaq ne Suurat An-naas emirundi esatu esatu, oluvannyuma nengamba nti:

«بِاسْمِكَ اللَّهُمَّ أَمُوتُ وَأَحْيَا».

"Bi-ismika Allahumma Amuutu wa ahyaa"

Amakulu nti: ku erinya lyo Ayi Allah kwenfiira era kwempangalira. "

7- Ngolokoka okusaala swala ya fajir.

8- Era nengamba oluvannyuma lw'okugolokoka mu tulo:

«الْحَمْدُ لِلَّهِ الَّذِي أَحْيَانَا بَعْدَمَا أَمَاتَنَا، وَإِلَيْهِ النُّشُورُ».

"Alhamdulillahi Alladhii ahyaanaa ba-ada maa amaatanaa wa ilaihi-nnushuur."

Empisa z'emmere.

Ekibuuzo 12: Ze ziriwa empisa z'emmere?

Okwanukula:1

okunywa kwange n'okulya kwange mbigendereramu okufuna amaanyi ku kugondera Allah .

2. okunaaba engalo nga ssinnaba kulya.

olwa hadiithi ya mama w'abakkiriza Aisha- Allah amusiime- Omubaka wa Allah okusasira n'emirembe bibere ku yye yalinga:

«إِذَا أَرَادَ أَنْ يَأْكُلَ وَيَشْرَبَ، يَغْسِلْ يَدَيْهِ، ثُمَّ يَأْكُلْ وَيَشْرَبْ».

"Bweyayagalanga okulya n'okunywa, yanaabanga engalo ze oluvannyuma n'alya era n'anywa."

yayogerwa Ahmad.

3. Ngamba nti: «Bismillah», era ndya n'omukono gwange ogwa ddyo, era nendya ekyo ekindi mumaaso, era silya wakati mu mmere oba okulya ekiri mumaaso g'omulala.

olwa hadiithi:

«يَا غُلَامُ، سَمِّ اللهَ، وَكُلْ بِيَمِينِكَ، وَكُلْ مِمَّا يَلِيكَ».

"Owange ggwe Muvubuka, soma erinnya lya Allah nga ogenda okulya, era oliise n'omukono gwo ogwa ddyo, era olye n'ekyo ekikuli mu maaso go." yayogerwa Bukhaari ne Muslim.

4. bwemba neerabidde okusoma «Bismillah» ngamba nti Bismillahi ahahaha wa Aakhirahu.

olwa hadiithi ya mama w'abakkiriza-Allah amusiime- yagamba: yagamba omubaka wa Allah okusaasira n'emirembe bibeere ku yye:

«إِذَا أَكَلَ أَحَدُكُمْ طَعَامًا، فَلْيَقُلْ: بِسْمِ اللهِ، فَإِنْ نَسِيَ فِي أَوَّلِهِ، فَلْيَقُلْ: بِسْمِ اللهِ فِي أَوَّلِهِ وَآخِرِهِ».

"Omu mu mmwe bw'abanga agenda okulya emmere, agambe nti: BISMILLAH, bweyeelabira okukyogera ku ntandikwa, agambe: BISMILLAHI AWWALAHU WA AKHIRAHU." yayogerwa Tirmidhi ne Ahmad.

nsiima n'emmere eriwo, era sivuma mmere,

bwemba ngyagadde ngirya, era bwemba sigyagadde ngireka.

- olwa hadiithi ya Abu Huraira - Allah amusiime - yagamba:

«مَا عَابَ النَّبِيُّ ﷺ طَعَامًا قَطُّ، إِنِ اشْتَهَاهُ أَكَلَهُ، وَإِلَّا تَرَكَهُ».

"Nabbi-okusaasira n'emirembe bibeere ku yye-teyavuma ku mmere yadde, bweyagyagalanga nga alya, naye ekitari ekyo nga agireka." yayogerwa Bukhaari ne Muslim.

6. Ndyaako katono, era silya nnyo.

- mu hadiithi:

«مَا مَلَأَ آدَمِيٌّ وِعَاءً شَرًّا مِنْ بَطْنٍ، حَسْبُ الآدَمِيِّ لُقَيْمَاتٌ يُقِمْنَ صُلْبَهُ، فَإِنْ غَلَبَتِ الآدَمِيَّ نَفْسُهُ، فَثُلُثٌ لِلطَّعَامِ، وَثُلُثٌ لِلشَّرَابِ، وَثُلُثٌ لِلنَّفَسِ».

"Omwana Adaamu tayinza kujjuza kyombo nga bibi okusinga olubuto, omuntu kimumalira okulyayo endya ezimusobozesa okubeerawo, bwekiba nga tekisoboka kwewalika, kale olubuto alwawuzeemu emirundi esatu, kimu kyakusatu kya mmere, kimu kyakusatu kya byakunywa, kimu kyakusatu wassiza."

Yayogerwa Tirmidhi ne ibun Maajah.

7. Sifuuwa mu mmere oba eky'okunywa, mbireka nebiwola.

Mu hadiithi:

«نَهَى رَسُولُ اللهِ ﷺ عَنِ النَّفْخِ فِي الطَّعَامِ وَالشَّرَابِ».

"Omubaka wa Allah okusaasira n'emirembe bibeere ku yye yaziyiza okufuuwa mu by'okulya n'ebyokunywa." Yayogerwa Ahmad ne Ibun Maajah.

8. Nkungaana ne bannange wamu n'aba family oba abagenyi.

- Hadiithi y'omusajja eyagamba Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye: ffe tulya naye tetukkuta, n'agamba:

«فَلَعَلَّكُمْ تَأْكُلُونَ مُفْتَرِقِينَ؟ اجْتَمِعُوا عَلَى طَعَامِكُمْ، وَاذْكُرُوا اسْمَ اللهِ تَعَالَى عَلَيْهِ، يُبَارَكْ لَكُمْ فِيهِ».

"Kirabika temuliira wamu, mukungaane ku mmere yammwe, musome erinnya lya Allah nga mugenda okulya, ajja kugibateeramu omukisa."

Yayogerwa Abu Dauda ne Ibun Maajah.

9- Sitandika kulya nga abakulu abansingako tebannatandika.

10. Nsoma erinnya lya Allah, nennywa nga ntudde ennwa ssatu, era sissiza mu kyombo.

- Olwa hadiithi:

«إِذَا شَرِبَ أَحَدُكُمْ، فَلَا يَتَنَفَّسْ فِي الإِنَاءِ».

"Bw'abanga anywa omu ku mmwe, tassizanga mu kyombo." yayogerwa Bukhaari ne Muslim.

-N'olwa hadiithi ya Anas Allah amusiime,

«أَنَّ النَّبِيَّ ﷺ زَجَرَ عَنِ الشُّرْبِ قَائِمًا».

"Mazima Nabbi-okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- yagaana okunywa ng'oyimiridde."

yayogerwa Muslim.

-N'olwa hadiithi:

«كَانَ رَسُولُ اللهِ ﷺ يَتَنَفَّسُ فِي الشَّرَابِ ثَلَاثًا».

"Omubaka wa Allah-okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- yassanga emirundi esatu nga anywa» Amakulu nti ekyokunywa yakinywangamu ennywa ssatu nga buli lunywa assiza wabweeru w'ekyombo. " yayogerwa Muslim.

11. Neebaza Allah wembanga mmalirizza okulya emmere oba okunywa:

- Mu hadiithi:

«إِنَّ اللهَ لَيَرْضَى عَنِ الْعَبْدِ أَنْ يَأْكُلَ الْأَكْلَةَ فَيَحْمَدَهُ عَلَيْهَا، أَوْ يَشْرَبَ الشَّرْبَةَ فَيَحْمَدَهُ عَلَيْهَا».

"Mazima Allah asiima omuddu bw'aba alidde olulya n'amutendereze , oba anywedde olunywa n'amutendereza ku lw'ekyo." yayogerwa Muslim.

Empisa z'okwambala:

Ekibuuzo 13: Ze ziriwa empisa z'okwambala?

okwanukula:1

ntandika n'oludda olwa ddyo nga nnyambala

olugoye, era n'entendereza Allah kw'ekyo.

- Olwa hadiithi ya Abu Huraira- Allah amusiime yagamba: yagamba omubaka wa Allah okusaasira n'emirembe bibeere ku yye:

«إِذَا لَبِسْتُمْ، وَإِذَا تَوَضَّأْتُمْ، فَابْدَءُوا بِأَيَامِنِكُمْ».

"Bwemubanga mwambala, era bwemubanga mufuna wudhu mutandike n'enzida zammwe eza ddyo." yayogera Abu Dauda Ne Ahmad.

2- siwanvuya ngoye kusukka bukongovule.

- Mu hadiithi:

«مَا أَسْفَلَ مِنَ الْكَعْبَيْنِ مِنَ الإِزَارِ فَفِي النَّارِ».

"Kyonna ekisukka obukongovule ku nkutu kya mu muliro." yayogerwa Bukhaari. Obukongovule g'emagumba agayitamu ku bigere

3. Abalenzi tebambala ngoye za bawala, yadde abawala okwambala ez'abalenzi.

Mu hadiithi

«لَعَنَ رَسُولُ اللهِ ﷺ الرَّجُلَ يَلْبَسُ لِبْسَةَ الْمَرْأَةِ، وَالْمَرْأَةَ تَلْبَسُ لِبْسَةَ الرَّجُلِ».

"Omubaka wa Allah-okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- yakolimira omusajja ayambala ekyambalo ky'ekikyala, n'omukyala ayambala ekyambalo ky'ekisajja." yayogerwa Abu Dauda Ne Ahmad.

4. Obuteefaanaanyiriza byambalo bya bakaafiiri

(abajeemu) oba aboonoonefu.

Olwa hadiithi:

«مَنْ تَشَبَّهَ بِقَوْمٍ فَهُوَ مِنْهُمْ».

"Yenna eyefaanaanyiriza ekibinja kya bantu abeera wa mu kyo." yayogerwa Abu Dauda.

5. Okusoma «bismillah» mukaseera k'okujjamu engoye.

Mu hadiithi:

«سَتْرُ مَا بَيْنَ عَوْرَاتِ بَنِي آدَمَ وَالْجِنِّ، إِذَا وَضَعَ أَحَدُكُمْ ثَوْبَهُ أَنْ يَقُولَ: بِسْمِ اللهِ».

"Ekiziyiza wakati w'obwerere bw'abantu n'amajinni singa omu mu mmwe aba ajjamu engoye ze kwe kugamba nti BISMILLAH." yayogerwa Attwabaraani ne Ibun Abii Shaibah.

6. Okwambala engatto ng'osooka n'ekigere kya ddyo, n'okujjamu nga osooka n'ekigere kya kkono.

Olwa hadiithi ya mama wa bakkiriza Aisha- Allah amusiime:

«كَانَ النَّبِيُّ ﷺ يُعْجِبُهُ التَّيَمُّنُ فِي تَنَعُّلِهِ، وَتَرَجُّلِهِ، وَطُهُورِهِ، وَفِي شَأْنِهِ كُلِّهِ».

"Nabbi yayagalanga nnyo okutandisa ddyo nga ayambala engatto, n'okusaanirira enviiri, n'okwetukuza, ne munsonga ze zonna."

yayogerwa Bukhaari.

Empisa z'okwebagala:

Ekibuuzo 14: Ze ziriwa empisa z'okwebagala?

Okwanukula

1: Ngamba nti:«BISMILLAH ALHAMDULIHHA»,

﴿...سُبْحَانَ الَّذِى سَخَّرَ لَنَا هَذَا وَمَا كُنَّا لَهُ مُقْرِنِينَ ﴿١٣﴾ وَإِنَّا إِلَى رَبِّنَا لَمُنْقَلِبُونَ﴿١٤﴾﴾

(SUBHAANA ALLADHII SAKHARA LANAA HAADHAA WA MAA KUNNAA LAHU MUQRINIIN *

WA INNAA ILAA RABBINAA LAMUNQALIBUUNA 14). [Surat Az-zumar: 13-14].

2- Bwempita ku musiraamu, mmutoolera Salaamu.

Empisa z'ekkubo:

Ekibuuzo 15: Ze ziriwa empisa z'ekkubo?

Okwanukula:

1: Nenkanankana era nenneetoowaaza mu ntambula yange. Allah yagamba:

﴿وَلَا تَمْشِ فِي الْأَرْضِ مَرَحًا ۖ إِنَّكَ لَن تَخْرِقَ الْأَرْضَ وَلَن تَبْلُغَ الْجِبَالَ طُولًا﴿٣٧﴾﴾

(Totambulanga mu nsi nga weeraga, mazima ggwe togenda kwabya ttaka era togenda kwenkana nsozi

buwanvu). [Al-Israa: 37].

2-Ntoolera gwemba nsanze salaam.

Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye

Yabuuzibwa : busiraamu ki obusinga obulungi? n'agamba:

«تُطْعِمُ الطَّعَامَ، وَتَقْرَأُ السَّلَامَ عَلَى مَنْ عَرَفْتَ وَمَنْ لَمْ تَعْرِفْ».

"Oliisa emmere, n'otoolera salam gw'omanyi ne gw'otamanyi." yayogerwa Bukhaari ne Muslim.

3- Nzikakkanya amaaso gange, nessinyiza muntu yenna.

4. Ndagira ekirungi, nenziyiza ekibi. Mu hadiithi eva ku Nabbi-okusaasira n'emirembe bibeere ku yye yagamba:

«فَأَعْطُوا الطَّرِيقَ حَقَّهَا». قَالُوا: وَمَا حَقُّ الطَّرِيقِ؟ قَالَ: «غَضُّ الْبَصَرِ، وَكَفُّ الْأَذَى، وَرَدُّ السَّلَامِ، وَالأَمْرُ بِالْمَعْرُوفِ، وَالنَّهْيُ عَنِ الْمُنْكَرِ».

"Ekkubo muliwe omugabo gwalyo, baagamba: omugabo gwe kkubo gwe guliwa?, n'agamba: okukakkanya amaaso, n'okuleka ebikosa , n'okuddamu salaamu, n'okulagira empisa ennungi, n'okuziyiza empisa embi." yayogerwa Bukhaari ne Muslim.

5. Nzijawo ebikosa mu kkubo.

Mu hadiithi:

«وَيُمِيطُ الأَذَى عَنِ الطَّرِيقِ صَدَقَةٌ».

"N'okujja ekikosa mu kkubo ebeera saadaaka." yayogerwa Bukhaari ne Muslim.

Empisa z'okuyingira enju n'okugifuluma:

16: Ze ziriwa empisa z'okuyingira enju n'okugifuluma?

Okwanukula: 1: Nfuluma n'okugulu okwa kkono, nengamba:

«بِسْمِ اللهِ، تَوَكَّلْتُ عَلَى اللهِ، لا حَوْلَ وَلا قُوَّةَ إِلَّا بِاللهِ، اللَّهُمَّ إِنِّي أَعُوذُ بِكَ أَنْ أَضِلَّ أَوْ أُضَلَّ، أَوْ أَزِلَّ أَوْ أُزَلَّ، أَوْ أَظْلِمَ أَوْ أُظْلَمَ، أَوْ أَجْهَلَ أَوْ يُجْهَلَ عَلَيَّ».

"BISMILLAAHI TAWAKKALTU ALA ALLAHI LAA HAULA WA LAA QUWWATA ILLA BILLAHI, ALLAHUMMA INNI AUDHU BIKA AN ADHWILLA AW UDHWALLA AW AZILLA AW UZALLA AW ADHLIMA AW UDHLAMA AW AJHALA AW YUJHALA ALAYYA."

2- Nnyingira enju n'okugulu kwa ddyo, era nengamba:

«بِسْمِ اللهِ وَلَجْنَا، وَبِسْمِ اللهِ خَرَجْنَا، وَعَلَى رَبِّنَا تَوَكَّلْنَا».

"BISMILLAAHI WALAJNAA WA BISMILLAAHI KHARAJNA WA ALA RABBINAA TAWAKKALNAA."

3. Ntandika n'okusenya n'oluvannyuma nentoorera ku b'ewaka salaamu.

Mu haditihi:

«كَانَ إِذَا دَخَلَ يَبْدَأُ بِالسِّوَاكِ».

"Bweyayingiranga ewaka yasookanga na kusenya." Yayogerwa Ibun Maajah.

Empisa z'okumala ekyetaago:

Ekibuuzo 17: Ze ziriwa empisa z'okumala ekyetaago?

Okwanukula: 1-Nnyingira n'okugulu kwange okwa kkono.

2- Nengamba nga sinnayingira:

«بِسْمِ اللهِ، اللَّهُمَّ إِنِّي أَعُوذُ بِكَ مِنَ الْخُبْثِ وَالْخَبَائِثِ».

"BISMILLAAHI
ALLAHUMMA INNII A-UUDHU BIKA MINAL-KHUBUTHI WAL-KAHBAA-ITHI."

3- Siyingiza kintu kyonna nga kiriko ebigambo ebyogera ku Allah.

-Hadiithi nga eva ku Anasi Allah amusiime yagamba:

«كَانَ النَّبِيُّ ﷺ إِذَا دَخَلَ الْخَلاَءَ وَضَعَ خَاتَمَهُ».

"Nabbi-okusaasira n'emirembe bibeere ku yye-bweyali nga agenda okuyingira kabuyonjo, yajjangako empeta ye." Yayogerwa Abu Dauda ne Ibun Maajah.

4. Nekweeka nga mmala ekyeetaago.

Mu hadiithi:

«وَكَانَ أَحَبُّ مَا اسْتَتَرَ بِهِ رَسُولُ اللهِ ﷺ لِحَاجَتِهِ هَدَفٌ أَوْ حَائِشُ نَخْلٍ».

"N'ekintu Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye kyeyali asinga okwagala okwekwekamu nga amala ekyetaago kifo kisitufu oba ennimiro y'entende." yayogerwa Muslim.

5- Siyogerera mu kifo wamalirwa kyetaago.

6. Siyolekera kibula, yadde okukikuba amabega nga mmala ekyeetaago.

olw'ekigamba kya Nabbi- okusaasira n'emirembe bibeere ku yye:

«لَا تَسْتَقْبِلُوا الْقِبْلَةَ بِغَائِطٍ، أَوْ بِبَوْلٍ، وَلَكِنْ شَرِّقُوا أَوْ غَرِّبُوا».

"Temwolekeranga kibula nga mumala ekyetaago ekinene oba ekitono, wabula mwolekere obuva njuba oba obugwa njuba." yayogerwa Bukhaari ne Muslim.

7. Nkozesa omukono gwange ogwa kkono mu kwejjako ebucaafu, era sikozesa gwa ddyo.

-Olwa hadiithi:

«لَقَدْ نَهَانَا... أَنْ نَسْتَنْجِيَ بِاليَمِينِ».

"Nabbi yatugaana .. okutawaaza n'omukono ogwa ddyo." yayogerwa Muslim.

8. Simala kyetaago kyange mu kkubo lya bantu yadde ekisiikirize kyabwe.

-Olwa hadiithi ya Abu Huraira- Allah amusiime-

mazima Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye yagamba:

«اتَّقُوا اللَّعَانَيْنِ» قَالُوا: وَمَا اللَّعَانَانِ يَا رَسُولَ اللهِ؟ قَالَ: «الَّذِي يَتَخَلَّى فِي طَرِيقِ النَّاسِ، أَوْ فِي ظِلِّهِمْ».

"Mutye nnyo ebikolwa bibiri ebikolimizisa omuntu» Nebamugamba: Byebiriwa ebikolwa ebyo ebibiri owaffe ggwe omubaka wa Allah? n'abagamba nti:«oyo amala ekyetaago mu kkubo ly'abantu oba mu kisikirize kya bwe." yayogerwa Muslim.

9. Nnaaba emikono gyange nga mmalirizza ekyetaago. Olwa hadiithi ya Jariir-Allah amusiime-yagamba: nali ne Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye, N'agenda mu kaabuyonjo n'amala ekyeetago oluvannyuma n'agamba:

«يَا جُرَيْرُ هَاتِ طَهُورًا» فَأَتَيْتُهُ بِالْمَاءِ، فَاسْتَنْجَى بِالْمَاءِ، وَقَالَ بِيَدِهِ، فَدَلَكَ بِهَا الْأَرْضَ».

"owange ggwe Jariir leeta amazzi amayonjo», nemmuletera amazzi, n'atawaaza n'amazzi ago, nakuuta omukono gwe ku ttaka. " Yayogerwa Nasaa-i.

10- Nfuluma n'okugulu kwange okwa ddyo era nengamba nti:«GUFRAANAKA»

Empisa z'omuzikiti:

Ekibuuzo 18: Ze ziriwa empisa z'omuzikiti?

Okwanukula: 1.Nnyingiza okugulu kwange okwa ddyo, nengamba:

«بِسْمِ اللهِ، اللَّهُمَّ افْتَحْ لِي أَبْوَابَ رَحْمَتِكَ».

"BISMILLAAHI, ALLAHUMMA IFTAH LII AB-WAABA RAHMATIKA"

2. Situula nga sinnasaala raaka bbiri.

- Olwa haditihi:

«إِذَا دَخَلَ أَحَدُكُمْ الْمَسْجِدَ فَلَا يَجْلِسْ حَتَّى يُصَلِّيَ رَكْعَتَيْنِ».

"Bw'abanga ayingidde omu mu mmwe omuzikiti, tatuulanga okutuusa nga asadde eraaka bbiri." yayogerwa Bukhaari ne Muslim.

3. siyita mu maaso g'asaala, oba okulangirira ekibuze mumuzikiti, oba okutunda oba okugulira mu muzikiti. Yagamba Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye:

«لَوْ يَعْلَمُ الْمَارُّ بَيْنَ يَدَيْ الْمُصَلِّي مَاذَا عَلَيْهِ لَكَانَ أَنْ يَقِفَ أَرْبَعِينَ خَيْرًا لَهُ مِنْ أَنْ يَمُرَّ بَيْنَ يَدَيْهِ».

"Singa yali amanyi omuntu ayita mu maaso g'omusaze musango ki gw'aba alina, kyandibadde kirungi okuyimirira amakumi ana okusinga okuyita mu maaso ge." yayogerwa Bukhaari ne Muslim.

-N'ekigambo ky'omubaka okusaasira n'emirembe

bibeere ku yye:

«مَنْ سَمِعَ رَجُلًا يَنْشُدُ ضَالَّةً فِي الْمَسْجِدِ فَلْيَقُلْ لا رَدَّهَا اللهُ عَلَيْكَ، فَإِنَّ الْمَسَاجِدَ لَمْ تُبْنَ لِهَذَا».

"Yenna awuliranga omuntu nga alanga ekintu kye ekimubuzeeko mu muzikiti, amugambenga nti Allah takikuddiza; kubanga emizikiti tegyazimbibwa lw'ekyo." yayogerwa Muslim.

-Ne mu hadiithi:

«إِذَا رَأَيْتُمْ مَنْ يَبِيعُ أَوْ يَبْتَاعُ فِي الْمَسْجِدِ فَقُولُوا: لا أَرْبَحَ اللهُ تِجَارَتَكَ».

"Bwemulabanga atundira oba agulira mu muzikiti, mumugambe nti: Allah takuteera amagoba mu busuubuzi bwo"Yayogerwa Tirmidhi ne Addaarimi.

4. Nfaayo nnyo kubuyonjo bw'omuzikiti.

-Mu hadiithi nga eva ku mama wa bakkiriza Aisha- Allah amusiime- yagamba:

«أَمَرَ رَسُولُ اللهِ ﷺ بِبِناءِ الْمَسَاجِدِ فِي الدُّورِ، وَأَنْ تُنَظَّفَ وَتُطَيَّبَ».

"Yalagira Omubaka wa Allah okusaasira n'emirembe bibeere ku yye okuzimba emizikiti mu bifo ewasulwa abantu, era n'alagira n'okugirongoosa n'okugissaamu obuwoowo" Yayogerwa Tirmidhi ne Abu Dauda ne Ahmad.

5- Nfuluma mu muzikiti n'okugulu kwange okwa kkono, era nengamba:

«اللَّهُمَّ إِنِّي أَسْأَلُكَ مِنْ فَضْلِكَ».

"ALLAHUMMA INNII AS-ALUKA MIN FADHULIKA."

Empisa z'okutoola Salaamu:

Ekibuuzoo 19: Ze ziriwa empisa z'okutoola Salaamu?

Okwanukula:

1- Bwemba nsanze omusiraamu ntandika nakumutoolera salaamu, nga ngamba nti:«ASSALAAMU ALAIKUM WA RAHMATULLAHI WA BARAKAATUHU», Wabula sitandika na kitali salaamu, era ssiraza namukono gwange gwokka.

2- Gwentolera salaamu mmumwenyeza. Mu hadiithi:

«لَا تَحْقِرَنَّ مِنَ الْمَعْرُوفِ شَيْئًا، وَلَوْ أَنْ تُلْقِيَ أَخَاكَ بِوَجْهٍ طَلِقٍ».

"Tonyomanga kintu kyonna nga kirungi, nebwekuba kusisinkana muganda wo n'ekyenyi nga kisanyufu." yayogerwa Muslim.

3- Era mmukwata mu ngalo n'omukono gwange ogwa ddyo.

4- Omuntu bw'aba anamusizza (antooledde ssalaamu), mmuddamu n'ekiramuso ekisinga ku kikye obulungi, oba nemuddamu n'ekifaananako n'ekyo

kyannamusizza nakyo.

Olw'ekigambo kya Allah:

﴿وَإِذَا حُيِّيتُم بِتَحِيَّةٍ فَحَيُّوا بِأَحْسَنَ مِنْهَا أَوْ رُدُّوهَا إِنَّ اللَّهَ كَانَ عَلَىٰ كُلِّ شَيْءٍ حَسِيبًا ﴿٨٦﴾﴾

(Bwe muba nga mulamusiddwa n'ekiramuso, mulamuse (muddengamu) n'ekisingako obulungi oba mugiddemu (Ssalaamu yo yennyini efaanana eyo). Mazima Allah Mubazi ku buli kintu). [An-nisaa: 86].

5- Atali musiraamu simutandika nakumutoolera salaamu, ate bw'aba yye antoledde mmuddamu nti "WA ALAIKUM".

- Olwa hadiithi:

«لَا تَبْدَؤُوا الْيَهُودَ وَلَا النَّصَارَى بِالسَّلَامِ».

"Temutandika ba yudaya wadde abakurisitaayo ne ssalaamu." yayogerwa Muslim.

6- Omuto atoolera omukulu salaamu, eyeebagadde atoolera atambula, atambula atoolera atudde, abatono batoolera abangi. Yagamba Omubaka wa Allah okusaasira n'emirembe bibeere ku yye:

«يُسَلِّمُ الرَّاكِبُ عَلَى المَاشِي، وَالمَاشِي عَلَى القَاعِدِ، وَالقَلِيلُ عَلَى الكَثِيرِ».

"Ayebagadde atoolera atambula salaamu, atambula n'atoolera atudde, abatono nebatoolera abangi." yayogerwa Bukhaari ne Muslim.

7. Obutakwata mukyala atakuzira mu ngalo.

-Mu hadiithi nga eva ku mama wa bakkiriza Aisha- Allah amusiime- yagamba:

«وَلَا وَاللهِ، مَا مَسَّتْ يَدُ رَسُولِ اللهِ ﷺ يَدَ امْرَأَةٍ قَطُّ».

"Nedda ndayira Allah, omukono gwa Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye tegwakwatako mukono gwa mukyala yenna " yayogerwa Bukhaari ne Muslim.

Empisa z'okusaba olukusa:

Ekibuuzo 20: Ze ziriwa empisa z'okusaba olukusa?

Okwanukula: 1: Nga sinnayingira mu kifo nsooka kusaba lukusa.

Nsaba olukusa emirundi esatu songerako, era oluvannyuma lwa gyo nengenda.

Mu hadiithi:

«إِذَا اسْتَأْذَنَ أَحَدُكُمْ ثَلَاثًا فَلَمْ يُؤْذَنْ لَهُ، فَلْيَرْجِعْ».

"Bw'asabanga omu ku mmwe olukusa emirundi esatu nebatamukkiriza addeyo." yayogerwa Bukhaari ne Muslim.

3- Nkonkona ku luggi mpola mpola, era siyimirira wakati, wabula ku ddyo oba ku kkono w'oluggi. nengamba nti: Assalaamu alaikum. Olwa hadiithi:

«كانَ رَسُولُ اللهِ ﷺ إِذَا أَتَى بَابَ قَوْمٍ لَمْ يَسْتَقْبِلِ الْبَابَ مِنْ تَلْقَاءِ وَجْهِهِ، وَلَكِنْ مِنْ رُكْنِهِ الْأَيْمَنِ أَوِ الْأَيْسَرِ وَيَقُولُ: السَّلَامُ عَلَيْكُمْ، السَّلَامُ عَلَيْكُمْ».

"Nabbi-okusaasira n'emirembe bibeere ku yye-bweyajjanga ku mulyango gw'abantu, teyayolekeranga mulyango mumaaso ga gwo gwennyini, wabula ku ddyo oba ku kkono, era n'agamba nti: ASSALAAMU ALAIKUM, ASSALAAMU ALAIKUM." yayogerwa Abu Dauda.

4- Siyingira eri bakadde bange oba mu kisenge kyonna nga sisabye lukusa, n'okusingira ddala oluvannyuma lw'esswala ya subuhi, n'oluvannyuma lwa dhuhuri, n'oluvannyuma lwa ishaa.

Olw'ekigambo kya Allah:

﴿يَٰٓأَيُّهَا ٱلَّذِينَ ءَامَنُوا۟ لِيَسْتَـْٔذِنكُمُ ٱلَّذِينَ مَلَكَتْ أَيْمَٰنُكُمْ وَٱلَّذِينَ لَمْ يَبْلُغُوا۟ ٱلْحُلُمَ مِنكُمْ ثَلَٰثَ مَرَّٰتٍ ۚ مِّن قَبْلِ صَلَوٰةِ ٱلْفَجْرِ وَحِينَ تَضَعُونَ ثِيَابَكُم مِّنَ ٱلظَّهِيرَةِ وَمِنۢ بَعْدِ صَلَوٰةِ ٱلْعِشَآءِ ۚ ثَلَٰثُ عَوْرَٰتٍ لَّكُمْ ۚ لَيْسَ عَلَيْكُمْ وَلَا عَلَيْهِمْ جُنَاحٌۢ بَعْدَهُنَّ ۚ طَوَّٰفُونَ عَلَيْكُم بَعْضُكُمْ عَلَىٰ بَعْضٍ ۚ كَذَٰلِكَ يُبَيِّنُ ٱللَّهُ لَكُمُ ٱلْـَٔايَٰتِ ۗ وَٱللَّهُ عَلِيمٌ حَكِيمٌ ﴿٥٨﴾﴾

(Abange mmwe abakkiriza! Bateekwa babasabe okubakkiriza nga baagala okuyingira (gye muli) abo be gyafuna emikono gyammwe egya ddyo (abaddu oba abaweereza) era n'abo abatannatuusa kiseera kya

bukulu mu mmwe (abaana), emirundi esatu (mu biseera bisatu): oluberyeberye lw'esswala y'okumakya (Al-Fajiri), ne mu kiseera we muggiramu engoye za mmwe mu ttuntu (nga muli mu ggandaalo) n'oluvannyuma lw'eswala y'ekiro (Isha)- by'ebiseera bya mmwe ebisatu mwe mweyambulira. temulina kibi yadde bo oluvannyuma lw'ebyo (ebiseera ebisatu), okuyingira nga tebabeeyanjulidde, beetooloola abamu ku mmwe ku bannabwe. Bwe kityo Allah bw'abannyonnyola obubonero Bwe. Ne Allah Mumanyi, Mukakasa). [An-nuur: 58].

5- Nsobola okuyingira mu bifo ebitasulwamu nga sisabye lukusa. okugeza nga: Amalwaliro, oba amaduuka.

-yagamba Allah:

﴿لَّيسَ عَلَيكُمۡ جُنَاحٌ أَن تَدۡخُلُوا بُيُوتًا غَيرَ مَسۡكُونَة فِيهَا مَتَٰع لَّكُمۡۚ وَاللَّهُ يَعۡلَمُ مَا تُبۡدُونَ وَمَا تَكۡتُمُونَ ٢٩﴾

(Temulina kibi mmwe okuyingira (nga temusabye) mu mayumba agatasulwamu nga mulimu ebintu byammwe (Eby'emiganyulo). Ne Allah Amanyi ebyo bye mwolesa n'ebyo bye mukweka). [An-nuur: 29].

Empisa z'okusaasira ebisolo:

Ekibuuzo 21: Ze ziriwa empisa z'okusaasira ebisolo?

Okwanukula: 1

Ndiisa era nennywesa ebisolo.

Mu hadiithi:

قَالُوا: يَا رَسُولَ اللهِ، وَإِنَّ لَنَا فِي الْبَهَائِمِ أَجْرًا؟ قَالَ: «فِي كُلِّ كَبِدٍ رَطْبَةٍ أَجْرٌ».

"Baagamba nti: Owaffe ggwe omubaka wa Allah, ensolo nazo tuzifunamu empeera nga tuziyisizza bulungi? n'agamba nti: buli kirina ekibumba kirimu empeera" yayogerwa Bukhaari ne Muslim.

-Era lumu Omubaka wa Allah okusaasira n'emirembe bibeere ku yye yayita ku ngamiya nga omugongo gwayo gukonaganye n'olubuto lwayo n'agamba:

«اتَّقُوا اللهَ فِي هَذِهِ البَهَائِمِ».

"Mutye Allah mu nsolo zino." yayogerwa Abu Dauda.

okubisaasira n'obutakitikka byekitasobola.

Mu hadiithi: yagamba Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye:

«مَنْ رَبُّ هَذَا الْجَمَلِ؟ لِمَنْ هَذَا الْجَمَلُ؟ فَجَاءَ فَتًى مِنَ الْأَنْصَارِ فَقَالَ: لِي يَا رَسُولَ اللهِ. فَقَالَ: أَفَلا تَتَّقِي اللهَ فِي هَذِهِ الْبَهِيمَةِ الَّتِي مَلَّكَهُ اللهُ إِيَّاهَا؛ فَإِنَّهُ شَكَا إِلَيَّ أَنَّكَ

تُجِيعُهُ وَتُدنِيُهُ».

"Ani nannyini ngamiya eno? Engamiya eno y'ani?. Omuvubuka okuva mu ba Answar najja, n'agamba: yange owange ggwe omubaka wa Allah, Nabbi n'agamba: nti totya Allah ku kisolo kino kyeyakuwa; mazima ddala yemulugunyizza gyendi nti ogilumya enjala era ogikozesa emirimu mingi n'ogikooya." yayogera Abu Dauda Ne Ahmad. Ogikooya.

Sibonereza kisolo nakibonerezo kyonna yadde okukikosa.

mu Hadiith nga eva ku Jaabir-Allah amusiime, mazima Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye yamuyitako lumu n'endogoyi nga baagiteekamu enjokyo mu kyenyi kyayo, n'agamba:

«أَمَا بَلَغَكُمْ أَنِّي قَدْ لَعَنْتُ مَن وَسَمَ الْبَهِيمَةَ فِي وَجْهِهَا، أَوْ ضَرَبَهَا فِي وَجْهِهَا؟ فَنَهَى عَنْ ذَلِكَ».

"Tekyabatuukako nti nakolimira omuntu ateeka enjokyo mu kyenyi ky'ensolo oba agikuba mu kyenyi?» ekyo Nabbi n'akiziyiza. " yayogerwa Muslim ne Abu Dauda.

Empisa z'eby'emizannyo:

Ekibuuzo 22: Ze ziriwa empisa z'eby'emizannyo?

Okwanukula: 1- Mu byemizannyo ngendereramu

kufuna amaanyi nsobole okugondera Allah n'okumsiimya.

2. Tetuzannya mu kiseera ky'eswala.

yagamba Allah:

﴿فَوَيل لِّلۡمُصَلِّينَ ۝٤ ٱلَّذِينَ هُمۡ عَن صَلَاتِهِمۡ سَاهُونَ ۝٥﴾

(Okubonaabona kuli kw'abo abasaala*
abo abalagajjalira esswala zaabwe).

[Al-maa-uun: 4-5].

3- Abalenzi tebazannya nabawala.

4- Neekuumira ku kyambalo ky'eby'emizannyo ekyo ekibikka obwerere bwange.

5- Neesamba emizannyo egyaziyizibwa, nga egyo egirimu okukuba mu kyenyi, n'okubikkula obwerere.

Mu hadiithi:

«إِذَا قَاتَلَ أَحَدُكُمْ أَخَاهُ فَلْيَجْتَنِبِ الْوَجْهَ».

"Omu ku mmwe bw'abanga alwanaganye ne munne, yeesambenga okukuba mu kyenyi."

yayogerwa Muslim.

Empisa z'okusaaga:

Ekibuuzo 23: Ze ziriwa empisa z'okusaaga?

Okwanukula: 1.Okwogera amazima mu kusaaga, n'obutalimba.

Mu hadiithi:

«وَيْلٌ لِّلَّذِي يُحَدِّثُ فَيَكْذِبُ لِيُضْحِكُ بِهِ الْقَوْمَ، وَيْلٌ لَهُ، وَيْلٌ لَهُ».

"Okubonaabona kuli kw'oyo anyumya n'alimba asobole okusesa abantu, okubonaabona kuli ku yye, okubonabona kuli ku yye."

yayogerwa Abu dauda, Ne Ahmad, ne Tirmidhi.

2. Okusaaga okutaliimu kujerega yadde okujeeja yadde okunakuwaza.

-Yagamba Nabbi okusasira n'emirembe bibeere ku yye:

«لَا يَحِلُّ لِمُسْلِمٍ أَنْ يُرَوِّعَ مُسْلِمًا».

"Tekikkirizibwa ku musiraamu yenna kutiisatiisa musiraamu munne" yayogera Abu dauda Ne Ahmad.

3- Obutayitiriza nnyo kusaaga.

-Yagamba Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye:

«وَلَا تُكْثِرُوا الضَّحِكَ؛ فَإِنَّ كَثْرَةَ الضَّحِكِ تُمِيتُ الْقَلْبَ».

"Era toyitiriza nnyo kuseka; mazima ddala okuyitiriza okuseka kutta omutima."

Yayogerwa Tirmidhi ne Ibun Maajah.

Empisa z'okwasimula:

Ekibuuzo 24: Ze ziriwa empisa z'okwasimula?

Okwanukula: 1- Okuteeka omukono, oba akatambaala ku nnyindo nga ogenda okwasimula.

2-Okutendereza Allah oluvannyuma lw'okwasimula.

«ALHAMDU LILLAH»

3- Muganda we oba munne amuwulidde amugamba nti : «YARHAMUKA ALLAHU» amakulu: Allah akusaasire.

-Bw'aba akimugambye amuddemu nti:

«YAHDIIKUM ALLAHU WA YUSLIH BAALAKUM » amakulu: Allah abalungamye era abatereereze embeera ya mmwe.

Empisa z'okwayuuya:

Ekibuuzo 25: Ze ziriwa empisa z'okwayuuya?

okwanukula: 1

okugezaako okuziyiza okwayuuya.

Mu hadiithi:

«التَّثَاؤُبُ مِنَ الشَّيْطَانِ، فَإِذَا تَثَاءَبَ أَحَدُكُمْ فَلْيَرُدَّهُ مَا اسْتَطَاعَ».

"Okwayuuya kuva eri sitaani, bw'abanga agenda okwayuuya omu ku mmwe akiziyize nga bw'asobola." yayogerwa Bukhaari ne Muslim.

2. Obutasitula doboozi nti «aah aah»

Mu hadiithi:

«وَلَا يَقُلْ: آهِ آهِ، فَإِنَّ أَحَدَكُمْ إِذَا فَتَحَ فَاهُ، فَإِنَّ الشَّيْطَانَ يَضْحَكُ مِنْهُ».

"Era tagambanga nti: aah aah, kubanga omu ku mmwe bwaggulawo omumwa gwe sitaani emusekerera." yayogerwa Ahmad.

3-Okuteeka omukono ku mumwa.

Mu hadiithi:

«إِذَا تَثَاءَبَ أَحَدُكُمْ فَلْيُمْسِكْ بِيَدِهِ عَلَى فِيهِ؛ فَإِنَّ الشَّيْطَانَ يَدْخُلُ».

"Bw'abanga agenda okwayuuya omu ku mmwe akwatenga ku mumwa, kubanga sitaani eyingira." yayogerwa Muslim.

Empisa z'okusaba:

Ekibuuzo 26: Ze ziriwa empisa z'okusaba?

Okwanukula: 1- Okutandika n'okutenda Allah n'okumusuuta.

Okusaalira Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye.

Mu hadiithi okuva ku nabbi okusasira n'emirembe bibere ku yye:

«إِذَا صَلَّيْتَ، فَقَعَدْتَ، فَحَمِدْتَ اللهَ بِمَا هُوَ أَهْلُهُ، وَصَلَّيْتَ عَلَيَّ، ثُمَّ ادْعُهُ».

"Bw'omalanga okusaala n'otuula, tendereza Allah n'amatendo ge agamusaana, bw'omala onsaalire, oluvannyuma musabe." Yayogerwa Tirmidhi.

3- Okuwanika emikono mu kusaba.

-Yagamba Omubaka wa Allah okusaasira n'emirembe bibeere ku yye:

«إِنَّ رَبَّكُمْ تَبَارَكَ وَتَعَالَى حَيِيٌّ كَرِيمٌ يَسْتَحْيِي مِنْ عَبْدِهِ إِذَا رَفَعَ يَدَيْهِ إِلَيْهِ أَنْ يَرُدَّهُمَا صِفْرًا».

"Mazima ddala omulezi wammwe omugulumivu wa nsonyi ate mugabi, akwatibwa omuddu we ensonyi bw'aba awanise emikono gye gy'ali okugizzaayo nga temuli kirimu." Yayogerwa Tirmidhi ne Abu Dauda.

4. okwenenya n'okukkiriza ekyonoono.

Mu duwa ya Muusa emirembe gibeere ku yye:

﴿قَالَ رَبِّ إِنِّي ظَلَمْتُ نَفْسِي فَاغْفِرْ لِي فَغَفَرَ لَهُۥٓ إِنَّهُۥ هُوَ الْغَفُورُ الرَّحِيمُ ١٦﴾

(Yagamba nti: Mukama wange! Mazima nze ndyazaamaanyizza omwoyo gwange, (wabula) nsonyiwa! Ne (Allah), n'amusonyiwa. Mazima Ye ye Musonyiyi, Omusaasizi). [Al-qasas: 16].

5- Okulemerako mu kusaba. amakulu nti okuyitiriza okusaba n'okukuddingana.

6- Obutapapiriza kwagala kwanukulwa.

7. Tosaba kyonoono yadde okukutula oluganda.

Mu hadiithi:

«لَا يَزَالُ يُسْتَجَابُ لِلْعَبْدِ مَا لَمْ يَدْعُ بِإِثْمٍ أَوْ قَطِيعَةِ رَحِمٍ، مَا لَمْ يَسْتَعْجِلْ. قِيلَ: يَا رَسُولَ اللهِ، مَا الاستعجَالُ؟ قَالَ: يَقُولُ: قَدْ دَعَوْتُ، قَدْ دَعَوْتُ، فَلَمْ أَرَ يَسْتَجِيبُ لِي. فَيَسْتَحْسِرُ عِندَ ذَلِكَ، وَيَدَعُ الدُّعَاءَ».

"Omuddu aja kusigala nga ayanukulwa ebbanga ly'amala nga tasabye kyonoono oba okukutula

oluganda, n'ebbanga ly'amala nga tapapye. Nebagamba nti owaffe ggwe omubaka wa Allah, okupapa kye kki? n'agamba nti: agamba nti: nsabye n'ensaba, naye siraba bwanyanukula n'akoowa, n'alekayo n'okusaba." yayogerwa Bukhaari ne Muslim.

8- Okukkakkanya eddobozi mu kusaba.

yagamba Allah:

﴿ادْعُوا رَبَّكُمْ تَضَرُّعًا وَخُفْيَةً...﴾

(Musabe omulezi wammwe mu bukkakkamu ne mu kyama). [Al-a-araaf: 55].

9. Okuteekayo obirowoozo(omutima) mu kaseera k'okusaba.

Mu hadiithi:

«ادْعُوا اللهَ وَأَنْتُمْ مُوقِنُونَ بِالْإِجَابَةِ، وَاعْلَمُوا أَنَّ اللهَ لَا يَسْتَجِيبُ الدُّعَاءَ مِنْ قَلْبٍ غَافِلٍ لَاهٍ».

"Musabe Allah nga mukakasa nti ajja kubaanukula, era mukimanye nti Allah tayanukula duwa ya muntu nga omutima gwe mugayaavu tegwefiirayo." Yayogerwa Tirmidhi.

10- Okwewayo eri Allah n'okusaba Allah yyekka mu buzibu ne mu ssanyu.

- Yagamba Allah:

﴿وَأَنَّ الْمَسَٰجِدَ لِلَّهِ فَلَا تَدْعُوا مَعَ اللَّهِ أَحَدًا ﴿١٨﴾﴾

(Era mazima emizikiti gyonna gya Allah Kale

temusinzanga awamu ne Allah ekintu ekirala kyonna nga mukimugattako). [Al-jinni: 18].

okusembera eri Allah nga okozesa amannya ge amalungi n'ebitendo bye.

- Allah yagamba:

﴿وَلِلَّهِ ٱلۡأَسۡمَآءُ ٱلۡحُسۡنَىٰ فَٱدۡعُوهُ بِهَاۖ...﴾

(Ne Allah alina amannya amalungi, kale mugamusabise). [Al-a-araaf: 180].

12- okwolekera ekibula. mu hadiithi:

«فَمَا زَالَ يَهْتِفُ بِرَبِّهِ مَادًّا يَدَيْهِ مُسْتَقْبِلَ الْقِبْلَةَ، حَتَّى سَقَطَ رِدَاؤُهُ عَنْ مَنْكِبَيْهِ».

"Yasigala nga asaba omulezi we, nga awanise emikono gye, nga ayolekedde ekibula, okutuusa essuuka ye lweyagwa okuva ku bibegaabega bye." yayogerwa Muslim.

13. okulya n'okwambala obirungi (ebikkirizibwa). Mu hadiithi:

«ثُمَّ ذَكَرَ الرَّجُلَ يُطِيلُ السَّفَرَ، أَشْعَثَ أَغْبَرَ، يَمُدُّ يَدَيْهِ إِلَى السَّمَاءِ: يَا رَبِّ، يَا رَبِّ، وَمَطْعَمُهُ حَرَامٌ، وَمَشْرَبُهُ حَرَامٌ، وَمَلْبَسُهُ حَرَامٌ، وَغُذِّيَ بِالْحَرَامِ، فَأَنَّى يُسْتَجَابُ لِذَلِكَ؟».

"Oluvannyuma n'ayogera ku musajja, eyatambula olugendo nga luwanvu, nga yenna agubasidde awanyise emikono gye waggulu: agamba ayi omulezi wange, ayi omulezi wange, naye nga eby'okulya bye

bya haraam, n'eby'okunywa bye bya haraam, n'ebyambalo bye bya haraam, nga yakuzibwa ku haraam, oyo ayinza atya okwanukulwa."

yayogerwa Muslim.

Empisa z'okusoma Quran ey'ekitibwa:

Ekibuuzo 27: Ze ziriwa empisa z'okusoma Quran?

Okwanukula: 1- Okusoma nga oli mutukuvu oluvannyuma lw'okufuna wudhu.

2- Okutuula mu mpisa n'obukakkamu.

3- Nsaba Allah ankingirize shaitwan ku ntandikwa y'okusoma.

Yagamba omugulumivu:

﴿فَإِذَا قَرَأْتَ الْقُرْءَانَ فَاسْتَعِذْ بِاللَّهِ مِنَ الشَّيْطَـٰنِ الرَّجِيمِ ﴿٩٨﴾﴾

(Bw'oba nga ogenda kusoma Kuraane, weekingirizenga ne Katonda (akukuume) ku sitaane eyagobwa (ku kusaasira Kwe)). [Suurat An-nahl: 98].

4. Nfumintiriza nga nsoma.

yagamba Allah omgulumivu:

﴿أَفَلَا يَتَدَبَّرُونَ الْقُرْءَانَ أَمْ عَلَىٰ قُلُوبٍ أَقْفَالُهَا ﴿٢٤﴾﴾

(Abaffe tebetegereza Kur'ani, oba emitima gyegiriko ekkufulu zaagyo). [Muhammad: 24].

***

Ekitundu ky'eby'enneeyisa.

Okumanya okweby'empisa:

Enneyisa: Ye ilimu emanyibwa nayo amakulu g'ekirungi n'ekibi, era nennyonyola engeri enkolagana ne Allah, n'enkolagana n'ebitonde bye bw'erina okubeera.

Ekibuuzo 1: Bulingi ki obw'empisa ennungi?

Okwanukula: Yagamba Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye:

«أَكْمَلُ الْمُؤْمِنِينَ إِيمَانًا أَحْسَنُهُمْ خُلُقًا».

"Omukkiriza asinga abakkiriza obujjuvu bw'obukkiriza, y'abasinga empisa ennungi."

yayogerwa Tirmidhi ne Ahmad.

Ekibuuzo 2- Lwaki twekumira ku mpisa z'obusiraamu?

okwanukula: 1

kubanga nsonga eviraako okwagalibwa Allah omugulumivu.

Mu hadiithi:

«أَحَبُّ عِبَادِ اللهِ إِلَى اللهِ تَعَالَى قَالَ أَحْسَنُهُم خُلُقًا».

"Omuddu wa Allah asinga okwagalwa eri Allah, yagamba: abasinga empisa ennungi"

Yayogerwa Al-haakim ne Twabaraani.

2- Era nsonga y'okwagalwa ebitonde.

3. Era ky'ekintu ekisinga okuzitowa ku minzaani.

- Mu hadiithi:

«أَثْقَلُ شَيْءٍ فِي الْمِيزَانِ يَوْمَ الْقِيَامَةِ خُلُقٌ حَسَنٌ».

"Ekintu ekigenda okusinga obuzito ku minzaani ku lunaku kw'ekomerero, mpisa nnungi." yayogerwa Abu Dauda, ne Tirmidhi.

4. Era empeera zikubisibwamu kulw'empisa ennungi.

- Mu hadiithi

«إِنَّ الْمُؤْمِنَ يُدْرِكُ بِحُسْنِ خُلُقِهِ دَرَجَاتِ قَائِمِ اللَّيْلِ صَائِمِ النَّهَارِ».

"Mazima ddala omukkiriza afuna olw'empisa ennungi, amadaala g'omuntu ayimirira ekiro n'asiiba emisana." yayogerwa Ahmad.

5. Era kabonero ka bujjuvu bwa bukkiriza.

Mu hadiithi:

«أَكْمَلُ الْمُؤْمِنِينَ إِيمَانًا أَحْسَنُهُمْ خُلُقًا».

"Omukkiriza asinga abakkiriza obujjuvu bw'obukkiriza, y'oyo abasinga empisa ennungi." yayogerwa Abu Dauda ne Tirmidhi.

Ekibuuzo 3: Empisa tuziggya wa?

Okwanukula: Tuziggya mu quran ey'ekitiibwa. yagamba Allah:

﴿إِنَّ هَذَا الْقُرْآنَ يَهْدِي لِلَّتِي هِيَ أَقْوَمُ...﴾

(Mazima eno quran elungamya eri ekkubo erisinga obugolokofu). [Suurat Al-israa: 9].

-Ne mu nkola za Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye yagamba nti:

«إِنَّما بُعِثْتُ لِأُتَمِّمَ صَالِحَ الأَخْلَاقِ».

"Mazima natumwa kujjuliriza mpisa nnungi." yayogerwa Ahmad.

Ekibuuzo 4: Empisa y'okweyisa obulungi y'eriwa n'ebifananyi byayo?

Okulongoosa: kwe kubeera ku Allah lubeerera, n'okukolera ebirungi n'okulongoosa eri ebitonde.

Yagamba Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye):

«إِنَّ اللهَ كَتَبَ الْإِحْسَانَ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ».

"Mazima ddala Allah yalagira okuyisa obulungi buli kintu." yayogerwa Muslim.

Ebimu ku bifananyi by'okulongoosa:

✓ Okulongoosa mu kusinza Allah, era ekyo kibeerawo na kumwawula mu ku musinza.

✓Okulongoosa eri abakadde ababiri, mu njogera n'ebikolwa.

✓ Okulongoosa eri ab'enganda.

✓Okulongoosa eri mulirwaana.

✓Okulongoosa eri ba mulekwa n'abeetaavu.

✓Okulongoosa eri akuyisizza obubi.

✓ Okulongoosa mu kukaayana.

✓ Okulongoosa mu bigambo.

✓ Okulongoosa eri ebisolo.

Ekibuuzo 5: Ekyenyume ky'okulongoosa kye kki?

Okwanukula: Ekyennyume ky'okulongoosa kwe kwonoona.

- nga namwo mulimu: Okulekayo okwawula Katonda mu kumusinza .

- Okuyisa obubi abakadde ababiri.

- Okukutulawo oluganda.

- Omulirwano omubi.

-Okulekayo okulongoosa eri abaavu, n'abeetaavu.

n'ebirara ebibi mu bigambo n'ebikolwa.

Ekibuuzo 6: Emiteeko gy'obwesigwa gy'egiriwa, n'ebifananyi byagyo?

1- Obwesigwa mu kukuuma obuvunanyizibwa bwa Allah.

Ekifaananyi ky'ekyo: Obwesigwa mu kutuukiriza ebikolwa by'okusinza Allah, omuli esswala, zakat,

okusiiba okukola hijja, n'ebirara mw'ebyo Allah byeyatulaalikako.

2- Obwesigwa mu kukuuma obuvunanyizibwa bw'ebitonde:

-Omuli okukuuma ebitiibwa by'abantu.

- N'emmaali yaabwe.

- N'emisaayi gyabwe.

- N'ebyama byabwe na byonna abantu byebaba bakwesigisizza nabyo.

Allah yagamba nga ayogera ku bitendo by'abeesiimye:

﴿وَالَّذِينَ هُمْ لِأَمَانَاتِهِمْ وَعَهْدِهِمْ رَاعُونَ﴿٨﴾﴾

(Era be bo abakuuma obwesigwa bwabwe n'endagaano zaabwe). [Suurat Al-mu-uminuuna: 8].

Ekibuuzo 7: Ekyennyume ky'obwesigwa kyekki?

Okwanukula: Obukumpanya, okusulirira obuvunanyizimbwa bwa Allah, n'obuvunanyizibwa bw'abantu.

-yagamba Allah:

﴿يَأَيُّهَا الَّذِينَ ءَامَنُوا لَا تَخُونُوا اللَّهَ وَالرَّسُولَ وَتَخُونُوا أَمَنَتِكُمْ وَأَنتُمْ تَعْلَمُونَ﴿٢٧﴾﴾

(Abange mmwe abakkiriza! Temukumpanyanga

Allah n'Omubaka We, wadde n'okukumpanya obwesigwa bwammwe nga nammwe mumanyi).

[Al-anfaal: 27].

-yagamba Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye:

«آيَةُ المُنافِقِ ثَلاثٌ» – وَذَكَرَ مِنْهَا – «وَإِذَا اؤْتُمِنَ خَانَ».

"Obubonero bw'omunnanfuusi buli busatu», n'ayogera mu bwo- «bw'aba atereseddwa akumpanya." yayogerwa Bukhaari ne Muslim.

Ekibuuzo 8: Empisa y'amazima y'eriwa?

Okwanukula: Kwe kwogera ekintu ekikwatagana n'ekiriwo, oba okwogera ekintu nga bwekiri.

Ebimu ku bifaananyi byago:

-Okwogera amazima nga onyumya n'abantu.

-Amazima mu ndagaano.

-Amazima mu buli kigambo na mu buli mulimu.

yagamba Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye:

«إِنَّ الصِّدقَ يَهْدِي إِلَى البِرِّ، وَإِنَّ البِرَّ يَهْدِي إِلَى الجَنَّةِ، وَإِنَّ الرَّجلَ لَيَصْدُقُ حَتَّى يَكُونَ صِدِّيقًا».

"Mazima ddala amazima galungamya eri obulungi, ate mazima ddala obulungi butwaala mu jjana, era mazima omusajja asobola okwogera amazima natuuka nafuuka omwogezi wa mazima."

yayogerwa Bukhaari ne Muslim.

Ekibuuzo 9: Ekyennyume ky'amazima kyekki?

Okwanukula: Obulimba, era kwe kwawukana n'ekituufu.

mukyo mulimu: okulimba abantu, okwawukana ku ndagaano, n'okujulira eby'obulimba.

yagamba nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye:

«وإنَّ الكذِبَ يَهْدِي إِلَى الفُجُورِ، وَإِنَّ الفُجُورَ يَهْدِي إِلَى النَّارِ، وَإِنَّ الرَّجُلَ لَيَكذِبُ حَتَّى يُكتَبَ عِنْدَ اللهِ كَذَّابًا».

"Era mazima ddala obulimba, bulungamya eri obwonoonefu, ate obwonoonefu butwala mu muliro, mazima omusajja asobola okulimba mpaka lwawandikibwa mu maso ga Allah nti mulimba nnyo." yayogerwa Bukhaari ne Muslim.

Era Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye yagamba:

«آيَةُ المُنافِقِ ثَلَاثٌ» -وَذَكَرَ مِنْهَا- «إِذَا حَدَّثَ كَذَبَ، وَإِذَا وَعَدَ أَخْلَفَ».

"Obubonero bw'omunnanfusi buli busatu»- n'ayogera mu bwo- «bw'anyumya alimba, ate bw'alaganyisa ayawukana ku ndagaano."

yayogerwa Bukhaari ne Muslim.

Ekibuuzo 10: Emiteeko gy'obuguminkiriza gyegyiriwa?

Okwanukula: -Okuguminkiriza mu kugondera Allah.

- Okuguminkiriza n'otajeemera Allah.

- Okuguminkiriza ebigezo bya Allah ebiruma, n'okutendereza Allah ku buli mbeera.

yagamba Allah:

﴿...وَٱللَّهُ يُحِبُّ ٱلصَّٰبِرِينَ﴾

(Ne Allah ayagala nnyo abaguminkiriza).

[Suurat aal-Imraan: 146].

Era Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye yagamba:

«عَجَبًا لِأَمْرِ المُؤْمِنِ إِنَّ أَمْرَهُ كُلَّهُ خَيرٌ، وَلَيْسَ ذَلِكَ لِأَحَدٍ إِلَّا لِلمُؤْمِنِ؛ إِنْ أَصَابَتْهُ سَرَّاءُ شَكَرَ فَكَانَ خَيرًا لَهُ، وَإِنْ أَصَابَتْهُ ضَرَّاءُ صَبَرَ فَكَانَ خَيرًا لَهُ».

"Embeera z'omukkiriza zeewunyisa, mazima embeera ze zonna nnungi, ate ekyo tekiri okujjako kumukkiriza yekka, bw'afuna ekimusanyusa yeebaza, ekyo nekiba kirungi gyali, ate era bwafuna ekimunyiza aguminkiriza, nekiba kirungi gyali."

yayogerwa Muslim.

Ekibuuzo 11: Ekyennyume ky'obuguminkiriza kyekki?

Okwanukula: Bwebutaguminkiriza ku kugondera Allah, n'obutaguminkiriza kubutakola byonono, n'okunyigira okugera kwa Allah n'ebigambo oba ebikolwa.

Ebimu ku bifananyi by'obutaguminkiriza:

-Okwegomba okufa.

yagamba nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye:

«لَا يَتَمَنَّيَنَّ أَحَدُكُمُ الْمَوْتَ مِنْ ضُرٍّ أَصَابَهُ، فَإِنْ كَانَ لَا بُدَّ فَاعِلًا فَلْيَقُلِ: اللَّهُمَّ أَحْيِنِي مَا كَانَتِ الْحَيَاةُ خَيْرًا لِي، وَتَوَفَّنِي إِذَا كَانَتِ الْوَفَاةُ خَيْرًا لِي».

"Teyegombanga omu mu mmwe okufa olw'obuzibu obumutuuseeko, bwekiba nga talina ngeri gyakyewala agambe: Ayi Allah mpangaaza bwebuba nga obulamu bwebulungi gyendi, era onzite bwekuba nga okufa kwekulungi gyendi. " yayogerwa Bukhaari ne Muslim.

-Okwekuba empi kumatama.

-Okuyuza engoye.

-Okusumulula enviiri.

-Okwesabira okizikirira.

yagamba Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere kuye:

«لَيْسَ مِنَّا مَنْ لَطَمَ الْخُدُودَ، وَشَقَّ الْجُيُوبَ، وَدَعَا بِدَعْوَى الْجَاهِلِيَّةِ».

"Ssi wa muffe oyo ayeekuba empi mu kyenyi,

n'ayuza n'engoye, nayogera n'ebigambo ebyayogerwanga nga obusiramu tebunnajja." yayogerwa Bukhaari.

yagamba Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye:

«إِنَّ عِظَمَ الْجَزَاءِ مَعَ عِظَمِ الْبَلَاءِ وَإِنَّ اللهَ إِذَا أَحَبَّ قَوْمًا ابْتَلَاهُمْ، فَمَنْ رَضِيَ فَلَهُ الرِّضَا، وَمَنْ سَخِطَ فَلَهُ السَّخَطُ».

"Mazima obunene bw'empeera buli wamu n'obunene bw'ekigezo, era mazima Allah bwayagala abantu abagezesa, yenna asiima ebigezo bya Allah, naye Allah amusiima, ate yenna anyiigira ebigezo bya Allah, ne Allah amunyigira." yayogerwa Tirmidhi ne Ibun Maajah.

Ekibuuzo 12: Empisa y'okuyambagana y'eriwa?

Okwanukula: Be bantu okuyambagana wakati wabwe ku mazima n'obulungi.

Ebifaananyi by'okuyambagana:

-Okuyambagana mu kuzzaayo obuvunanyizibwa bw'abantu.

-Okuyambagana mu kugoba omulyazamanya.

-Okuyambagana mu kumala ebyetaago by'abantu n'abeetaavu.

-Okuyambagana ku buli kirungi.

-Obutayambagana mu kwonoona, n'ebibi n'obulumbaganyi.

yagamba Allah:

﴿...وَتَعَاوَنُوا عَلَى الْبِرِّ وَالتَّقْوَى وَلَا تَعَاوَنُوا عَلَى الْإِثْمِ وَالْعُدْوَانِ وَاتَّقُوا اللَّهَ إِنَّ اللَّهَ شَدِيدُ الْعِقَابِ﴾

(Muyambagane mu kukola obulungi n'okutya Allah, wabula temuyambagana ku kwonoona n'obulabe, mutye Allah, mazima Allah muyitirivu wa kubonereza). [Al-Maa-ida:2].

yagamba Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye:

«المُؤْمِنُ لِلْمُؤْمِنِ كَالْبُنْيانِ؛ يَشُدُّ بَعْضُهُ بَعْضًا».

"Omukkiriza n'omukkiriza balinga muzimbo, buli gumu gunyweza omulala"

yayogerwa Bukhaari ne Muslim.

Era Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye yagamba:

«المُسْلِمُ أَخُو المُسْلِمِ، لا يَظلِمُه، وَلا يُسْلِمُهُ، وَمَنْ كَانَ فِي حَاجَةِ أَخِيهِ، كَانَ اللهُ فِي حَاجَتِه، وَمَنْ فَرَّجَ عَنْ مُسْلِمٍ كُرْبَةً، فَرَّجَ اللهُ عَنهُ كُرْبَةً مِن كُرُباتِ يَومِ القِيَامَةِ، وَمَنْ سَتَرَ مُسْلِمًا، سَتَرَهُ اللهُ يَومَ القِيَامةِ».

"Omusiraamu muganda wa musiraamu munne, tamulyazaamaanya, era tamuleka kulyazamanya, yenna ayamba muganda we mu bwetaavu, naye Allah

amuyamba, yenna ajja omusiraamu mu buzibu, naye Allah amuggirawo obuzibu mu bizibu by'olunaku lw'enkomerero, Yenna abikkirira omusiraamu, naye Allah amubikkirira ku lunaku lw'enkomerero" yayogerwa Bukhaari ne Muslim.

Ekibuuzo 13: Gye giriwa emiteeko gy'ensonyi?

Okwanukula: 1.Okukwatira Allah ensonyi: ekyo kibeera mu butajeemera Allah.

2: Okwatibwa abantu ensonyi: nga okulekayo okwogera ebigambo eby'obuwemu, n'okulaga obwerere.

Yagamba Omubaka wa Allah okusaasira n'emirembe bibeere ku yye:

«الإِيمانُ بِضْعٌ وسَبعونَ» – أَوْ: «بِضْعٌ وسِتُّونَ» – «شُعْبَةً، أَعْلَاهَا: قَوْلُ: لَا إِلَهَ إِلَّا اللهُ. وَأَدْنَاهَا: إِمَاطَةُ الأَذَى عَنِ الطَّرِيقِ. وَالحَيَاءُ شُعْبَةٌ مِنَ الإِيمَانِ».

"Obukkiriza bulimu amadaala wakati w'ensavu mu asatu n'ensanvu mu mwenda, oba nkaaga mu asatu n'enkaaga mu mwenda, nga n'eddaala erisinga enkizo ky'ekigambo LAA ILAAHA ILLA LLAHU, n'erisembayo wansi okujjawo ekinyiiza mu kkubo, n'ensonyi ddaala mu madaala g'obukkiriza." yayogerwa Muslim.

Ekibuuzo 14: By'ebiriwa ebifaananyi by'empisa y'okusaasira?.

Okwanukula: Okusaasira abakuze mu myaka, n'okubawa ekitiibwa.

-Okusaasira abaana abato. mu hadiithi:

«لَيْسَ مِنَّا مَنْ لَمْ يُوَقِّرْ كَبِيرَنَا، وَيَرْحَمْ صَغِيرَنَا».

"Ssi wa muffe oyo atawa bakulu kitiibwa mu ffe, ate nga tasaasira bato muffe" yayogerwa Ahmad.

- Okusaasira omwavu, omunaku n'omwetaavu.

- Okusaasira ebisolo nga obiriisa n'okubinywesa era n'okubiyisa obulungi.

Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye yagamba:

«تَرَى المُؤْمِنِينَ فِي تَرَاحُمِهِم وَتَوَادِّهِم وَتَعَاطُفِهِم كَمَثَلِ الجَسَدِ، إِذَا اشْتَكَى عُضْوٌ تَدَاعَى لَهُ سَائِرُ جَسَدِهِ بِالسَّهَرِ وَالحُمَّى».

"Olaba abakkiriza mukusaasirigana kwabwe, n'okwagalana kwabe, n'okukwatibwagana ekisa balinga omubiri, ekiyungo kimu bwekirwala n'ebisigadde nabyo birwalira wamu nakyo." yayogerwa Bukhaari ne Muslim.

Era yagamba omubaka wa Allah okusaasira n'emirembe bibeere ku yye:

«الرَّاحِمُونَ يَرحَمُهُمُ الرَّحْمَنُ، ارْحَمُوا أَهْلَ الأَرْضِ، يَرحَمُكُمْ مَن فِي السَّمَاءِ».

"Abasaasizi nabo Allah abasaasira , musaasire abali ku nsi, ajja kubasaasira oyo ali mu ggulu."

Yayogerwa Abu Dauda ne Tirmidhi.

Ekibuuzo 15: Gye giriwa emiteeko gy'okwagala?.

Okwanukula: -Okwagala Allah.

yagamba Allah:

﴿...وَالَّذِينَ آمَنُوا أَشَدُّ حُبًّا لِلَّهِ...﴾

(N'abo abakkiriza bebasinga okwagala Allah). [Surat Al-baqara: 165].

-Okwagala omubaka okusaasira n'emirembe bibeere ku ye.

yagamba okusaasira n'emirembe bibeere ku yye:

«وَالَّذِي نَفْسِي بِيَدِهِ، لَا يُؤْمِنُ أَحَدُكُم حَتَّى أَكُونَ أَحَبَّ إِلَيهِ مِن وَالِدِهِ وَوَلَدِهِ».

"Ndayira oyo awaniridde omwoyo gwange mu mukono gwe, tayinza kukkiriza omu mu mmwe, okutuusa nga nze nsinga okwagalwa gyali, n'okusinga muzadde we, ne mutabani we" yayogerwa Bukhaari.

Okwagala abakkiriza, n'okubaagaliza ebirungi nga bweweeyagaliza.

yagamba Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye:

«لَا يُؤْمِنُ أَحَدُكُمْ حَتَّى يُحِبَّ لِأَخِيهِ مَا يُحِبُّ لِنَفْسِهِ».

"Tayinza kukkiriza omu mu mmwe okutuusa nga ayagalizza muganda we ekyo kyeyeeyagaliza." yayogerwa Bukhaari.

Ekibuuzo 16: Essanyu kye kki?

Okwanukula: Kwekusanyuka kw'ekyenyi, n'okumwenya n'okwolesa essanyu nga osisinkanye abantu.

Era kyekyenyume ky'okusiba emitaafu eri abantu, ekimu kubibasembeza ewala.

Hadiithi ezilaga obulungi bw'ekyo zajja, hadiithi nga eva ku abu Dharri Allah amusiime yagamba: yangamba Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye:

«لا تَحْقِرَنَّ مِنَ المَعْرُوفِ شَيْئًا، وَلَو أَنْ تَلْقَى أَخَاكَ بِوَجْهٍ طَلْقٍ».

"Tonyomanga kintu kyonna nga kirungi, nebwekuba kusisinkana na muganda wo n'ekyenyi nga kisanyufu." yayogerwa Muslim.

-Era yagamba omubaka wa Allah okusaasira n'emirembe bibeere ku yye:

«تَبَسُّمُكَ فِي وَجْهِ أَخِيكَ لَكَ صَدَقَةٌ».

"Okumwenyako mu kyenyi kya mugandawo saddaaka." Yayogerwa Tirmidhi.

Ekibuuzo 17: Ensaalwa kye kki?

Okwanukula: Kwe kwegomba ekyengera okuva ku

mulala, oba okutamwa omulala okufuna ekyengera.

yagamba Allah:

﴿وَمِنْ شَرِّ حَاسِدٍ إِذَا حَسَدَ ۝٥﴾

(Era ne mu bubi bw'ow'ensaalwa bw'aba nga asaaliddwa). [Al-falaq:5].

Ne hadiithi nga eva ku Anas ibun Maalik Allah amusiime, mazima Omubaka wa Allah okusaasira n'emirembe bibeere ku yye yagamba:

«لَا تَبَاغَضُوا، وَلَا تَحَاسَدُوا، وَلَا تَدَابَرُوا، وَكُونُوا -عِبَادَ اللهِ- إِخْوَانًا».

"Temwenyigirangana, era Temukwatibwagana nsaalwa, era temukubagana mabega, wabula mubeere-abange mmwe abaddu ba Allah- ba luganda." yayogerwa Bukhaari ne Muslim.

Ekibuuzo 18: Okujeeja kyekki?

Okwanukula: Kwe kujereegerera mugandawo omusiraamu, n'okumukkakkanya, era ekyo tekikkirizibwa.

Yagamba Allah nga agaana ekyo:

﴿يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا يَسْخَرْ قَومٌ مِنْ قَوْمٍ عَسَى أَنْ يَكُونُوا خَيْرًا مِنْهُمْ وَلَا نِسَاءٌ مِنْ نِسَاءٍ عَسَى أَنْ يَكُنَّ خَيْرًا مِنْهُنَّ وَلَا تَلْمِزُوا أَنْفُسَكُمْ وَلَا تَنَابَزُوا بِالْأَلْقَابِ بِئْسَ الِاسْمُ الْفُسُوقُ بَعْدَ الْإِيمَانِ وَمَنْ لَمْ يَتُبْ فَأُولَئِكَ هُمُ الظَّالِمُونَ ۝١١﴾

(Abange mmwe abakkiriza! Ekibiina (mu mmwe)

tekinyoomanga ekibiina ekirala kyandiyinza okuba (kye banyoomerera) nga kye kirungi (mu maso ga Allah) okusinga bo, wadde n'abakyala tebanyoomanga bakyala bannaabwe (kubanga) bandibeera nga be balungi (eri Allah) okusinga bo; wadde temwevvoolangananga (temukyiinagananga) mwekka na mwekka (abamu okuvvoola bannaabwe), era temuyitinngananga amannya amabi (agokuvumagana n'okujeregagana). Erinnya erisinga obubi okuyita omuntu ly'elyo erityooboola (omuntu bwe) oluvannyuma lw'okuba omukkiriza: N'omuntu ateenenya, abo bo be balyazaamaanyi (abassa ebintu mu bitali bifo bya byo). [Al-hujuraat :11].

Ekibuuzo 19: Obwetoowaze kye kki?

Okwanukula: Ye muntu obuteesukkulumya ku bantu, n'atanyooma bantu, ate era n'atagaana mazima.

yagamba Allah:

﴿وَعِبَادُ الرَّحْمَٰنِ الَّذِينَ يَمْشُونَ عَلَى الْأَرْضِ هَوْنًا﴾

(N'abaddu ba Allah abo abatambula ku nsi nga bakkakkamu).

[Al-fur-qaan:63].Amakulu: nga bakkakkamu

Era yagamba omubaka wa Allah okusaasira n'emirembe bibeere ku yye:

«وَمَا تَوَاضَعَ أَحَدٌ لِلهِ إِلَّا رَفَعَهُ اللهُ».

"Omuntu tayinza kwetowaza ku lwa Allah, okujjako nga Allah amusitula amadaala."yayogerwa Muslim.

Era Nabbi (okusaasira n'emirembe bibeere ku yye) yagamba:

«إِنَّ اللهَ أَوْحَى إِلَيَّ أَنْ تَوَاضَعُوا، حَتَّى لَا يَفْخَرَ أَحَدٌ عَلَى أَحَدٍ، وَلَا يَبْغِيَ أَحَدٌ عَلَى أَحَدٍ».

"Mazima Allah yansindikira obubaka nti: mwetowaze, omuntu aleme kwekuluntaliza ku mulala, yadde okumulyazaamaanya." yayogerwa Muslim.

Ekibuuzo 20: Gye giriwa emiteeko gy'okwekuluntaza egyaziyizibwa?

Okwanukula: -Okwekuluntaliza ku mazima, era nga nakwo kugaana amazima n'obutagakkiriza.

2- Okwekuluntaliza ku bantu, nga nakwo kwekubanyooma n'okubakkakkanya.

Yagamba Omubaka wa Allah okusaasira n'emirembe bibeere ku yye:

«لَا يَدخُلُ الجَنَّةَ مَن كَانَ فِي قَلْبِه مِثْقالُ ذَرَّةٍ مِنْ كِبْرٍ».

"Tajja kuyingira Jjana, oyo yenna alibaamu nakanyinkuuli k'okwekuluntaza mu mutima gwe." Omusajja na'gamba: omuntu ayagala engoyeze okuba nga nnungi, nga n'engatto ze nnungi?, Nabbi n'agamba:

«إِنَّ اللهَ جَمِيلٌ يُحِبُّ الجَمَالَ، الكِبْرُ: بَطَرُ الحَقِّ، وَغَمْطُ النَّاسِ».

"Mazima Allah mulungi, ayagala birungi, naye okwekuluntaza:kwe kugaana amazima, n'okunyooma abantu." yayogerwa Muslim.

-Batarul-haqi: Kwe kugagaana.

*Gamtu-nnaas:

kwe okubanyooma.

- Olugoye olulungi, n'engatto ennungi tebigwa mu kwekuluntaza.

Ekibuuzo 21: Gye giriwa emiteeko gy'obufere egyaziyizibwa?

Okwanukula: -Obufere mu kutunda n'okugula: kwe kukweka akamogo k'ekyamaguzi.

-Okufera mu kunoonya okumanya, okugeza nga okukoppa mu bibuuzo.

- Okufera mu bigambo nga okujulira obulimba, n'okulimba.

- Obutatuukiriza byoyogera ne by'okkanyizzaako n'abantu.

Mu kugaana obufere: lumu Omubaka wa Allah okusaasira n'emirembe bibeere ku yye yayita ku mulengo gw'emmere, n'ayingizaamu omukono, engalo ze nezitoba, n'agamaba:

«مَا هَذَا يَا صَاحِبَ الطَّعَامِ؟» قَالَ: أَصَابَتْهُ السَّمَاءُ يَا رَسُولَ اللهِ. قَالَ: «أَفَلَا جَعَلْتَه فَوْقَ الطَّعَامِ كَيْ يَرَاهُ النَّاسُ؟ مَن غَشَّ فَلَيْسَ مِنِّي».

"Kiki kino owange gwe nannyini mmere?» n'amugamba: enkuba yagikubye owange gwe omubaka wa Allah, Nabbi na'mugamba nti:« Wandigitadde kungulu abantu nebagiraba, yenna alimba taba wa munze(mu kibiina kyange)." yayogerwa Muslim.

Subrat: Omulengo gw'emmere.

Ekibuuzo 22: Okugeya kye kki?

Okwanukula: Okwogera kumugandawo omusiraamu byatamwa nga taliiwo.

yagamba Allah:

﴿وَلَا يَغْتَب بَعْضُكُم بَعْضًا أَيُحِبُّ أَحَدُكُمْ أَن يَأْكُلَ لَحْمَ أَخِيهِ مَيْتًا فَكَرِهْتُمُوهُ وَاتَّقُوا اللَّهَ إِنَّ اللَّهَ تَوَّابٌ رَحِيمٌ ﴿١٢﴾﴾

(Era abamu tebageyanga bannaabwe. Abaffe omu mu mmwe yandyagadde okulya ennyama ya muganda we affudde? Nedda, temukyagala (ekyo; n'olw'ekyo na biri mubitamwe). Era mutye Allah Mazima Katonda Akkiriza abeenenya, Musaasizi). [Al-hujuraat:12].

Ekibuuzo 23: Olugambo kye kki?

Okwanukula: Kwe kutambuza ebigambo mu bantu n'ekigendererwa ky'okwonoona wakati wabwe.

Yagamba omubaka wa Allah okusaasira n'emirembe bibeere ku yye:

«لا يَدخُلُ الجَنَّةَ نَمَّامٌ».

"Tajja kuyingira jjana ow'olugambo."
yayogerwa Muslim.

Ekibuuzo 24: Obugayaavu kye kki?

Okwanukula: Kwe kuzitoowererwa okukola ebirungi, n'ebyo ebikakata ku muntu okukola.

Mu kyo mulimu: Okugayaala mu kukola eby'etteekwa.

Yagamba Allah omugulumivu:

﴿إِنَّ الْمُنَافِقِينَ يُخَادِعُونَ اللَّهَ وَهُوَ خَادِعُهُمْ وَإِذَا قَامُوا إِلَى الصَّلَاةِ قَامُوا كُسَالَى يُرَاءُونَ النَّاسَ وَلَا يَذْكُرُونَ اللَّهَ إِلَّا قَلِيلًا ﴿١٤٢﴾﴾

(Mazima abannanfuusi bakwenyakwenya Allah, wabula naye wa Kubakwenyakwenya. Bwe baba nga bayimiridde okusaala; bayimirira nga bagayaavu lwa kweraga bantu, era tebayogera ku Allah wabula katono nnyo). [An-nisaa: 142].

Kigwana ku mukkiriza okulekayo obugayaavu n'okweetulako, wabula asaana okwanguwa n'okulafuubana mu bulamu bw'ensi nga akola ebyo ebisanyusa Allah.

Ekibuuzo 25: Bye biriwa ebika by'okunyiiga?

Okwanukula: 1- Okunyiiga okulungi: kwe kwo okubaawo ku lwa Allah singa abakafiiri oba abannanfuusi oba abalala bagezaako okulumbagana ensalo za Allah.

2- Okunyiiga okubi: okunyiiga okuleetera omuntu okwogera n'okukola ebitasaana.

Eddagala ly'okunyiiga okubi:

- Okufuna wudhu.
- Okutuula bw'aba abadde ayimiridde, n'okwebaka bw'aba abadde atudde.
- Okwekwata ku kuwabula kwa Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye ku nsonga eyo: «tonyiiga».
- Okwefuga ng’onyiize.
- Okusaba Allah akukingirize sitaani enkolimire.
- Okusirika.

Ekibuuzo 26: Okuketta kwe kuliwa?

Okwanukula: Kwe kubikkula, n'okunoonyereza ku bumogo bw'abantu, n'ebyo byebabeera bakwese.

Ebimu ku bifaananyi bw'okuketta ebyaziyizibwa:

- Okunoonyereza

ku bumogo bw'abantu mu maka gaabwe.

- 0kuwuliriza emboozi y'abantu nga tebamanyi.

yagamba Allah:

﴿...وَلَا تَجَسَّسُوا ...﴾

(…Era temukettangaa...). [Suurat Al-hujuraat:12].

Ekibuuzo 27: Okudiibuuda kye kki?, obukodo kye kki?, era obugabi kye kki?

okwanukula:

Okudiibuuda: kwe kuteeka emmaali w'etagwaana.

ekyennyume ky'eko bw'ebukodo: kwe kugaana okuteeka emmali w'esaana okugenda.

N'ekituufu: Kwe kubeere wakati w'ebibiri, n'omusiraamu okubeera omugabi.

yagamba Allah:

﴿وَٱلَّذِينَ إِذَآ أَنفَقُوا۟ لَمْ يُسْرِفُوا۟ وَلَمْ يَقْتُرُوا۟ وَكَانَ بَيْنَ ذَٰلِكَ قَوَامًا ﴿٦٧﴾﴾

((Abaddu ba Allah) era beebo bwe baba nga bagabye tebadiibuuda era tebaganiriza, okuwaayo kwabwe kuli wakati w'ebyo byombi).

[Suurat Al-furqaan: 67].

Ekibuuzo 28: Obutiitiizi kye kki?, era obuvumu kye kki?

Okwanukula: Kwe kutya ekitasaanidde kutiibwa.

Ng'okutya okwogera amazima, n'okuziyiza ekibi.

Obuvumu: kwe kuyimirira ku mazima, okugeza nga okugenda mu bisaawe bya jihaadi okulwanirira Obusiraamu n'Abasiraamu.

Era Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye mukusaba kwe yagambanga nti:

«اللَّهُمَّ إِنِّي أَعُوذُ بِكَ مِنَ الجُبْنِ...».

"Ayi Allah nkusaba onkingirize obutiitiizi.... "

-Era yagamba omubaka Wa Allah okusaaasira n'emirembe bibere ku yye:

«المُؤْمِنُ القَوِيُّ خَيرٌ وَأَحَبُّ إِلَى اللهِ مِنْ المُؤْمِنِ الضَّعِيفِ، وَفِي كُلٍّ خَيْرٌ».

"Omukkiriza ow'amaanyi mulungi nnyo era ayagalwa nnyo eri Allah okusinga omukkiriza omunafu, naye byonna mulimu obulungi." yayogerwa Muslim.

Ekibuuzo 29: Bye biriwa ebimu ku bigambo by'olulimi ebyaziyizibwa.

Okwanukula: -Okugeza nga Okukolima, n'okuvuma.

-N'okugeza nga okugamba nti: gundi nsolo, oba ebifaanana bwebityo.

-oba okuwemula.

Nabbi ebyo byonna yabigaana n'agamba:

«لَيْسَ المُؤْمِنُ بِالطَّعَّانِ، وَلَا اللَّعَّانِ، وَلَا الفَاحِشِ، وَلَا البَذِيءِ».

"Omukkiriza tabeera mutyobozi(muvumi), wadde okubeera omuyitirivu w'okukolima, wadde okubeera omuwemu, wadde okuba nga talina nsonyi." Yayogerwa Tirmidh ne Ibun Hibbaan.

Ekibuuzo 30: Nsonga ki eziyamba omusiraamu okweyisa n'empisa ennungi?

Okwanukula: 1.Okusaba Allah akugabirire empisa ennungi, era azikuyambeko.

2- Okumanya nti Allah akulondoola, era akumanyi, akuwulira, ate akulaba.

3- Okujjukira ennyo empeera y'empisa ennungi, nti era nsonga ekuyingiza ejjana.

4- Okujjukira enkomerero y'empisa embi, nti era nsonga eyingiza omuliro.

5- Mazima empisa ennungi zireeta okwagalibwa Allah, n'okwagalibwa ebitonde bye, nti era n'empisa empisa embi zireeta obusungu bwa Allah n'okunyiiga kwe.

6- Okusoma ebyafaayo bya Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye, n'okumwefaanaanyiriza mu nkola ze.

7- Okukwana emikwano emirungi, n'okwesamba emikwano emibi.

***

Ekitundu ky'edduwa, n'ebigamba by'okwogera ku Allah.

Okumanya kwa Dhikir.

Amakulu ga Dhikir: Kwe kutambula kw'olulimi n'okwogera ku Allah nga okugamba nti: "Laa Ilaaha illa Allah", "Allaahu Akbar", "subuhaan'Allah", "alhamdu lillah" "astaghfirullah", n'okuwaana Allah eyayawukana n'agulumira, n'okukola adhikaari zo kumakya n'olweggulo, ne adhikaari z'esswala, n'ezookwebaka n'okuzuukuka n'ezoomubifo ebirala ebyo Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere kuye byeyazisomerangamu.

Dhikir esinga obulungi omutima n'olulimi bye gikkiriziganyizzaako.

Ekibuuzo 1:Obulungi bwa dhikr bwe buliwa?

Okwanukula: yagamba nabbi(okusaasila n'emirembe bibeere ku yye):

«مَثَلُ الَّذِي يَذْكُرُ رَبَّهُ وَالَّذِي لَا يَذْكُرُ رَبَّهُ، مَثَلُ الْحَيِّ وَالْمَيِّتِ».

"Ekifaananyi ky'oyo ajjukira Mukama we n'oyo atajjukira Mukama we kifaananyi kya mulamu namufu." yayogerwa Bukhaari.

-Kino kiri bwe kityo kubanga omuwendo

gw’obulamu bw’omuntu gusinziira ku kujjukira kwe Allah.

Ekibuuzo 2: Gye giriwa egimu ku migaso gya Dhikir?

Okwanukula: 1- Kusiimisa Allah omusaasizi.

2- Kugoba sitaani.

3- Kutangira Omusiraamu ebibi.

4- Kifunisa empeera.

Ekibuuzo 3: Dhikir ki esinga obulungi?

«لَا إِلَهَ إِلَّا اللهُ».

Okwanukula: "LAA ILAAHA ILLA ALLAH" amakulu teri asinzibwa mubutuufu bw'okusinzibwa okujjako Allah. Yayogerwa Tirmidhi ne ibn Maajah.

Ekibuuzo 4: Oyogera ki nga ozuukuse okuva mu tulo?

«الْحَمْدُ لِلَّهِ الَّذِي أَحْيَانَا بَعْدَ مَا أَمَاتَنَا، وَإِلَيْهِ النُّشُورُ».

Okwanukula: "Alhamdullilahi lladhii ah-yaanaa ba-ada maa amaatanaa, wa-ilaihi nnushuur. "

Amakulu: Amatende amalungi ga Allah oyo atuddiiza obulamu oluvannyuma lw’okututta, era gy’ali gyetulidda. yayogerwa Bukhaari ne Muslim .

Ekibuuzo 5: Oyogera ki nga oyambadde olugoye lwo?

«الْحَمْدُ لِلَّهِ الَّذِي كَسَانِي هَذَا الثَّوْبَ وَرَزَقَنِيهِ مِنْ غَيْرِ حَوْلٍ مِنِّي وَلَا قُوَّةٍ».

Okwanukula: "Alhamdulilahi lladhii kasaanii haadha thauba warazaqaniih min ghairi hauli minni walaa quwwah."

Amakulu: Amatendo ga Allah oyo anyambazza olugoye luno, era n'alungabirira nga tebubadde busobozi bwange wadde amaanyi gange.

yayogerwa Abu Dauda, ne Tirmidhi n'abalala.

Ekibuuzo 6: Oyogera ki nga oggyemu olugoye?

«بِسْمِ اللهِ».

Okwanukula: "BISMILLA"Amakulu :Mu Linnya lya Allah. Yayogerwa Tirmidhi.

Ekibuuzo 7: Yeeriwa edduwa y'okwambala olugoye olupya?

«اللَّهُمَّ لَكَ الْحَمْدُ أَنْتَ كَسَوْتَنِيهِ، أَسْأَلُكَ خَيْرَهُ وَخَيْرَ مَا صُنِعَ لَهُ، وَأَعُوذُ بِكَ مِنْ شَرِّهِ وَشَرِّ مَا صُنِعَ لَهُ».

Okwanukula: "ALLAHUMMA LAKA 'LHAMDU ANTA KASAWTANIIHI, AS-ALUKA KHAIRAHU WA KHAIRA MAA SUNI-A LAHU, WA A-UUDHU BIKA MIN SHARRIHI WA SHARRI MAA SUNI-A LAHUU"

Amakulu: Ayi Allah amatendo gago, gwe Alunyambazza, nkusaba obulungi bwalwo, n'obulungi bwekyo kyebalukolera, era nenkusaba ontaase obubi bwa lwo n'obubi bw'ekyo kyebalukolera. yayogerwa Abu Dauda, ne Tirmidhi.

Ekibuuzo 8: Duwa ki gy'osabira omuntu ayambadde olugoye olupya?

Okwanukula: Bw'oba olabye olugoye olupya nga munno alwambadde, omusabira n'ogamba nti:

«تُبْلِي ويُخْلِفُ اللهُ تَعَالَى».

"TUBLII WA YUKHLIFU 'LLAHU TA'AALA."

Amakulu: Allah alukuwangalizeemu mpaka bwelukaddiwa, ate bweluba lukaddiye Allah akukyuusizeemu olulala. yayogerwa Abu dauda.

Ekibuuzo 9: Edduwa y'okuyingira kabuyonjo(ekifo awamalirwa ekyetaago) yeeliwa?

«اللَّهُمَّ إِنِّي أَعُوذُ بِكَ مِنَ الْخُبْثِ وَالْخَبَائِثِ».

Okwanukula: "ALLAHUMMA INNII A-UUDHU BIKA MIN ALKHUBUTHI WALKHABAA-ITHI."

Amakulu: Ayi Allah neekingiriza naawe ku Majinni amasajja n'amakyala. yayogerwa Bukhaari ne Muslim.

Ekibuuzo 10: Edduwa y'okufuluma mu kaabuyonjo yeeliwa?

«غُفْرَانَكَ».

Okwankula: "GHUFRAANAKA."

Amakulu: Ayi Allah nsaba kusonyiwa kwo. Yayogerwa Abu Dauda, ne Tirmidhi.

Ekibuuzo 11: Oyogera ki nga tonnafuna wudhu?

«بِسْمِ اللهِ».

Okwanukula: "BISMILLAH." Yayogerwa Abu Dauda n'abalala.

Ekibuuzo 12: Dhikiri ki gy'osoma nga omaze okufuna wudhu?

«أَشْهَدُ أَنْ لا إِلٰهَ إِلَّا اللهُ وَحْدَهُ لا شَرِيكَ لَهُ، وَأَشْهَدُ أَنَّ مُحَمَّدًا عَبْدُهُ وَرَسُولُهُ».

Okwanukula: "ASH-HADU ALLAA ILAAHA ILLA ALLAHU WAHDAHU LA SHARIIKA LAHU WA ASH-HADU ANNA MUHAMMADAN ABDUHU WA RASUULUHU"Amakulu: Nkakasa nti teri asinzibwa mu butuufu bwakusinzibwa okujjako Allah yekka teri kimwegattako, era nkakasa nti Nabbi muhammadi muddu we era mubaka we. yayogerwa Muslim.

Ekibuuzo 13: Dhikir ki gyosoma nga ofuluma mu nyumba?

«بِسْمِ اللهِ، تَوَكَّلتُ عَلَى اللهِ، وَلا حَوْلَ وَلا قُوَّةَ إِلَّا بِاللهِ».

Okwanukula: "BISMILLAHI TAWAKKALTU ALA ALLAHI WA LAA HAULA WA LAA QUWWATAN ILLA BILLAHI ."

Amakulu: Mu linnya lya Allah, nteeka obwesige bwange mu Allah, era tewali busobozi wadde amaanyi okujjako okuva eri Allah. yayogerwa Abu Dauda, ne Tirmidhi.

Ekibuuzo 14: Dhikiri y'okuyingira awaka y'eriwa?

«بِسْمِ اللهِ وَلَجْنَا، وَبِسْمِ اللهِ خَرَجْنَا، وَعَلَى اللهِ رَبِّنَا تَوَكَّلْنَا، ثُمَّ لِيُسَلِّمْ عَلَى أَهْلِهِ».

Okwanukula: "BISMILLAHI WALAJNA WA BISMILLAHI KHARAJNA WA ALAA RABBINAA TAWAKKALNAA.",

Amakulu: Mu linnya lya Allah tuyingidde, era mu linnya lya Allah twafulumye, era twesigamidde Allah omulezi waffe. oluvannyuma atoolere abantu be salaamu. yayogerwa Abu Dauda.

Ekibuuzo 15: Edduwa y'okuyingira omuzikiti y'eriwa?

«اللَّهُمَّ افْتَحْ لِي أَبْوَابَ رَحْمَتِكَ».

Okwanukula:

"ALLAHUMMA IFTAH LII AB-WAABA RAHMATIKA."

ayi Allah nziguliraawo emiryango gy'ekisaakyo. yayogerwa Muslim.

Ekibuuzo 16: Edduwa y'okufuluma mu muzikiti y'eriwa?

«اللَّهُمَّ إِنِّي أَسْأَلُكَ مِنْ فَضْلِكَ».

Okwanukula:

"ALLAHUMMA INNII AS-ALUKA MIN FADHLIKA."

Ayi Allah nkusaba ku birungi byo. yayogerwa Muslim.

Ekibuuzo: Oyogera ki nga owulidde okwaziina?

«أَقُولُ مِثْلَ مَا يَقُولُ المُؤَذِّنُ إِلَّا فِي: «حَيَّ عَلَى الصَّلاَةِ» وَ«حَيَّ عَلَى الفَلاَحِ» فَأَقُولُ: «لا حَوْلَ وَلا قُوَّةَ إِلَّا بِاللهِ».

Okwanukula: Njogera ebyo omwaziinyi by'ayogera okujjako ku kigambo: "HAYYA ALA SWALAAH"ne "HAYYA ALAL-FALAAH" Ngamba nti: "LAA HAULA WALA QUWWATA ILLA BILLAH." yayogerwa Bukhaari ne Muslim.

Okwanukula: Oyogera ki oluvannyuma lw'okwaaziina?

«تُصَلِّي عَلَى النَّبِيِّ ﷺ».

okwanukula:

"Osaalira Nabbi okusasira n'emirembe bibeere ku yye." yayogerwa Muslim.

Oluvannyuma n'ogamba:

«اللَّهُمَّ رَبَّ هَذِهِ الدَّعْوَةِ التَّامَّةِ، وَالصَّلاَةِ الْقَائِمَةِ، آتِ مُحَمَّدًا الْوَسِيلَةَ وَالْفَضِيلَةَ، وَابْعَثْهُ مَقَامًا مَحْمُودًا الَّذِي وَعَدتَهُ».

"ALLAHUMMA RABBA HADHIHI DDA-AWATI TTAAMAH WASWALAATIL-QAA-IMAH, AATI MUHAMMADAN AL-WASIILATA WA AL-FADHWIILATA WAB-ATH-HU MAQAAMAN MAHMUUDAN ALLADHII WA-ADTAHU." Yayogerwa Bukhaari.

Oluvannyuma n'osaba wakati w'okwaziina n'okukima esswala, kubanga mukaseera ako edduwa teddizibwaayo.

Ekibuuzo 19: Oyogera adhikaari ki ku makya n'olweggulo?

Okwanukula: 1- Nsoma aayatul kursii:

﴿اللَّهُ لَا إِلَهَ إِلَّا هُوَ الْحَيُّ الْقَيُّومُ لَا تَأْخُذُهُ سِنَةٌ وَلَا نَوْمٌ لَهُ مَا فِي السَّمَاوَاتِ وَمَا فِي الْأَرْضِ مَنْ ذَا الَّذِي يَشْفَعُ عِنْدَهُ إِلَّا بِإِذْنِهِ يَعْلَمُ مَا بَيْنَ أَيْدِيهِمْ وَمَا خَلْفَهُمْ وَلَا

يُحِيطُونَ بِشَيْءٍ مِنْ عِلْمِهِ إِلَّا بِمَا شَاءَ وَسِعَ كُرْسِيُّهُ السَّمَاوَاتِ وَالْأَرْضَ وَلَا يَئُودُهُ حِفْظُهُمَا وَهُوَ الْعَلِيُّ الْعَظِيمُ﴿٢٥٥﴾

(Allahu laa ilaha illa huwal-hayyu-lqayyuumu laa ta-akhuthuhu sinatun walaa naumun lahuu maa fissamaawaati wamaa fil-ardhi man dha lladhii yashfa-u indahuu illaa bi-idhnihi ya-alamu maa baina aidiihim wamaa khalfahum walaa yuhiituuna bishai-in min ilmihii illaa bimaa shaa-a wasi-a kursiyyuhu ssamaawaati ssamawati wal-arda walaa ya-uuduhu hifdhuhumaa wahuwal-aliyyul-adhwiimu).

[Suurat Al-baqara: 255].

2- N'ensoma:

بِسْمِ ٱللَّهِ ٱلرَّحْمَـٰنِ ٱلرَّحِيمِ ﴿قُلْ هُوَ اللَّهُ أَحَدٌ ۝١ اللَّهُ الصَّمَدُ ۝٢ لَمْ يَلِدْ وَلَمْ يُولَدْ ۝٣ وَلَمْ يَكُنْ لَهُ كُفُوًا أَحَدٌ ۝٤﴾

BISMILLAHI RRAHMAANI RRAHIIM

(1- Qul huwa Allahu ahadun

2- Allaahu swamadu

3- Lam yalide wa lam yuulade

4- wa lam yakun lahuu lufuwan ahadun).

[suurat al- ikhlaas 1_4] emirundi esatu.

بِسْمِ ٱللَّهِ ٱلرَّحْمَـٰنِ ٱلرَّحِيمِ ﴿قُلْ أَعُوذُ بِرَبِّ الْفَلَقِ ۝١ مِنْ شَرِّ مَا خَلَقَ ۝٢ وَمِنْ شَرِّ غَاسِقٍ إِذَا وَقَبَ ۝٣ وَمِنْ شَرِّ النَّفَّاثَاتِ فِي الْعُقَدِ ۝٤ وَمِنْ شَرِّ حَاسِدٍ إِذَا حَسَدَ ۝٥﴾

BISMILLAHI RRAHMAANI RRAHIIM .

(1- Qul a-uudhu birabbil-falaq

2- Min sharri maa khalaqa

3- wa min sharri ghaasiqin idhaa waqaba

4- wa min sharri nnaffaathaati fil-uqadi

5- Wa min sharri haasidin idhaa hasada)

[suurat Alfalaq: 1-5] emirundi esatu.

بِسْمِ ٱللَّهِ ٱلرَّحْمَٰنِ ٱلرَّحِيمِ ﴿قُلْ أَعُوذُ بِرَبِّ النَّاسِ ۝١ مَلِكِ النَّاسِ ۝٢ إِلَٰهِ النَّاسِ ۝٣ مِنْ شَرِّ الْوَسْوَاسِ الْخَنَّاسِ ۝٤ الَّذِي يُوَسْوِسُ فِي صُدُورِ النَّاسِ ۝٥ مِنَ الْجِنَّةِ وَالنَّاسِ ۝٦﴾

BISMILLAHI RRAHMAANI RRAHIIM .

(1- Qul a-uudhu birabbi nnaasi

2- Maliki nnaasi

3- Illahi nnaasi

4- min sharril-was-waasil-khannaasi

5-Alladhii yuwas-wisu fii swuduuri nnaasi

6- Minal-jinnati wannaasi)

[suurat Alnaas: 1-6] emirundi esatu.

«اللَّهُمَّ أَنْتَ رَبِّي لا إِلٰهَ إِلَّا أَنْتَ، خَلَقْتَنِي وَأَنَا عَبْدُكَ، وَأَنَا عَلَى عَهْدِكَ وَوَعْدِكَ مَا اسْتَطَعْتُ، أَعُوذُ بِكَ مِنْ شَرِّ مَا صَنَعْتُ، أَبُوءُ لَكَ بِنِعْمَتِكَ عَلَيَّ، وَأَبُوءُ بِذَنْبِي، فَاغْفِرْ لِي، فَإِنَّهُ لا يَغْفِرُ الذُّنُوبَ إِلَّا أَنْتَ».

3-"ALLAHUMMA ANTA RABBII LAA

ILAAHA ILLA ANTA KHALAQTANII WA ANAA ABDUKA WA ANA ALAA AHDIKA WA WA-ADIKA MASTATWA-ATU A-UUDHU BIKA MIN SHARRI MAA SWANA-ATU ABUU-U LAKA BI NI-IMATIKA ALAYYA WA ABUU-U BI DHAMBII FAGHFIR LII FA INNAHU LA YAGHFIRU DHUNUUBA ILLA ANTAA"

Amakulu: "Ayi Allah ggwe mulezi wange, teri asinzibwa mubutuufu okujjako ggwe, gwe wantonda era nze ndi mudduwo, nkolera kumateekago era kundagaanoyo ekigero kyensobola, newogoma gy'oli omponye obubi bwebyo bye nnakola, nzikiriza ebyengerabyo byonna byompa era nzikiriza ebyonoono byange byennakola, nsaba onsonyiwe kuba mazima teriiyo asonyiwa byonoono okujjako ggwe" yayogerwa Bukhaari.

Ekibuuzo 20: Oyogera ki nga ogenda okwebaka?

«بِاسْمِكَ اللَّهُمَّ أَمُوتُ وَأَحْيَا».

Okwanukula: "Bi-ismika Allahumma Amuutu wa ah-yaa".

Amakulu nti: ku erinya lyo Ayi Allah kwenfiira era kwempangalira. yayogerwa Bukhari ne muslim.

Ekibuuzo 21: Oyogera ki nga tonnalya mmere?

«بِسْمِ اللهِ».

Okwanukula: "BISMILLA." Bw'oba weelabidde ku ntandikwa, gamba nti:

«بِسْمِ اللهِ فِي أَوَّلِهِ وِآخِرِهِ».

"BISMILLAHI FII AWWALIHI WA AAKHIRIHI." yayogerwa Abu Dauda, ne Tirmidhi.

Ekibuuzo 22: Oyogera ki nga omaze okulya?

«الْحَمْدُ لِلَّهِ الَّذِي أَطْعَمَنِي هَذَا، وَرَزَقَنِيهِ، مِنْ غَيْرِ حَوْلٍ مِنِّي وَلَا قُوَّةٍ».

Okwanukula: "Alhamdulilahi alladhi atwa-amani haadhaa warazaqaniihi min ghairi hawli minni walaa quwwah."

Amakulu: Amatendo ga Allah oyo andiisizza emmere eno, era n'agingabirira nga tebubadde busobozi bwange yadde amanyi gange. yayogerwa Abu Daud, ne Ibn Maajah n'abalala.

Ekibuuzo23: Duwa ki omugenyi gy'asomera nannyini mmere?

«اللَّهُمَّ بَارِكْ لَهُمْ فِيمَا رَزَقْتَهُمْ، وَاغْفِرْ لَهُمْ وَارْحَمْهُمْ».

Okwanukula: "ALLAHUMMA BAARIK LAHUM FIIMAA RAZAQTAHUM, WAGHFIR LAHUM WARHAMHUM"

Amakulu: Ayi Allah bateere emikisa mw'ebyo bye wabagabirira, obasonyiwe era obasaasire.

yayogerwa Muslim.

Ekibuuzo 24: Omuntu ayogera ki nga ayasimudde?

«الحَمْدُ للهِ».

Okwanukula: "ALHAMDULILLAH."

Amakulu: Amatendo gonna ga Allah. Muganda we oba munne amuwulidde amugamba nti: «YARHAMUKA ALLAHU» Amakulu: Allah akusaasire. bw'aba akimugambye: Amuddemu nti: «YAHDIIKUMU LLAAHU WA YUSLIH BAALAKUM». Amakulu:Allah abalungamye era abatereereze embeera yamwe. yayogerwa Bukhaari.

Ekibuuzo 25: Bw'osituka ng'omaliriza olukuŋŋaana oyogera ki?“ Edduwa eggalawo olukuŋŋaana.

«سُبْحَانَكَ اللَّهُمَّ وَبِحَمْدِكَ، أَشْهَدُ أَنْ لَا إِلٰهَ إِلَّا أَنْتَ، أَسْتَغْفِرُكَ وَأَتُوبُ إِلَيْكَ».

Okwabukula: "Subhaanaka Allahuma wabihamdika, ash-had an laa Ilaah illaa anta, astaghfiruka wa-atuubu ilaika."

Amakulu: Wayawukana Allah n'amatendo go, nkakasa nti teri asinzibwa mubutuufu bw'okusinzibwa okujjako ggwe, nkusaba onsonyiwe era nkwenenyeza. yayogerwa Abu Dauda, ne Tirmidhi n'abalala.

Ekibuuzo 26: Edduwa y'okwebagala y'eriwa?

«بِسْمِ اللهِ، وَالحَمْدُ للهِ ﴿...سُبْحَانَ الَّذِى سَخَّرَ لَنَا هَذَا وَمَا كُنَّا لَهُ مُقْرِنِينَ ﴿١٣﴾ وَإِنَّا إِلَى رَبِّنَا لَمُنْقَلِبُونَ ﴿١٤﴾﴾ [الزخرف: ١٣-١٤]، الْحَمْدُ لِلَّهِ، الْحَمْدُ لِلَّهِ، الْحَمْدُ لِلَّهِ، اللهُ أَكْبَرُ، اللهُ أَكْبَرُ، اللهُ أَكْبَرُ، سُبْحَانَكَ اللَّهُمَّ إِنِّي ظَلَمْتُ نَفْسِي فَاغْفِرْ لِي؛ فَإِنَّهُ لا يَغْفِرُ الذُّنُوبَ إِلَّا أَنْتَ».

Okwanukula:

"Bismillah wal-hamdu lillah.

﴿Subhaana Alladhii sakhara lana haadhaa wa maa kunnaa lahu muqriniina, wa innaa ilaa rabbina lamunqalibuuna﴾

Alhamdulillah Alhamdulillah Alhamdulillah, Allahu akbar Allahu Akbar Allahu Akbar.

Subhanaka Allahumma innii dhwalamtu nafsii faghfir lii fa-innahu laa yaghfiru dhunuuba illa anta." yayogerwa Abu Dauda, ne Tirmidhi.

Ekibuuzo 27: Edduwa y'olugendo yeriwa?

«اللهُ أَكْبَرُ، اللهُ أَكْبَرُ، اللهُ أَكْبَرُ ﴿...سُبْحَانَ الَّذِى سَخَّرَ لَنَا هَذَا وَمَا كُنَّا لَهُ مُقْرِنِينَ ﴿١٣﴾ وَإِنَّا إِلَى رَبِّنَا لَمُنْقَلِبُونَ ﴿١٤﴾﴾ [الزخرف: ١٣-١٤]، اللَّهُمَّ إِنَّا نَسْأَلُكَ فِي سَفَرِنَا هَذَا الْبِرَّ وَالتَّقْوَى، وَمِنَ الْعَمَلِ مَا تَرْضَى، اللَّهُمَّ هَوِّنْ عَلَيْنَا سَفَرَنَا هَذَا، وَاطْوِ عَنَّا بُعْدَهُ، اللَّهُمَّ أَنْتَ الصَّاحِبُ فِي السَّفَرِ، وَالْخَلِيفَةُ فِي الْأَهْلِ، اللَّهُمَّ إِنِّي أَعُوذُ بِكَ مِنْ وَعْثَاءِ السَّفَرِ، وَكَآبَةِ الْمَنظَرِ، وَسُوءِ الْمُنْقَلَبِ فِي الْمَالِ وَالْأَهْلِ».

Okwanukula:

